# Obulamu Obw'obuKristayo obw’obuwanguzi



Essaala ezesigamye ku Baibuli

ezikusembeza kumpi ne Yesu

# *OBWANANYINNI*

Okujjako nga kilagiddwa, enyiriri zonna zigiddwa okuva mu *The Bible in Luganda published as EKITABO* EKITUKUVU by The Bible Society of Uganda, P.O. Box 3621, Kampala Uganda. @ United Bible Societies 1968.

Ebiwandiiko byonna ebirala ebikozeseddwa tebiliko bwannannyini, bya bwerere.

Abategesi, abakubi b'empapula era n'abatambuza tebali mu kintu kyonna ekikwatagana n'okuwa obuyambi obw'embeera y'obulamu oba obw'okulyowa obwongo obukyamye era empapula zino tezigendererwa kuba kya kuyamba mu kuzuula ndwadde oba ebizibu eby'obwongo.

Obulamu obw'obuKristayo obw'obuwanguzi – Luganda - 2021

Ebiwandiiko by'Obulamu obw'obuKristayo obw'obuwanguzi' n'ebirala ebikwatagana nabyo webili mu luzungu n'ennimi endala ku mukutu guno:  www.victoriouschristianlife.info

## *EBIRIMU*


**OKWEBAZA ........................................................................ i**

**EBYESIGAMWAKO.................................................................... ii**

**ENYANJULA........................................................................... 1**

**OKWENENYA ........................................................................ 11**

**OKUSONYIIBWA...................................................................... 24**

**OKWENEENYA OKUGENDA E BUZIBA N'OKUSONYIWA............. 32**

**OKUTEEBWA OKUVA MU NKWANSO EZITALI ZA BWA KATONDA .. 33**

**OKUTEEBWA OKUVA MU BIGAMBO EBIWAKANYA ...................... 47**

**EDDEMBE OKUVA MU BIZIBU BYA SSENTE .................................. 55**

**OKUNUNULA EBYOBUSIIKA BWE BY'OBWAKABAKA...................... 61**

**EMBATIZA............................................................................... 71**

**EBY'OKUFUMIITIRIZAAKO OKUTEEKA MU NKOLA MU BUWEEREZA BW'OKUSABA.................................................... 85**

**EBY'OKUGOBERERA EBIYAMBA MU BUWEEREZA BW'OKUSABA ... 85**

**ENYONGEREZA KU BY'OKUGOBERERA NGA OWEEREZA MU BAANA ........................................................................................... 88**

**ENYONGEREZA KU BY'OKUSUMULULWA..................................... 90**

**BY'OYINZA OKUGOBERERA NGA OTEGGEKA OLUTUULA LW'OBUWEEREZA................................................................... 92**

**ANNEX ................................................................................... 95**

**ENKALALA Z'OKWENENYA MU NDAGAANO EMPYA ...................... 96**

**EBY'OKWENENYEZA EBIMU EBYA BULIJJO .................................. 98**

**OKUKOLA EKIPANDE KYE BYAFAAYO BYA FAMILE YO ..................107**

**ESSAALA Y'OKUSSUMULULA EMIKISA GY'OBUZAALIRANWA........111**

**NZE ANI MU KRISTO ...................................................................115**

**ENGERI EY'OKUSOMA BAIBULI ....................................................118**

**OKUSABA KW'OKUWONYEZEBWA ...............................................120**

# OKWEBAZA

Abakungaanya bebaaza Katonda olw’okuteeka omulimu gw’ekitabo kino ku mitima gyabwe n’okubawa okwagala n’obusobozi okuyita mu biwandiiko ebisooka eby’okugezesa ebingi okutuuka lwe batuuka ku ky’enkomerero ekiwedde.

Bebaaza Ellel Ministries olw’okubateekamu ekirowozo ky’ekitabo. Era bebaaza Katonda olw’obulamu bwa John ne Paula Sandford, abatandisi ba Elijah House, omulimu oguwade abangi ekkubo n’okwagala okutandika ebipya.

# EBYESIGAMWAKO

Ku myaka 11, nayatula obulokozi nga omuKristayo. Mu myaka egyasooka, nali njaka ku lwa Yesu, nembatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu, n'ekirabo ky'okuwonya. Eky'ennaku, wenamalira oklusoma okwaaka kwange ku lwa Yesu kwali kukendedde. Ebyasa ebisatu ebyaddako nabimala nga naggwa, nga silina maanyi mu bulokozi era nga ntawanyiziibwa n'ebizibu bingi ebitaaliko kkomo. Nga Abaisiraeri mu ddungu, obulamu bwange nabumala nga netoloola naye nga siyingila mu nsi nsuubize. Oluusi kino kyankwatangako ate ebisera ebirala nga newala okukilowozaako. Taata wange bweyafa, nalina okulowooza oba waliwo obulamu oluvanyuma lw'okufa era ku mbeera ki omuntu gy'ayingila eggulu. Kino kyanzizzamu okwagala Yesu nate naye mu kisera kino nali ntambulira mu kibi era nga simanyi ngeri ki yakukivamu.

Emyaka mitono egyaddako, nawasa omuntu eyagendanga mu kkanisa ku lwa Sunday lwokka. Obufumbo bwaffe bwayononekerawo okuva ku ntandikwa, naye Katonda yabukozesa okunkomyawo eri Yesu. Natandika okuteeka amaanyi mu kusoma Baibuli n'okusaba. Ku kiseera ekya kaziggizzigi nagenda mu buweereza bw'essaala ku lw'obufumbo bwange. Eyo gyenategerera nti Katonda yali Anetaaza okusonyiwa abantu abannumya mu bulamu bwange emabega (bazadde bange, omusomesa wange, omwami wange) era n'okwenenya ebibi byange kinakimu.

Ebiseera bwe byayita nayongera okuyiga bingi ebikwata ku kwenenya n'okusonyiwa era n'okubiteeka mu nkola mu bulamu bwange. Buli kyenayiganga nga kyongera okumpa emirembe mingi mu bulamu bwange. Newulira bulala - musannyufu - era nenziramu okwaakira ebya Yesu era n'Omwoyo Omutukuvu nate. Emyaka nga giyisewo, oluvanyuma lw'okubatizibwa kwange mu mazzi, omwami wange naye yafuna obulokozi bw'okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri. Akaseera kayita katono naye yabatizibwa mu Mwoyo Omutukuvu ne mu mazzi. Awo naye yafuna okwagala obuweereza bw'okusaba,

okuwonyezebwa okw'omunda n'okusumululwa. Twanoonya obuweereza, netusumbibwa abasomesa abasabi era netusoma ebitabo bingi. Ebbanga ssi ggwanvu okuva olwo twayitibwa mu buweereza obujjuvu. Twasanyuka nnyo n'enkyukakyuka zino, era ne tweyagala nnyo. Twaleka mikwano gyaffe, twasenguka nga tulowooza twali bulungi. Naye akaseera tekayita netutowaziiibwa ebintu bwebitavamu nga bwe twasuubila. Amalala gaffe, obutasonyiwa n'endowoza endala ez'ebibi byalabika mangu. Twalina okuyita mu muliro ogwo okusobola okukola ku mbeera ezo. Era ddala, emyezi mitono bwe gyayitawo batugoba okuva mu bifo byaffe. Twasigala nga tetulina mirimu oba buweereza. Naye twabera n'okwegomba okunoonya Mukama Waffe Yesu wamu era n'okutegeera kiki kyeyali Ayagala tukole. Twali tetumanyi kiki ekyali kituziyiza okuwulira okuva eri Katonda era n'okugobwa okuva mu buweereza bwetutyo netumala ennaku mu kusoma Baibuli n'essaala. Twalina essaala[1] entegeke era netuzikozesa okusabira byonna byetwali tujukira ku bulamu bwaffe - nga tusonyiwa abo abatulumya era nga tweneenya ebibi byaffe. Omu bwe yasabanga, omulala nga awuliliza. Omu bwe yawulilizanga, era oyo (ng' ayambibwako Omwoyo Omutukuvu) yeyongera okujjukira ebirala mu bulamu bwe ebyetaaga okusabiramu. Kino kyabaawo ssabbiiti ku ssabbiiti. Oluvannyuma, twamaliliza. Wali tewakyaali kirala kyakujjukila ekyali kyetaagisa essaala. Twakabilira Katonda Atununnule okuva mu kintu kyonna ekyali kikyatusibidde mu busibe. ffembi twamuwulira nga Ayogerera ddala *"Kaakati nsobola obakozesa"* era awo ebigambo eby'akayimba ketwali twelabira edda *"Jangu tujjaguze!"* (*"Come on and celebrate!"* ) katujjila. Mu kaseera katono ddala, Katonda Yayogera naffe ku bikwata ku buweereza bwaffe era ekyaddirira kutusumulula netuyingira mu buweereza obulala.

Ekitabo ky'okukoleramu kino kiwandibwa okwetoloolela ku ssaala z'obuweereza zetwakozesa. Tunyonyodde entobo ey'essaala ezzesigamye ku Baibuli awo omusomi asobole okutegeera era oluvanyuma asabe okuva ku mutima nga Omwoyo Omutukuvu bw'Amukulembela.

---

[1] Pennant Jones: *'Basic Ministry Prayers'*, 1996 (Unpublished), personal notes while Director of Glyndley Manor, Ellel Ministries, UK. With permission.

Tukiliza nti ekitabo ky'okukoleramu kino kya kukozesa kya Katonda kyajja okukozesa okuyamba abakiriza *"okukasuka ebyo ebitusibide emabega"* era n'okuteebwa okukola omulimu gw'ekkanisa. Kye kyali ekikozesebwa kya Katonda ekyatusumulula ffe. Katonda Akikozesezza okusumulula abo abakikubisiza, abakivunudde era n'abakyekeneennye. Tukkiriza nti Katonda Ajja kukikozesa okukusumulula naawe, bw'oba oyagala; oteebwe okutambulira 'mu bulamu obw'obuKristayo obw'obuwanguzi'!

# ENYANJULA

## *OBULAMU BW'OMUKRISTAYO OBW'OBUWANGUZI*


Katonda Asobosesa buli kirabo kyonna eky'omwoyo wansi w'eggulu okututuukako ffe ng'abakkiriza *(Abaefeso 1:3)*. Kwe kwagala kwa Katonda ffe okubeera '*mu bulamu obwomuyiika*' *(Yokaana 10:10b).* Yesu Yagamba nti ffe tulikola emirimu eminene egisinga Ye gyeyakola *(Yokaana 14:12-14)*. Wewawo ng'abakkiriza, obulamu tebujja kubeeranga bwangu buli kiseera era ebintu tebitambula nga bwetwagala lubeerera. Naye tuteekeddwa okubeera n'emirembe munda mu ffe n'okwannukulaanga n'ekisa wadde mu mbeera ezissingayo obukalubo. Bunno bwe bulamu bw'omukristayo obw'obuwanguzi. Bwe tubeera nga tetutli mu bulamu bwa buwanguzi, mu buli koowe lya bulamu bwaffe, olwo abeera atta, abba era nga'azikkiriza ekyo Katonda ky'Atuwa *(Yokaana 10:10a).* Kino Katonda ssi kyeyagenderela ku lwaffe.

> Okuwonyezebwa okw'omunda kisumuluzo kikulu eri okwezza obuggya okwa kinnomu, okw'eggwanga n'okw'ensi yonna.
>
> (Robert Fetveit,
> Elijah House, 2014)

Ekigendererwa ky'ensabisa n'ensomesa y' Obulamu Bw'omukristayo Obw'obuwanguzi' kwe kutuyamba okutusembeza okumpi ne Yesu, nga tuweebwa amaanyi Omwoyo Omutukuvu era nga tukola ebuntu ebyo eby'amagero ennyo nga Yesu bye Yakola. *(Lukka 24:46-49; Ebikolwa by'Abatume 3:19-20, 4:29b-30; Abaefeso 4:11-16; Abafiripi 3:10-11)*. Obuweereza buno bwa kubuulira njiri era buleeta okuwonyezebwa okw'omunda, okutukuzibwa era n'okukyusibwa mu bulamu bwaffe. Kiyinza n'okuvaamu okuwonyezebwa kw'omubiri era n'okusumululibwa okuva mu kunyigirizibwa kw'emyoyo emibi (waliwo ebitundu

eby'enjawulo mu kiwandiiko kino ebyogera ku kuwonyezebwa kw'omubiri n'okusumululwa).

Ng'Ayogera eri Abafalisaayo mu Matayo 12:33, Yesu Yagamba: *"Omuti gutegerwa bibala byagwo. Singa omuti mulungi, ebibala byagwo bijja kuba birungi. Singa omuti mubi, ebibala byagwo bijja kuba bibi".* Engeri y'okuzuula nti tetuli mu bulamu bwa buwanguzi kwe kutunula ku 'bibala' mu bulamu bwaffe. Singa bufaanana nnyo Abaggalatiya 5:19-21 okusinga Abaggalatiya 5:22-23, olwo tetubeera mu 'bulamu obw'obuwanguzi' naye tubeela mu bulamu nga abaddu eri ekibi *(Yokaana 8:34).* Bwe tugenda mu maaso n'eky'okulabilako ky'obulimi, singa ekibala ku muti ssi kirungi wayinza okubawo obuzibu n'emirandira – nga gyayonoonebwa obuwuka oba ebigimusa ebinafu *(Lukka 13:6-9)*. Naye emirandira bwe gibeera emirungi, olwo n'ekibala naakyo kijja kubeera kirungi. Omutume Paulo yatugumya tugaanye 'emirandira' gyaffe gikulile buziba mu Yesu era tuzimbe obulamu bwaffe ku Ye *(Abakkolosaayi 2:7)*. Mu ngeri eno tuyinza okubala ebibala ebya namaddala mu bulamu bwaffe *(Yokaana 15:16)*.



Singa ekibala ky'omubulamu bwaffe ssi kirungi, wayinza okubeerawo obuzibu n'emirandira gyaffe egy'omwoyo. Eky'okulabirako, wayinza okubaawo ekibi mu bulamu bwaffe nga tetukyenenyanga mu **bujjuvu**. Oba, tuyinza okubeera nga tetwasonyiwa mu **mazima** abantu abo abayinza okuba nga batulumya, oluusi emyaka mingi emabega. Ebiseera ebimu tugamba nti ebyaliwo ebyavaako okulumizibwa oba obulumi byakolwa ebbanga ddene nnyo emabega era twabyelabira dda. Okwo ssi kusonyyiwa naye bwelabilabize. Okusonyiwa kikolwa kye

twesalilawo, kwe kugamba tusalawo okusonyiwa kubanga '…*Mukama waffe bwe Yatusonyiwa ffe*…' *(Abakkolosaayi 3:13)*.

Obulamu bwaffe buzimbibwa bye twayitamu mu myaka gyaffe egyasooka[2], n'ebyo bye twayitamu nga tuli mu mbuto za banyaffe. *(Zabbuli 139:13-16; Isaaya 49:1)*. Twannukkula era ne tuyiiga okuyita mu bye twayisibwamu nga tugenda tukula era tukyuka. Bye tuteekeddwa okuyiga mu buto bwaffe olw'okutendekebwa okukulila mu bulamu obulungi bye bino:

- engeri y'okwesigamu abantu ne Katonda *(Zabbuli 22:9)*;
- engeri y'okusalawo ky'olonda era n'okweyisamu mu ndowooza zaffe mu nkola y'obwa Katonda *(Abaefeso 4:2-3, 6:4)*;
- engeri y'okubeera n'obuvumu mu kiki kyetuli mu Kristo era ne Katonda Yaani *(Ekyamateeka Olw'okubiri 6:4-9; Abafiripi 4:13)*; era
- okumanya engeri y'okwekenenya okulungamizibbwa kwa Katonda ku lwaffe *(Yeremiya 29:11; Yokaana 10:27)*.

Singa tetufuna kulabilirwa kunno mu myaka gyaffe egisookelwako, kino kiyinza okutuvilamu ebizibu myaka gyaffe egiddako mu bulamu.


Okuddamu kwaffe okutali kwa bwa Katonda eri ebintu ebya tulumya mu bulamu bwaffe obwasooka kutulemesa okufuuka ekyo Katonda kye Yatutegekela tubeele. Eky'okulabirako, bwe tuba tetwayiga ngeri ya kufuga busungu mu ngeri ya bwa Katonda nga tukyali bato *(Abaefeso 4:26-27)*, ebiseera bingi tujja kweyiisa mu ngeri ez'ekyana ekito, ezitali za bwa Katonda bwe tunyiiga nga tukuze gamba okubwatuuka mu bukambwe oba okwesungussula, ebyonoona enkolagana zaffe. Ebizibu bingi mu bulamu bwaffe obw'ekikulu biliwo olw'enzilamu yaffe enkyamu olw'ebintu ebibi ebyatutuukako mu buto bwaffe.

Katonda ye Muzza bugya. Ye Yekka y'Asobola okuzza obugya obulamu bwaffe obwakosebwa! Ensomesa eno eri ku ngeri gyetusobola okutegeera ekibala ekibi mu bulamu bwaffe netuzuula ensonga enkulu

[2] John ne Paula Sandford; '*Restoring the Christian family',* 2009, Charisma House

ekireta.  Olwo twongela okubeera n'eddembe nga tukozesa omusaayi gwa Yesu ku nsibuko y'ekizibu era tufuna okuwonyezebwa okuva gy'ali okuyita mu birabo by'okwenenya n'okusonyiwa Ye by'Atugabira ffe.

Ebiseera ebimu Abakristayo baggwa mu kibi kye kimu; wadde nga bagezaako nnyo okukyekuttulako, basigala kikyabawambye.  Mu mbeera nga zino, bayinza okuganyulwa mu buyambi bwa bakkiriza aba bulijjo *(Abaggalatiya 6:1)*.



Abalokole abakkiriza aba 'bulijjo', balina omulimu omukulu ennyo mu kuzimba ekkanisa nga bayamba (era nga basumba) abakkiriza abalala aba 'bulijjo' mu kutambula kwabwe ne Yesu *(Abaefeso 4:12)*.  Oluwalo 'lw'abantu ba bulijjo' luyinza okulabibwa nga olw'abantu abo abayimirira okwetoloola Yoswa *(Zekkaliya 3:4).* Baafuna ebiragiro okuva eri malayika okumwambula engoye ze eziddugala okutuusa nga Mukama Amutukuzizza.  Era balinga abantu ba bulijjo abatunuula nga Lazaalo ayitibwa okuva mu bafu *(Yokaana 11:43-44)*. Baagoberera ebiragiro bya Yesu okwambula Lazaalo ebyambalo by'abafu bamusobozese okubeera n'emirembe okunyumirwa obulamu obujjuvu obugya Katonda bwe yali amuwadde.

Tuyinza n'okubeera n'ekibi oba omuze ogudiringana bye tutawana nabyo.  Ebiseera ebimu tebyatandikira ku ffe naye na ba jjajja baffe ab'edda.  Tuyinza okwatula ebibi bya ba jjajja baffe kinakimu era netusaba Katonda okusonyiwa ennyumba zaffe wamu era okusumulula ennyumba zaffe okuva mu kwonoona mu ngeri eno *(Nekkemiya 9:2)*. Okwanganga bino era n'enkwanso ezitali za bwa Katonda, okunenya okusala emisango, ebigambo ebitazimba era n'ensonga z'eby'ensimbi kitusobozesa okwongera okunyumirwa mu bujjuvu emiganyulo

n'emikisa eggyo Yesu gye Yatuwangulira ku musalaba. Bino byonna bijja kulowoozebwako mu nyingo eziddako.

*Eddembe si bwe buyinza okukola kye twagala, naye amaanyi okukola ekyo Katondaa ky'Ayagala.*

Abatesitesi bakozeseza essaala zino zonna benyinni era Katonda Abazeemu mu ngeri ez'omuggunddu. Okuva olwo, bakozeseza ebiwandiiko bino n'abantu abalala bangi abava mu bitundu eby'enjawulo era nebabisomesa eri abantu abasooma n'abatasooma bumu. Bbongede okwewunya buli kaseera engeri Katonda gy'Akozesa abantu aba bulijjo okuyamba abalala abanoonya okumusemberera mu mazima. Essuubi n'essaala yaabwe eri nti nga okozesa ekiwandiiko kino, ojja kwongera okusemberera Yesu, era osobozesebwe okuyamba abalala mu ngeri y'emu. Okuyayaana kwabwe kuli nti abantu bonna buli wamu babeere mu bulamu obw'obuwanguzi obw'obuKristayo!

## *EKIBI N'OKUTUKUZIBWA*

Katonda Mutukuvu. Kino kitegeeza nti Katonda talina kibi. Katonda Yatukuzibwa oba Yayawulwa okuva ku bantu bonna era n'ebintu byonna. Wa ggulu. Aggulumizibbwa. Ekibi tekisobola kuba na bulamu mu kubeerawo Kkwe. Ffe okusobola okujja mu kubeerawo Kkwe, tulina okubeera abatukuvu. Kino kitasoboka eri ffe naye ssi eri Katonda. Katonda kino Akitukolera nga '*tulokose*' era nga tufuuse '*bitonde biggya*' mu Kristo Yesu. Naye ate abaKristayo bonna bongera okola ekibi, wadde nga '*balokoddwa*' era abamu bakyatawanyizibwa ebibi by'obulamu bwabwe obw'edda.

'Ebbaluwa' zonna mu Baibuli zawandikiibwa eri, era ku lwa, bakkiriza. Ebiseera ebisinga, abakkiriza baali bakubirizibwa okuleka ekibi kyabwe kubanga kino kyali kileetawo enjawukana wakati w'abakkiriza era nga bilemeseza abatanakkiriza okugya eri Yesu. Kino kye kimu n'olwa leero. Emitendera gy'okuleka ekibi kyaffe okututeekkamu embala y'obwa

Katonda (entukuvu) gyikyagenda mu maaso mu bulamu bwaffe bwonna ku nsi. Embaala eno ey'obwa Katonda eba 'ekibala' kyetukuza mu bulamu bwaffe ekiritubalilwa mu bulamu obutaggwawo. *(Matayo 7:17-23; 2 Abakkolinso 5:10; Abaggalatiya 5:19-26; Okubikkulirwa 22:14-15)*.

"*Baweereddwa omukisa abayoza ebyambalo byabwe. Bagenda kukirizibwa okuyingira mu kibuga nga bayita mu miryango era n'okulya ku muti ogw'obulamu. Ebweru w'ekibuga eriyo embwa – abasamize, abenzi, abatemu, n'abasinza ebifaananyi, na buli abaagala obulamu obw'obulimba. Nze, Yesu, ntumye Malaika Wange okubawa mmwe obubaka bunno ku lw' amakkanisa." (Okubikkulirwa 22:14-16a)*

Baibuli etutegeeza nti obulamu bwa bantu bwatandiika ne Adamu ne Kaawa. Abantu batondebwa Katonda okussa ekimu naye. Olwo Adamu ne Kaawa bwe bayonoona era nebawulibwa ku Katonda *(Olubereberye 3).* N'ekikolwa ekimu eky'obujjemu, (ekibi kya Adamu ne Kaawa) obutukirivu bwaffe bwabula. Mu kiseera ekyo Katonda Yayogera ekigambo eky'obunabbi ekyasooka mu Baibuli, eri Setaani – ekigambo Baibuli yonna kwesimbiddwa – nti omutwe gwa Setaani gulibetentebwa ezzadde ly'omukazi *(Olubereberye 3:15)*. Kino kyogera ku Yesu, obulamu bwe, okufa n'okuzuukira; obuwanguzi bwe obwa namaddala ku kibi n'okufa era ekubbo ly'okutabagana wakati wa Katonda n'omuntu.

> *Bayibuli likoda y'okwononeebwa kw'omuntu okujjuvu mu kibi n'okunununlwa okujjuvu mu Yesu Kristo.*
>
> (Charles H Spurgeon)

Katonda teyayagala ffe okumwawulibwa okwa namaddala bwatyo kyeyava Akola ekkubo mwetusobola okutabagaana naye; Yawereza Omwana We omu Yekka, Yesu, okusasulila ekibi era n'okwonoona kwaffe nga affa ku lwaffe. Yesu Yawayo byonna ebyamusanyusanga mu ggulu nga Omwana wa Katonda okufuuka omuntu owa bulijjo ow'oku nsi. Yesu Yali nga ffe mu ngeri zonna, nga Akemebwa mu ngeri ze zzimu, okujjako nti Ye teyayonoona *(Abaebbulaniya 4:15, 7:26)*. Yesu Yayogeranga era

Yakolanga ekyo Kitaawe, Katonda, kye Yayagala Akole. Kino kifuula obulamu bwa Yesu eky'okulabirako ekyatuukirira eri obulamu bwaffe.

Yesu yafa enfa ey'omuzzi w'emisango ku musalaba ku lwa buli kinnomu ku ffe. Ye Yali sadaaka eyatuukirira eyasasula ebibi byaffe byonna, ebiseera byonna eby'obulamu. Teyayonoona, naye yaffa ku lwa babi okutukomyawo mu bukuumi eka eri Katonda *(1 Peetero 3:18)*. Mu kukkiriza sadaaka ya Yesu ku lwaffe era n'okuteeka okukkiriza kwaffe mu Ye okutujjako ebibi byaffe, tusobola okubela n'enkolagana ennywevu ne Katonda ku lwaffe era n'okunyumirwa emigaso ekyo kwe kileeta, okugattako obulamu obutaggwawo ne Katonda. Kino kivamu ffe okubera 'n'omutima ogukyusiddwa' era n'endowooza eri Katonda era n'eri abakkiriza abalala. Wajja kuberawo okukyusibwa okw'omunda n'okw'ebweru eri obuntu bwaffe. Kino Baibuli ky'eyita '*okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri*' *(Yokaana 3:3).*

> *Baibuli ejja kukuuma wala okuva ku kibi oba ekibi kijja kukuuma wala okuva ku Baibuli.*
>
> (D.L. Moody)


Tetuyinza kwefuula batukuvu; kino kikolwa kya kisa kya Katonda. Naye bwe tuzaalibwa omulundi ogw'okubiri tufuuka kitonde kiggya; emizze emibi gigenze era ne tutandika buggya. Egimu ki mizze n'endowooza zaffe zikyukilawo bwe tukiriza Yesu nga Mukama waffe era Omununuzi waffe; tuffa eri ekibi era tuzzukkira eri Kristo! Wabula, obumanyirivu butugamba nti ezimu ku mpisa ezo tezibbula. Nga tukula ng'abaKristayo, tulina okwongera okubeera nga Yesu mu buli kintu. Omutume Paulo ayogera ku mutendera guno okubera olutalo *(Abaruumi 7:14-25).* Eky'okuddamu ku kuwangula entalo ezili nga ezo kiri mu Yesu Kristo Mukama waffe. Tulina okubeera nga tumusaba okutuyamba buli kaseera. Okugezaako n'okufayo kwaffe okusingayo okubera okulungi tekusobola kutuwa buwanguzi Yesu bwe Yatuwangulira. Ebyawandiikibwa bingi bitukubiriza okufayo ennyo okunoonya okuyambibwa Omwoyo Omutukuvu okutufuula ennyo nga Kristo.

*“Naye, okuyita mu maanyi ag’Omwoyo Omutukuvu bwe munafiisanga ebikolwa eby’omubiri, muliba balamu. Kubangaa bonna abakulemberwa Omwoyo gwa Katonda abo be baana ba Katonda” (Abaruumi 8:13b-14)*

*“Kale kubanga mwazuukirira wamu ne Kristo, munoonyenga ebiri waggulu, Kristo gy’Ali, ng’Atudde mu kitiibwa ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda.” (Abakkolosaayi 3:1)*

*“Mwambale omuntu omuggya era mudizibwe buggya nga muyiga okumanya Omutonzi wamwe era n’okubeera nga Ye.” (Abakkolosaayi 3:10)*

Okukula mu Mwoyo kitwetagisa okufa eri omuntu wafe. Tulina okuwa amawagali, amalala, okwemalilila, okwelowozaako era n’obujjeemu eri Katonda olwo nno Asobole okutusonyiwa era n’okutukyusa. ‘Kristo’ alina okutwala ekifo kya ‘Nze’ mu bulamu bwaffe. Tujja kwongera okubeera n’ebiseera eby’ekiffu era n’ensobi, naye abaKristayo abawanguzi baba n’okwagala okw’e buziba okubeera nga Yesu era n’okumumanyila ddala.



Mu ngeri ezimu, tuli nga byangwe (‘sponge’). Tunnyikila ebbanga eritwetolodde. Tufuuka era tufanaana ng’abo betumala nabo ebiseera byaffe. Ggye tweyongera okumala obudde mu kuberawo kwa Mukama (okuyita mu kusaba n’okusoma Baibuli) era ggye tweyongera okukkiriza Yesu n’Omwoyo Omutukuvu okukyusa emitima gyaffe, olwo nno tweyongera okubeera nga Yesu. Olwo, bwe ‘tunyigirizibwa’ ebizibu byetusanga mu bulamu, empisa ze twolesa zisinga kubera bibala eby’Omwoyo Omutukuvu; okwagala, okusanyuka, emirembe, obugumiikiriza, ekisa, obulungi, okukkiriza, obuwombeefu, n’okwegendereza *(Abaggalatiya 5:22-23)*. Mu ngeri endala, bwe tumala obudde bwaffe obusinga mu kugoberera eby’ensi n’amasannyu,

embeera zaffe zijjaa kufuuka nga ekyo era n'Omwoyo Omutukuvu munda mu ffe Akale.

Omwoyo Omutukukuvu w'Ali okutuyamba ekiseera kyonna.  Naye Atuwa okwesalilawo okumulonda era tetusobola kufuna buyambi bwe okujjako nga tumusabye era nga twetegese okugoberera okukulemberwa kwe. *(Abaggalatiya 5:16-17)*.

Essaala eno esobola okusabibwa nga tugyogera nga tukakasa obwa Kabaka bwa Yesu ku bulamu bwaffe:



**Essaala ey'Obwa Kabaka**


"Mukama wange Yesu, njatula nga bwe nkwetaaga era nkukkiriza Ggwe nga Mukama wange, Omubeezi wange era Omununuzi wange. Nkwaniriza kakati okubeera Mukama w'obulamu bwange bwonna…

- Mukama w'omwoyo gwange era n'okutendereza kwange kwonna,
- Mukama w'omutima gwange n'eneyisa zange zonna era n'endowooza,
- Mukama w'ebirowoozo byange era ne bwe newulira,
- Mukama w'okwagala kwange ne bye nsalawo byonna,
- Mukama w'omubiri gwange n'embeera y'obulamu bwange,
- Mukama w'engeri era n'essaawa yange ey'okufa,
- Mukama w'embeera zange ez'okwegatta era n'okulabisibwa kwazzo,
- Mukama wa famile yange era n'enkolagana zange zonna,
- Mukama w'emirimu gyange era n'okwewayo kwange gy'Oli,
- Mukama w'ebintu byange ebikwatibwako era n'ebyetaago byange,
- Mukama w'ebyensimbi byange.

Webale Yesu nti omusaayi Ggwo gwayiika ndyoke nsobole okuteebwa. Mu Linnya lya Yesu, Amiina."

**Genderela**: Erinnya 'Yesu' mu lwe Bbulaniya, 'Yeshua', kitegeeza "Yahweh ye Bulokozi". Bwe tusaba "Mu Linnya lya Yesu" tuba tukakasa nti Ye Katonda alokola, awonya era anunnula. Amaaanyi Gge, embeera Ye, n'okukkiriza Kkwe bye tukozesa bwe tusaba 'Mu Linnya lya Yesu'. Tulina okwegendereza okuteeka erinnya lya Yesu ku saala ezo zokka Yesu ze Yalikiliziganyiza nazzo.

# OKWENENYA



*"Obwa Kabaka bwa Katonda busembedde. Mwenenye era mukkkirize Amawulire Amalungi." (Ebigambo bya Yesu mu Makko 1:15)*

Buno bwe bwali obubaka obukulu Yesu bwe yalangilira ku ntandikwa y'obuweereza bwe era kyetagisa nnyo mu bulamu obw'omu Kristayo obuwanguzi. Ekya mazima, okwenenya kikulu nnyo gyetuli era Yesu yakwogerangako mu buwereza bwe bwonna mu nsi eno *(Matayo 4:17; Makko 1:15; Lukka 15:1-32; 24:47)*, era ne bwe Yalinyisibwa mu ggulu *(Okubikkulirwa 2:5, 2:22, 3:3)*. Mu byawandikibwa bino ebisinga, Yesu Ayogera eri abakkiriza nga bwe kibagwanidde okwenenya.

Omutume Paulo, mu kubulira n'okusomesa mu buweereza bwe, naye yakiggumiza nga bwe twetaga okwenenya gamba nga *(Ebikolwa by'Abatume 26:20 ne 2 Abakkolinso 7:8-10)*. Mu Abaruumi 2:4 yagamba nti ekisa kya Katonda kyagenderela okutujja mu bibi byaffe, nga twenenya. Omutume Peetero naye yakyogera nti Katonda Ayagala buli muntu yenenye *(Ebikolwa by'Abatume 2:38; 2 Peetero 3:9).*

**OBUJULIZI**

***Amanyi ga Yesu okuwangula ebikolimo by'ekika kwatuusa ennyumba yaffe ku bulokozi***

*"Ndi muvubuka eyali talina bukakafu bwa bulokozi era nga ngezaako okubulangilira 'n'okukkiriza!' Amangu nga nenenyeza ebintu bye nali nakola ebyali bintawanya, amangu ago nawulira emirembe era nempulira Katonda nga Ayogera ebigambo bino mu mutima gwange, 'Silikuvako era silikulekelela.' "*

Okwenenya ebisera ebisinga tekutegeerwa bulungi.  Abantu abamu balowoza nti okwogera ku kwenenya kutuletera okulowozanga ku bibi eby'edda.  Naye, okwejjukanya ebibi byetwakola, n'okulumizibwa kwetuwulira olw'ebibi ebyo bigenderawo bwe twenenya mu mazima olw'ekibi ekyo.  Okwenenya kirabo okuva eri Katonda, mukisa. Okwenenya kutuviramu obulamu obutaggwawo, okusonyyiyibwa, essanyu n'emirembe era kutereza enkolagana ne Katonda.  Kino kye kisa kya Katonda.

## OKWENENYA

Okwenenya kitegeza okusalawo okuleka ekibi kyaffe netudda eri Katonda.  Kitegeeza nti twagala okuleka okukola kwaffe obubi n'endowooza embi emabega tusembezebwe okumpi ne Katonda.  Kuba kusalawo.  Bwe tutasalawo kwenenya – tuba tusazewo obutenenya! Okwenenya si kye kimu n'okunakuwala oba okugamba nti 'nsonyiwa'. Tuyinza okuwulira okunyolwa n'okunakuwala okukola ekintu kye twamanya nti kikyamu.  Tuyinza n'okukaaba amaziga ag'ennaku (nga Yuda Isicarioti mu Matayo 27:3), naye tutekeddwa okukiriza ensobi yaffe eri Katonda era tumusabe okutusonyiwa.  Tuteekwa okutegeera nti bwe tusobya tunakuwaza Katonda.  Tutekeeddwa okuba nga twagala okukyuka obutaddayo kukola bintu bya ngeri nga ebyo, era olw'ekyo twetaaga Katonda Atuyambe.

> AbaKristayo bangi benenyeza ekibamala okuyingila mu bwa kabaka bwa Katonda naye tebenenyeza kimala okutegeera AMAANYI g'obwa Kabaka bwa Katonda mu bulamu bwabwe.
>
> (Kyagambibwa Bill Johnson)

Okwenenya kye kintu buli mukkiriza kyateekwa okukola wakili omulundi gumu mu bulamu bwe naye okuwangulira waggulu tulina okwenenya buli kasera.  Ekibi ekitayatuddwa era ekitenenyezeddwa efuuka nkwanso omulyolyomi kw'asinzila okutulugunya abantu *(Abaefeso 4:26-27).*

Katonda Alaba obubi bwonna obuli mu ffe. *"So siwali kintu kyonna mu butonde ekikwekebwa Katonda. Ebintu byonna byeruliddwa era bibikuliddwa mu maaso ge, era eri Ye gyetulina obuvunanyizibwa." (Abaebbulaniya 4:13)*. Katonda Amanyi ebikolwa byaffe byonna – n'ebibi byaffe ebye buziba. Omuyimbi wa zabbuli agamba Katonda mu *Zabbuli 90:8 "Otadde obutali butukirivu bwaffe mu maso go – ebibi byaffe ebye kyama – era Ggwe byonna obilaba."* Kifanagana nga Katonda Alina ekitabo kye eky'okuwandikibwamu ekiggule era nga Atulinda twenenye ebibi byaffe tusabe okusonyiibwa. Bwe tukikola, Ajaayo ekalamu Ye n'Ajjinyiika mu musaayi ggwa Yesu n'Ajaawo ebiwandiiko by'ebibi byaffe.

*"Awereddwa omukisa asonyiddwa ekyonoono kye n'ekibi kye kikwekeddwa. Ye, essanyu nga lingi olw'abo ebibi byabwe ebisanguddwa Mukama b'Atabalira butali butukirivu era abasobola okubela n'obulamu bwabwe mu mazima ddala!" (Zabbuli 32:1-2 ne Abaruumi 4:7-8)*

*"N'ebibi byabwe n'obujeemu bwabwe silibijukira nate." (Abaebbulaniya 10:17)*

*"Naye bwe twatula ebibi byaffe eri Katonda wa mazima era mutukirivu okusonyiwa ebibi byaffe n'okutunazaako byonna ebitali bya butukirivu." (1 Yokaana 1:9).*

Okusinzira ku kyawandikibwa mu 1 Yokaana 1:9; kiyinza okulabika nti Katonda Yasubiza okusonyiwa ebibi ebyo byokka bye twenenya gy'Ali.

## *OKUKIRIZA*

Nga tetunaba kwenenya tutekeeddwa okukkiriza mu Ani/kiki Yesu ky'Ali ne kye Yatukolera ffe.

Ensonga zino ssatu ez'ebyafaayo ku Njiri bye byo Yesu by'Atusaba tukkirize:

1. Yesu Ye Mwana wa Katonda, Kristo eyayawulibbwa oba 'Messiya'
2. Yesu yafa olw'ebibi byaffe

3. Yesu Yazuukizibbwa okuva mu bafu ku lunaku olw'okusatu.

Ebyawandiikibwa bino bisangibwa mu bifo bingi mu Baibuli era bilambikiddwa wamu mu *1 Abakkolinso 15:1-6*. Okwongera ku nsonga zino, Yesu eyazuukira yalabibbwa abantu abasukka mu 500 abajjulirwa era bonna abakkiriza Yesu Kristo balizukizibwa bw'Alikomawo *(1 Abakkolinso 15:23)*. Bwe tukkiriza ebyaliwo bino, tufuna okukkiriza! Olw'okuba Yesu yafa olw'ebibi byaffe, tuteeka mu nkola okukkiriza kwaffe nga tuwa Yesu ebibi byaffe kinakimu Abitujjirewo. Kino tukikola nga tukiriza ebibi byaffe, nga tubyatuula, nga tubyenenya, netusaba Yesu okutusonyiwa era ne tumusaba Atukyuse tumufanane Ye.

## *OKWEKENENYA EKIBI KYAFFE*

Edaala erisokerwako mu kwenenya kwe kwekenenya ekibi kyaffe. Ekibi kitegeeza obutatukaana na mutindo gwa Katonda. Buli lwetutegeera nti ebirowozo byaffe, ebigambo, eneyisa, n'ebikolwa nti tebiri mu nkola ya Yesu, twetaaga okwenenya. Ebiseera ebimu eneyisa z'obuwangwa bikontana n'ebyo Baibuli by'egamba nti byonoono. Ku nkomerero waliwo ebiraga okwenenya okuva mu Ndagano Empya era n'ebiwerako okuva nu Ndagano enkadde n'empya. Bw'otunula mu nkalala eziri mu Okuva 20 n'enkalala z'eby'okwenenennyeza okuva mu byawandikibwa, osobola okubuuza Katonda Akulage endowoza enkyamu n'eneyisa embi mu ggwe.

> Eteeka eryangu okufumitiriza: Kisibuka mu bwa Kabaka bw'etabaaza oba mu bwa kabaka bw'ekizikiza?
>
> (Victor D'Monte, Adonai)

Bangi ku ffe tuteeka essira ku bintu ebirala mu kifo kya Katonda *(1 Yokaana 5:21).* Tuyinza okusinza ba katonda abalala. Tuyinza okutendereza abantu abalala oba ab'enganda zaffe, oba banabyamizannyo abatutumufu oba abasumba baffe okusinga Katonda. Tuyinza okuba nga twayagala nnyo ssente oba ebintu okusinga Yesu.

Tuyinza okwegomba omuntu mu mitima gyaffe oba okulaba ebyo bukaba. Tuyinza okkozesa engeri za duyiro oba okuwonyezebwa nga kuva mu maanyi ga balubaale oba ensi ey'ekizikiza mu kifo ky'okubuuza Yesu okukomyawo emirembe, okuwonyezebwa, n'obulamu obweyagaza. Tuyinza okuba n'obutasonyiwa eri omuntu eyatulumya oba tuyinza okuba nga tusalira abalala emisango oba n'okubakyokya n'ebigambo oba mu mitima gyaffe. Tuyinza okuba nga tulina obusungu eri ab'enganda zaffe; oba okulwanagana wakati w'omukyala oba omwami abafumbo oba abaana. Tuyinza okuba nga twakola olugambo! Ekibi kiyinza n'okuba okukola ebintu 'ebirungi' Katonda by'Atatusabye kukola (Baibuli ebikolwa bino ebiyita "ebikolwa ebibi" (oba "ebikolwa ebifu") mu Abaebbulaniya 6:1). Jjukila nti buli kibi kibera kibi. Amawulire amalungi gali nti tewali kibi ekibi ennyo, oba ekikoleddwa ennyo, nti Katonda Agaane okutusonyiwa bwe twenenya ne tumusaba okutusonyiwa.

*"Ekiva mu muntu kye kyonoona omuntu, mu mitima gy'abantu muvaamu ebirowoozo ebibi, obwenzi, obubbi, obukaba, ebirowozo ebibi, obulimba, obuluvu, eriiso ebi, amalala, n'obusirusiru. Ebibi ebyo byonna biva munda mu muntu, era bye bimwonoona." (Bino bigambo bya Kristo mu Makko 7:20-23).*

*"Naye bwe mugoberera okwegomba kw'omubiri, ebivaamu bya lwatu; bwenzi, mpitambi, bukaba, kusinza bifaananyi, busamize, busungu, kuyombagana, buggya, empaka, okweyawula, okwesalamu, ettima, butamiivu, binyumu n'ebiri nga ebyo. Nziramu okubagamba, nga bwenabagambako, nti omuntu yenna ali mu bulamu obulinga obwo, tasobola kuyingira mu bwa Kabaka bwa Katonda. Naye Omwoyo Omutukuvu aleeta ebibala bino mu bulamu bwaffe; okwagala, essanyu, emirembe, obugumiikiriza, ekisa, obulungi, okukkiriza, obuwombeefu, n'okwegendereza. Ku biri nga ebyo tewali teeka!" (Abaggalatiya 5:19-23)*

[Waliwo 'ekibi ekitasonyiyika' *(Matayo 12:32; 1 Yokaana 5:16)* naye bwe twegomba okusembera okumpi ne Katonda, tuba tetukikoze.]

Katonda Akyawa ekibi kyaffe era Ayagala naffe tukikyawe. Okujjako nga twekeneenya ekibi kyaffe netukyawa enkola n'eneyisa zaakyo lwetujja okusobola okukireka.

Osobola okusaba Katonda kaakano Akulage ebintu ebyo by'okoze ebimunakuwazza, oba by'oyongera okukola ebimunakuwazza, ebibi ebyo bimukwawulako era by'Ayagala okusangula mu Kitabo kye eky'okujukila.

*"Onkebere Ayi Mukama omanye omutima gwange, onkeme omanye ebirowoozo byange. Olabe ng'ekubbo lyonna ery'obubi liri mu nze, era onnungamyenga mu kubbo ery'obulamu obuttagwawo." (Zabbuli 139:23-24)*

**OBUJULIZI**

***Yesu Yawonya Obufumbo Bwange Mbagirawo***

*"Nafumbirwa omusajja atali mulokole, wadde nze nali. Obufumbo bwaffe bwali bubi nnyo okumala emyaka mingi. Oluvannyuma nenenya okufumbirwa atali mukirizza. Mukama Yakola omulimu mu mwami wange era naamulumiriza olw'ekibi kye. Olwo yenenya era n'alokoka mu kitiibwa mbagirawo, Katonda Yawonya obufumbo bwaffe."*


Essaala eno eyinza okukuyamba:



*"Kitaffe Ali mu ggulu, nyamba ondage ebibi ebyo eby'enjawulo bye nkoze by'Oyagala okunzijjako kaakano. Mu Linnya lya Yesu, Amii...*

*(Olwo lindirira ebirowoozo, empulizo oba okulumiriza ebiva ewa Katonda)*

# *OKWATULA EKIBI KYAFFE*



Bwe tuzuula endowooza oba eneeyisa embi, tuteekeddwa okwenenya ekibi ekyo kyenyinni era ne tusalawo okukileka.  Bwe wabaawo ebibi bye tweyongera okwejjukanya, tulina okwongera okusaba Katonda Atuyambe tubyenenye, Abitwawuleeko tubileke.  Kikulu nnyo okuwuula n'okunnyonnyola mu bujjuvu nga twatula ebibi byaffe.

Baibuli eyogera ku byafaayo bingi eby'ebibi bya bantu gamba nga Kabaka Daudi – yayonoona Katonda okuyita mu bwenzi, obulimba era n'obutemu obwaviramu okufa kw'abantu ekirindi *(2 Samwiri 11 ne 12).*  Nga Katonda bwe yagamba Nasani ebikyamu byenyinni Daudi bye yakola *(2 Samwiri 12:9-10*).  Katonda Abeera Amanyidde ddala ebibi bye tuba tukoze.  Tewali kikwekeddwa gy'Ali. Amanyi emitima gyaffe, emeeme zaffe era Alaba bye tukola ne bye tulowooza.  Tuteekeddwa okubeera abeerufu mu busukulumu mu maaso ga Katonda waffe Amanyi buli ekitukwatako era Ayagala tutwale obuvunanyizibwa ku lw'ebibi byaffe *(Okubikkulirwa 2:23b).*

Buli kibi kikosa akikoze, abantu abalala ne Katonda.  Ekibi ekimu kikulembera ne kiletera ebibi ebirala okukolebwa gamba nga obulimba okusobola okukweka ekibi ekyasooka.  Omutimbagano gw'ebibi ebikwatagaana guteekwa okuzuulibwa era n'okwatulibwa omuntu asobole okufuna eddembe okuva mu bibi ebyo.  Olwo alyoke afune ekisa kya Katonda ekisonyiwa ebibi, n'okujjawo okunyigirizibwa okwakolebwa.


Bwe twatula ebibi byaffe, tuba tukiriziganya ne Katonda era nga twewaayo gyali nti twayonoona.  Okwatula kitegeeza okwasanguza nga oyogerela waggulu.  Tewali wekilaga wonna mu Baibuli nti okwenenya kukolwa mu kasirise.  Twatula n'akamwa kaffe: *"Bw'oyatula n'akamwa*

*kko nti Yesu Ye Mukama…" (Abaruumi 10:9-10*). Bwe tumala okwatula, Katonda Asobola okola ebitasoboka era n'okutusonyiwa ebibi byaffe.

Katonda tasuubiza tusonyiwa bibi bye tutamwatulidde…*"NAYE bwe twatula ebibi byaffe gy'Ali, Mwesigwa era wa mazima okutusonyiwa ffe ebibi byaffe n'okutunaaza okuva mu "bubi." (1 Yokaana 1:9 okukattiliza kugatiddwako, ne Engero 28:13)*

*"Kale tusemberenga n'obuvumu eri entebe ey'ekisa eya Katonda waffe. Tulyoke tufune okusasirwa era tusange ekisa olw'okubeerwa nga bwe twetaaga ennyo." (Abaebbulaniya 4:16)*

## *TUSABENGA MUKAMA ATUSONYIWE ERA ATUKYUSE*



Nga tumaze okwenenya ebibi byaffe, olwo tuyinza okusaba Katonda Atusonyiwe. Tuyinza okusaba Katonda okututukuza na buli omu gwe twayonoona olw'ebikolwa byaffe *(1 Yokaana 19)* era tulowooze ku ngeri y'okutereeza byonna bye twabakola. Tuteekeddwa okusonyiwa buli muntu eyatukosa oba tusabe Katonda Atuyambe tubasonyiwe. Tuteekeddwa okugamba Katonda nti twetaaga Atukyuse era tumusabe Atuyambe tufanaane nga Yesu. Olwo tulyoke twanirizze Yesu Ayingile mu mitima gyaffe munda ddala era tumusabe n'Omwoyo we Omutukuvu Ajje Atujjulizze ddala.

Laba essaala eno ennyangu ey'okwennenya gy'osobola okusaba okukuyamba okusemberera Katonda. Ekiisngako kwe kukozesa ebigambo byo wenyini bw'osaba kubanga essaala egya kuviira ddala ku mutima ggwo.

**Okusaba okulungamizibbwa nga omanyi wayonoona:**

- Yatula ebyo bye wasobya (beera mukakafu nnyo)
- Mu bwessimbu ennyo, saba Mukama Akusonyiwe, Akutukuze n'abakwatibwako abalala era Akukyuse.
- Wegayilire Mukama Akulungamye mu kutereeza byonna.
- Yaniriza Yesu Kristo Akomewo mu mutima ggwo (nate) era Akujjuze wenna n'Omwoyo Omutukuvu.



**Essaala ey'okwenenya**

*"Kitaffe ow'omu ggulu, njatula nti nsobezza. Nenenya …. (wano beera mulambulukufu oyatule ebibi eri Katonda mu bujjuvu. Beera mwerufu nga oyatula buli nsonga mu bulambulukufu gy'Ali). Negaana ekibi kino. Nali mukyamu. Nsazeewo okukyuka okuva mu kibi kino era nkyuukira gy'Oli.*

*"Negayirira onsonyiwe era ontukuze n'Omusaayi ggwa Yesu. Njagala kukyuka, nnyamba onkyuse era ompe omutima omuggya. Nyamba onzijjeko era ojjewo buli mbeera eyaleetebwa okwonoona kwange oba eri omuntu omulala yenna. Ayi Yesu, nnyamba ojje mu mutima ggwange (nate) era onjijjulize ddala n'Omwoyo Omutukuvu.*

*"Abantu benalumya mbasabira omukisa. Bbawe omukisa ai Kitange. Ndaga engeri gye nsobola okutereeza ensonga. Nyamba onteeke wala n'okukemebwa era ondokole mu kibi. Webale nnyo. Mu Linnya lya Yesu. Amiina."*

*Bw'oba omaze okusaba essaala y'okwenenya, kiyamba okulangilira ebyawandiikibwa bino nga essaala.*



***Obukakafu bw'okusonyibwa Katonda***

*Yatula nga oyogera (okuva mu 1 Yokaana 1:8-10)*

*"Nkwebaza Mukama Katonda nti Ekigambo kyo kigamba nti bwe njatula ekibi kyange obeera mwesigwa era wa mazima era ojja kunsonyiwa ekibi kyange, era ontukuze okuva mu butali butukirivu bwonna. Mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina."*

Mu kutusonyiwa, Katonda Atujjako ekibi ekyo okuva mu mitima gyaffe. Oluvannyuma lwa kino, wabawo ekifo mu mitima gyaffe okujjuzibbwa Yesu era n'Omwoyo Omutukuvu. Yesu n'Omwoyo Omutukuvu basobola kutujjuza nga tumaze bbaniriza. *(Okubikkulirwa 3:20).* Kiri nga nti emiryango gy'emitima gyaffe girina ekinyolo munda – bwe kityo ffe ffenyini ffe tusobola okuggulawo enziggi z'emitima gyaffe ffe! Ggye tweyongera okuyita Yesu n'Omwoyo Omutukuvu mu mitima gyaffe, gy'Akoma okubeera mu ffe *(Abakkolosaayi 1:27)*, ggye tweyongera okufuuka nga Ye era n'ebibala eby'Omwoyo Omutukuvu bizaalibwa mu bulamu bwaffe *(Abaggalatiya 5:22)*. Kino kiringa 'Kusa mu Mwoyo' bwe tufulumya ekibi n'okwelowozaako, tusobola okusaba okwongera okujjuzibbwa ne Yesu Kristo, Omwoyo Omutukuvu, era n'okwagala kwa Katonda *(Abaruumi 5:5b).*

Jjukira nti tetukyuka lwa busobozi bwaffe – tetusobola! Katonda y'Asobola okutukyusa nga tumusabye okujja mu ffe okukikola.

## *OKUSABILAGANA*

Essaala ey'okwenenya bwe mala okusabibwa naye ne wasigala nga tewali buwanguzi ku kibi, olwo nno kiyinzika okuba nti ekyekusifu ekyavaako oba 'omulandira' gw'ekibi tegunaba kuvumbulwa n'olw'ekyo nga tekinaba kwenenyezebwa mu mazima. Ensonga eteekeddwa okuddamu okusabirwa nate, naye ku mulundi guno nga tuli wamu n'owoluganda ggwe twesiga ayambe okutukira ddala ku mulandila ogwo. Omuntu olwo asobola okwenenya olw'ekibi (oba okusonyiwa omuntu omulala olw'obulumi bwonna bwe bamutusaako). Omuweereza akulira okusaba awo asobola okukirizigana nabo mu saala n'abeera omujulirwa eri ekyo Mukama ky'Akoze *(Matayo 18:19-20)* era n'aggumya aba asonyiiddwa. Ebiseera ebisinga bano bakimanya nti basonyiiddwa olw'eddembe lye bawulila wamu n'okugonda munda mu mitima gyabwe.

Bw'oweereza omuntu, kirungi okumujjukiza nti Katonda yasuubiza obutajjukira kibi kyabwe, *"...Ndisonyiwa obutali butuukirivu bwabwe, era n'ekibi kyabwe sirikijjukira nate"*

**OBUJULIZI**

***Okuwonyezebwa Yesu oluvannyuma lw'okwenenya***


*"Nali nsabira omusajja eyalina omugongo ogumuluma. Nalagira omugongo ggwe okuwonyezebbwa era na buli gumba lye okutelera era ne ndagira obulumi okugenda. Mu ddakiika ntono omugongo ggwe gwakakaana naye nga akyalina obulumi mu kibegabega kye. Nasimba essaala zange ku kibegabega, nga nkilagila kiwonyezebbwe era nga ngamba obulumi bugende. Nabuuza omusajja, 'waliwo omuntu yenna eyakusobya gwe wetaaga okusonyiwa?' Yaddamu nti, 'nedda, naye nyinza okuba n'ekibi.' 'Kibi ki', namubuuza. Omusajja yanyonyola lwattu ebibi (ekimu kyali bwenzi). Nasobola okumuyamba neyenenya olw'ebibi bye, n'okusaba Katonda amusonyiwe era n'okusaba Yesu Ayingire mu mutima ggwe. Kino yakikola era amangu ago ne yewulira bulungi munda era n'ekibegabega ne kiwonyezebwa."*

*(Yeremiya 31:34b; Abaebbulaniya 8:12; Abaebbulaniya 10:17).* Bwe twenenyeza ddala mu mazima, ebibi ebikadde tebirijja nate mu ndowoza zaffe kutulumiriza. Tulimanya nti twasonyiibwa *(Abakkolosaayi 1:21-23a; 1 Yokaana 1-8-10, 5:15).*

## OKWOLESA OKWENENYA KWAFFE

Oluvannyuma lw'okwatula n'okwenenya ekibi kyaffe kitugwanira okukyolesa. Kino kitegeza nti tuteekeddwa; *"tukakase n'engeri gye tweyisamu nti twenenya ebibi byaffe netudda eri Katonda" (Matayo 3:8*). Ekyo kitegeeza okuleka ekibi buli lw'okemebwa nate. Tulina okusalawo obutafugibwa kibi era n'okusaba Katonda Atuyambe mu ekyo. Kiyinza okuba ekirowozo ekibi, ekigambo oba ekikolwa. Tuteekwa obutakkiriza bwe tukemebwa, tulondewo okuleka ekibi era okudda eri Yesu. Kino tetusobola kukikola mu maanyi gaffe naye tulina okusaba Yesu okutuyamba tuleke ekibi. Jjukira ebisubizo bya Katonda biri, *"weewaawo ne Amiina" (2 Abakkolinso 1:20)* era bulijjo Atusonyiwa bwe tudda gy'Ali n'omutima ogwenenyeza yadde emirundi emeka gye tusobya.

## OKULIIWA (OKUKOLA EBY'OKUGATTA)



Ekibi bwe kiba kikoleddwa wabaawo buli kaseera ebiva mu kibi ekyo. Eky'okulabilako, tuyinza okuba nga twalumya omuntu era nga wadde twasonyiyibwa, bayinza okuba nga era bakyalumwa nnyo. Ebiseera ebimu Katonda Atwagaza okukola engasi olw'ebyo bye twakola *(Okubala 5:6-8a).* Bwe tuba twabba, kiyinza okutwetagisa okwenenyeza omuntu gwe twabba era tumusasule ekibanjibwa, olusi n'amagoba (gamba nga Zakayo mu Lukka 19:8). Bwe tuba nga twali bakambwe eri omuntu, twetaaga okuba ab'ekisa okuva kaakano okugenda mu maso. Tuyinza

okwetaaga okwatula ekibi kyaffe gye bali, okubasaba okusonyiibwa era n'okunoonya okutabagana nabo.

Ekibi bwe kiba nga kikontana n'amateeka g'eggwanga tulina okusaba era okukwasa Katonda enkola yonna, olwo tulyoke tugende mu b'obufuzi be kikwatako, twatule ebikolwa byaffe era tuleke amateeka gakole nga bwe kigwanidde *(Abaruumi 13:1-7).*

**OBUJULIZI**

***Yesu Yakola ku kibi kyange eky'ebye nsimbi***

*"Nali nenenya ekibi ky'ebye nsimbi eri bakama bange naye nga saliwa. Nafuna okulumilizibbwa ku kino bwe wabawo abakulu banabyabufuzi abasibibwa mu komera olw'ekikolwa ekyefananyiriza kw'ekyo. Bwe nali nsaba n'omwami wange oba kiktwetagisa okusasula ssente zino (nga Zakayo), omwami wange yawulira Mukama nga ayogera ebigambo bino mu mutima ggwe; "Sasula kye manjibbwa." Twatawanyizibwa ne kiki kino kye kyali kitegeza, naye oluvannyuma nakitegera nti Yesu Yali Yetekeddeko ddala ekibi kyange Ye. Kati Yali Ansaba ndiwe ku lulwe nga nsasula ensimbi ezo. Nawandikira mukama wange ebbaluwa nga njatula kye nali nakola, nga nsaba okusonyiibwa era wamu n'ekiragiro kya'omuwendo gwa ssente ezo zenali nabba, wamu n'amagoba. Banziramu nga bgamba nti, 'Webale nnyo okubera owa mazima, weewaawo nga oludewo kko.' "*

# OKUSONYIIBWA

*"Kubanga bwe munaasonyiwanga abantu ebyonoono byabwe, Kitammwe Ali mu ggulu Anaabasonyiwanga nammwe. Naye bwe mutaasonyiwanga bantu ebyonoono byabwe, ne Kitammwe taasonyiwenga byonoono byammwe." (Matayo 6:14-15)*

Katonda atuwa ekirabo kye ekisa kye eky'okusonyiibwa nga ye ngeri y'okutuukiriza emitima gyaaffe naye *(Abaruumi 5:15-16).* Enjiri bubaka bwa kusonyiibwa. Okusonyiwa n'okusasira bitundu bya mbala ya Katonda. Bwe twatula ebibi byaffe eri Katonda, Ye Atusonyiwa era Atutuukuza okuva mu kibi kyaffe *(1 Yokaana 1:8-10).* Olwo kino kitwambusa ku ddaala eppya era erya waggulu lye tutasaanira, ekifo wetutereerezebwa ne Katonda - ekifo ky'eddaala ly'ekisa[3].

**OBUJULIZI**

***Yesu Yanyamba ne nsonyiwa okuva mu mutima gwange***

*"Mukwano gwange yandyamu olukwe eri polisi era nensibibwa. Mukwano gwange okundyamu olukwe kyakosa byonna bye nali nakolelera mu bufumbo bwange, enkolagana yange n'abaana bange, omulimu gwange, n'erinnya lyange – byonna. Nakyawa eyali mukwano gwange era nenjijula obukyayi gy'ali. Bwe namala okuteebwa okuva mu komera nasisinkana abaKristayo abali bangamba nti nina okumusonyiwa. Nagezako emirundi mingi ddala. Naye olunaku lumu ne nsaba Yesu okunyamba okusonyiwa. Mu dakiika ntono nasobola okwogerera waggulu nti, 'Musonyiye' era mu kasera aka mangu namanyirawo nti musonyiye okuvira ddala ku mutima gwange. Newulililawo bulala amangu ago. Amangu okuva awo naloota ekirooto eky'okukyalira muwala wange. Era ekyo nakikola era okuva olwo tuli mu nkolagana naye."*

---


[3] John and Carol Arnott: *Grace and Forgiveness*, 2009, New Wine Ministries. Kifuniddwa n'okukirizibwa.

# *OKUSONYIWA ABALALA*

Okusigala ku ddaala lino ery'ekisa, tuteekeddwa okweyongera okusonyiwa abo abatulumya. Yesu kye ky'okulabirako kyaffe. Yesu Yasonyiwa n'abamutemula nga bwe bamukomerera *(Lukka 23:34).* Yesu teyalindilira bamale kumutulugunya era tebamusaba kubasonyiwa. Wabula nga bali mu kikolwa kyenyinni eky'okumutyoboola n'okumutta, Ye Yabasonyiwa. Era naffe tuteekeddwa okubera nga Yesu tugoberere eky'okulabirako kkye.

> **OBUJULIZI**
>
> ***Yesu Yansumulula!***
>
> *"Nsobodde okusonyiwa abantu era n'okuta ekkonda lye nalina eri omuntu omu yadde tayogera nange. Mpulira okuteebwa era n'okusumululwa."*

Bwe tutasonyiwa kuva ku mutima, tukka ne tuva ku ddaala ly'ekisa ne tudda ku ddaala 'bwenkanya' wetufunira ebitugwanidde olw'ekibi kyaffe. Tuyinza okufirwa egimu ku miganyulo gy'ekisa kya Katonda bwe tutasonyiwa. Eky'okulabirako essaala ziyinza obutaddibwamu *(1 Peetero 3:7)* oba okuwonyezebwa kuyinza okuziyizibwa *(Yakobo 5:16*). Kiyinza n'okuvaamu obuzibu obunene obusingawo *(Matayo 6:15).* Eddaala lyo 'obwenkanya' wetufunira ebitugwanira era bijja n'ebiragiro ebituteeka wansi w'enfuga y'obwa Katonda *(Yokaana 3:36).* Katonda Ayinza n'okutuwaayo eri abatutulugunya (emizimu – laba olugero lw'omuddu ataasonyiwa mu Matayo 18:23-35). Tusobola okuwangalira ku ddaala ly'ekisa ebiseera byonna bwe tweyongera okusonyiwa abo abatulumya. Tufuna ekisa bwe tubeera n'okusasira eri abalala nga Koluneeriyo mu Bikolwa bya Abatume 10 luno lwe ludda olwoleeka emiganyuulo ly'eteeka ly'okukungula kye tusiize *(Lukka 6:37-38).*



Okusobola okusonyiwa abatulumya tuteekeddwa okusalawo okubasonyiwa. Olwo nno Katonda n'Atusobozesa okusonyiwa. Amaanyi ga Katonda ge gatusoboze okusonyiila ddala naye tuteekwa okwagala okusonyiwa abalala. Tuyinza

obutasobola kusonyiwa mu bujjuvu omulundi ogusooka bwe tusooka okukisabira. Obulumi obungi ennyo nnyini butwetagisa okusonyiwa omuntu emirundi mingi olw'ebyo bye yatukola, bye yakola abalala oba bye yakola Katonda. Kya mitendera kufanaanako nga kusunsula katungulu. Olubu lumu bili kiseera pakka lwe kigwawo. Oluvannyuma tukizuula nti ddala twabasonyiwa. Obulumi bugenda busebengerera nga n;omutima tegutundugga n'okweralikirira bwe tulowooza oba bwe tusisinkana omuntu oli. Tukomawo nate ku ddaala ly'ekisa.

*"Awo Peetero n'ajja gy'ali (Yesu) n'amugamba nti Mukama wange, 'muganda wange bw'annyonoonanga nnaamusonyiwanga emirundi emeka? Okutuusa emirundi musanvu?' "Nedda, si mirundi musanvu'', Yesu n'addamu, "naye emirundi ensanvu emirundi musanvu!"" (Matayo 18:21-22)*

Gunno ggwe mutindo Katonda gw'Atuwadde kubanga ggwe mutindo Ggwe. Ka gibeere emirundi emmeka gye tukola ekibi kye kimu netukyenenya okuva mu mitima gyaffe – Katonda Ajja kutusonyiwa bwe tumusaba. Mu ngeri y'emu, omuntu bw'atusobya, naffe tulina okubasonyiwa, ka gibe emirundi emeka gye tulina okukikola.

Omuntu bw'atusobya, ebiseera ebisinga tuddamu olw'okulumwa okwo. Eky'okulabirako; omuntu oyo tumulamula nti musirusiru oba twanyiizibwa olw'engeri ey'obulumi gye yatuyisamu. Okuddamu kuno kwonna kwa kibi

> Okutwalira awamu si kya magezi okugamba omuntu nti tumusonyiye: okugamba nti osonyiye omuntu, okusooka oba nga ategeeza nti bali mu bukyamu, ekintu kye batayagale ate eky'okubiri, nti ggwe oli muKristayo wa kitalo, ekintu era kye batayagale! Waliwo engeri ez'okubategeeza nti oba walina obutabagala bwonna kati bukyusiddwa mu kwagala, tewetaaga kukyogerako.
>
> (Kyajulirwa Agnes Sanford, Creation Waits, 1977, Bridge Logos Publishing)

era twetaaga okukwatula n'okwenenya. Tulina okuleka okulumizibbwa kuno yadde nga tetulaba kino nga eky'obwenkaanya, tulina okukkiriza nti Katonda Yekka y'Asobola okusalawo kiki ekiba kikolwa. Bwe tugamba nti 'ekyo so kya bwenkaanya!' oba bwe twagala okutereeza ensonga ku lwaffe, tweteeka wansi ku ddaala ery'okubeera wansi w'amateeka ga Mukama sso ssi kubeera wansi wa Kisa kya Mukama. Okugezesebwa oba tusonyiye kubeera bwe tuba tusobola okubaagaliza emikisa mu kwagala okuva ku mitima gyaffe era nga tusanyuka bwe bafuna emikisa. Yesu Yagamba, *"Bawe omukisa abakukolimira" (Lukka 6:28).*

Okusonyiila ddala omuntu tekitegeeza nti tulina okwesiga omuntu oyo eyatulumya oba nti tulina okuba n'enkolagana naye. Mu maaso, oba oli awo ekyo kiyinza okubaawo. Wabula, Mukama Atugamba kwesiga Ye sso ssi bantu Zabbuli 118:8 eggamba *"Kisinga okuteeka obwesige mu Mukama okusinga okwesiga abantu"*. Ne Yesu teyesiganga buli omu *(Yokaana 2:24-25).* Wabula Yatulagira okwagala buli muntu nga kw'ogasse n'abalabe baffe *(Matayo 5:44-46).*

Yesu Yateranga okunnyonnyola okusonyiwa ng'Akozesa enjogera ez'ebyensimbi nga amabanja n'amabanja okusazibbwamu *(Matayo 18:23-35).* Bwe yafa ku musalaba Yagamba nti, *"Kiwedde" (Yokaana 19:30*). Eno yali njogera eyakozesebwanga mu biseera ebyo okutegeeza nti ebbanja erirudewo okumala ebbanga lisasuddwa mu bujjuvu. Mu ngeri endala Yesu Yali Ategeeza nti Yali Asasudde omuwendo

**OBUJULIZI**

***Yesu Yanunula eby'enfuna byange***

*"Nali mu mbeera ey'okujjeera nene kubanga ba kasitoma be nakolelanga nga tebansasula olw'emirimu gyenkoze. Ebintu byali bizibu nnyo gyendi era n'eri famile yange mu bye'ensimbi; tetwalina na kintu kyonna kya kwekoppa. Omusumba yanyamba okundaga nti netaaga okusonyiwa ba kasitoma bange – okutuuka ku kubasonyiwa n'essente ze mbabanja! Lwali lutalo gyendi, kyali tekilabika nga eky'obwenkanya. Wabula, nabasonyiwa. Wayitawo akabbanga katono ne ngatibwako ba kasitoma abalungi abansasulanga ku budde."*

gw'ebbanja lyaffe (ebibi) mu bujjuvu. Yatwala ekibonerezo ekyali kitusanidde ffe. Bwe tutegerera ddala kiki Yesu ky'Atukoledde tuyinza okutandika okutegera lwaki kyetagisizza ddala ffe okusonyiwa abo abatusobya.

Ebiseera ebimu abantu bayinza okulowooza nti ebibi oba okulumizbwa ebibatusiddwako bikulu nnyo oba bya bulumi nnyo tebalina kusonyiwa muntu abibatusizako. Bino ebilumya biyinza okuba okubbibwako ettaka oba okuvoola nga mwotwalide okukwata abakazi olw'empaka. Wadde eneyisa y'omuntu asobedwako etegerekeka, Baibuli nambulukufu nnyo ku nsonga nti wadde obulumi obututusidwako bwenkana wa, tulina okusonyiwa *(Matayo 6:14-15; Abaefeso 4:31-32; 1 Abakkolinso 6:7).*

Si kyangu okusonyiwa mu mbeera nga ezo, Katonda Yekka y'Asobola okutuyamba okusonyiwa, wadde kiyinza okutwala akaseera okola ekyo mu bujjuvu. Era, tetwetaaga kuba ba mikwano n'abo abatulumiza ennyo naye tulina okubasonywa okuvira ddala mu mitima gyaffe.

Kiyinza okuyamba mu kusaba ne mu kulowoza ennyo okuwandiika mu bujjuvu obulumi bwonna buli muntu bwakutusizaako ne kiki ky'obabanja. Olwo n'olyoka osobola okubala omuwendo gw'okubasonyiwa (gamba ssente, obulimba, obulumi, erinnya lyo...) olwo obasonyiwe olwa buli kina kimu. Ssazaamu ebbanja lyabwe eryo gy'oli.

**Okulungamizibwa mu kusaba bwoba osonyiwa omuntu:**

- Bulira Katonda engeri gye bakulumizamu (beera mwerufu nnyo)
- Salawo okubasonyiwa (bw'oba tosobola, saba Katonda Akuyambe okubasonyiwa)
- Yatula ebirowozo ebibi byonna oba ebikolwa by'okoze olw'engeri gye bakulumyamu
- Muwe omukisa omuntu/oba abantu abo abakulumya era saba Katonda Abawe omukisa
- Yaniriza Yesu Ajje mu mutima ggwo (nate) era Akujjulize ddala Omwoyo Omutukuvu.

Oyinza okusalawo okutwala akadde kati okwaniriza Omwoyo Omutukuvu okukulaga oba okyalinayo abantu b'olina okusonyiwa olw'ebibi bye bakukola. Era oyinza okwebuza ku Mukama okukusonyiwa olw'engeri enkyamu gye weyisamu olw'ebibi ebyakutuukako.

Bw'oba wetegese, osobola okusaba essaala eringa eno nga oyogera:



***Essaala ey'okusonyiwa abalala***

*"Ayi Kitaffe Ow'omu ggulu, nsaba onyambe okusonyiwa okuvira ddala mu mutima gwange abo abansobya. Nsalawo okusonyiwa (yatula erinnya ly'omuntu gw'osonyiwa) olw'ebintu ebibi bye bankoze (yatula ebintu kina kimu by'obasonyiwa gamba nga okulumya, obutakufako, okunyooma), nsumulula (erinnya ly'omuntu oyo) okuva mu bbanja lye mbabanja, gattako ebbanja ly'okunetondera.*

*"Njatula, Kitaffe Katonda, nti nsobeza okusinzila ku bibi byabwe gyendi (yatula kina kimu ebibi ebyo gamba obusungu, akadubudubu, okwesalila omusango) njagala okulekera awo okubera n'okuddamu okw'ekibi, nyamba onkyuse. Nyamba onsonyiwe, naaza ompe omutima omupya. Nyamba onsumululе okuva mu biva mu bibi ebyo kaakano. Nziza buggya. Kabaka Yesu, jjangu (nate) mu mutima gwange era onzijulizze ddala n'Omwoyo Omutukuvu. Webale.*

*"Kaakati nga bwe mbasonyiye, nsazewo okubawa omukisa (yatula amanya g'abantu b'owa omukisa). Nkusaba Taata nabo obawe omukisa. Mu Linnya lya Yesu. Amiina."*

*Yongera okusaba mu bigambo byo, pakka nga osonyiye abantu bonna b'osobola okulowozako mu kiseera kino abakulumizza.*

# *OKWESONYIWA FFE FENYINI*

Kiyinzika nti twetaaga okwesonyiwa ffe fenyini olw'ebintu bye twakola emabega ebitukwasa ensonyi. Abamu ku ffe tulina ebintu ebye ntiisa bingi bye twakola nga mwe muli n'okulumya abantu abalala. Nga omaze okwenenya kina kimu, tulina okuyiga okwesonyiwanga Katonda bw'atusonyiwa. Tuyinza okuba nga twevunaana olw'okuyingira mu mbeera gye twaswalizamu Katonda, oba gye twalumizibwa oba gye twalabika ng'abasirusiru.

Oyinza okwaniriza Mwoyo Mutukuvu okukulaga oba waliwo ekintu kye wetaaga okwesonyiwa gwe kenyini. [Tuula mu kasirise nga olowooza ku kino].

Bw'oba wetegese, osobola okusaba essaala eringa eno, mu ddobozi lyo.



***Essaala ey'okwesonyiwa gwe kenyinni***

*"Ayi Kitaffe Ow'omu ggulu, webale nti Onsonyiwa. Nnyamba okwesonyiwa olw'ebintu ebikyamu bye nkoze ...(yatula ebintu ebyo by'osaba okusonyiibwa). Nze nesonyiye. Nsalawo obutadayo kwesalila musango nate. Njagala okukyusibwa, nyamba onkyuse. Nsalawo okwewa omukisa, nawe mpa omukisa nze. Neyanziza. Mu Linya lya Yesu. Amiina."*

*Yongera okusaba mu bigambo byo pakka nga osabide mu bintu byonna Mukama by'Akulaze mu kiseera kino.*

# *BWE TUBA TUNENYEZA KATONDA*

*“Abantu bazikiriza obulamu bwabwe olw'obusirusiru bwabwe bbo naye ate ne banyiigira Katonda.” (Engero 19:3)*

*“Omuntu yenna bw'akemebwanga, tayogerenga nti Katonda ye ankema; kubanga Katonda takemeka na bubi, era ye yennyini takema muntu yenna; naye buli muntu akemebwa nga awalulwa okwegomba kwe ye n'asendebwasendebwa. Okwegomba okwo ne kulyoka kuba olubuto ne kuzaala okwonoona; n'okwonoona okwo, bwe kumala okukula ne kuzaala okufa.” (Yakobo 1:13-15)*

Ebiseera ebimu tuyinza okunenya Katonda nga ebintu ebibi bitutuseeko. Katonda takola kintu kibi kyonna era talina buvunununanyizibwa bwonna olw'ekibi kyaffe. Katonda Mulungi era n'okusasira kwe okw'okwagala kwa luberera *(Yakobo 1:17).* Eky'okulabirako, tuyinza okunyiigira Katonda ekintu kye tutayagala bwe kitutuukaako ffe, oba ab'enganda zaffe oba mikwano gyaffe. Mu mbeera nga eyo, twetaaga okuta Katonda okuva mu kunenya kwaffe kwe tumunenya era ne tumusaba atusonyiwe olw'okumunenya.

Oyinza okwaniriza Omwoyo Omutukuvu Akulage oba onenyezza Katonda olw'ekintu kyonna. [Tuula mu kasirise nga bw'olowooza ku kino].

Bw'oba weteeseteese, osobola okusaba essaala eringa eno nga oyogera.



***Essaala ey'okwenenya olw'okuvunaana Katonda***

*“Mukama Katonda, nkunenyeza mu bukyamu olw'ebintu ebintuseeko era n'olw'embeera eziri mu bulamu bwange...(bulila Katonda emirundi kinakimu bwe wamunenya). Taata nsonyiwa. Sikyakunenya. Nzikiriza nti Omanyi ebirungi eri buli kinnomu. Nyamba onkyuuse, onzize buggya. Webale. Mu Linnya lya Yesu nsabye. Amiina.”*

*Yongera okusaba mu bigambo byo pakka nga okute mu saala ku buli kintu ky'owulira nti wetaga okwataako mu kiseera kino.*

# OKWENENYA OKUGENDA E BUZIBA N'OKUSONYIWA

Waliwo engeri nnyingi zetuggwa mu kibi.  Emu ku zo bwe butamanya (*Koseya 4:6*).  Eno ye nsonga lwaki kikulu nnyo okusoma Baibuli zaffe buli lunaku era tugikozese mu bulamu bwaffe.  Waliwo enkalala z'okwenenya mu annexi y'ekitabo kino.  Mu nyingo etaano ezidako twekenenya obumu ku busibe obutera okubeera mu bulamu bwaffe era obusobola okugyibwawo okuyita mu kwenenya n'okusonyiwa.  Nga tuyita mu kusaba, twetaaga okwekeenenya oba obusibe buno bukosa obulamu bwaffe.  Buyinza okuba nga butulemesa okubeera mu bulamu obw'obuKristayo obw'obuwanguzi.


**OBUJuLIZI**

***Yesu Yanyamba okufuuka omukwano owa namaddala***

*"Mukwano gwange asinga twalina enkolagana enywevu era nga obudde obusinga tubumalila wamu.  Nali njagala twongele okumala obude awamu era namukubiranga essimu avve eka ewaabwe.  Yangambanga nti sitegela mbeera ye era nti kyali kizibu nnyo eka waabwe era nga tasobola kuvaayo.  Nali ngezaako okufuga era okugetageta mukwano gwange.  Nali mutadde mu maaso ga Yesu.  Nenenya ekibi kyange, nensalako enkwanso ezitali za bwa katonda era Yesu n'atufuula ab'eddembe fembi.  Kakati tulina enkolagana ennungi, etalimu nkwanso zitali za bwa katonda"*

## *OKUTEEBWA OKUVA MU NKWANSO EZITALI ZZA BWA KATONDA*

“Era ababiri banaabanga omubiri gumu.” (Oluberyeberye 2:24; Matayo 19:5)



Abantu ababiri bwe baba mu nkolagana ey'okumpi ey'obuntu oba ey'omwoyo, wabaawo enkwanso oba ebisiba ebitalabika ebikolebwa era ebibagatta mu mubiri, ne mu mwoyo (*1 Samwiri 18:1-3; 1 Abasessaloniika 5:23*). Enkwanso zino zinywezebbwa kubanga obwongo

bwaffe bukuba 'ekifaananyi' ky'omuntu, ekifo oba embeera gyetulimu, ekitusobozesa okubikuuma mu bwongo bwaffe okumala ekiseera ekiwanvu, oluusi bulamu bwonna.

Ebijjukirwa bino bikolebwa okuba ebirungi gyetuli era okutuyamba okukola enkwanso ezitugatta mu nkolagana ez'obwa Katonda nga kw'ogasse obufumbo obutukuvu obulimu okwagalana. Naye, bwetubeera n'enkolagana enkyamu oba ez'ekibi, enkolagano ez'obwenzi ezo eziri wabweru w'obufumbo oba ebirowoozo eby'okwegaddanga, enkwanso ezitali zza bwa katonda ezikolwa zigenda kukozesebwa omulabe waffe okutuwaliliza mu ngeri etali ya bwa Katonda (*Matayo 5:27-28; 2 Timoseewo 2:22, 26; 2 Peetero 2:18-19; Yuda 8*).

**OBUJULIZI**

***Yesu Yandokola okuva mu kufugibwa okutaali kwa bwa Katonda***

*"Nakuzibwa mu maka maama wafe nga atulabirila bulungi nnyo. Emyaka mingiko egyayita nasalawo okuva ewaka waffe era nengenda okukola mu kifo ekirala. Maama wange teyawagira kusalawo kwange kuno era naagezaako engeri nyingi nkyuse okusalawo kwange okwo. Nateegera nti yali agezaako okunfuga n'okungetageta. Yali ampaliriza nkole okwagala kwe ku nze mu kifo ky'okunzikiriza nsalewo ku lwange. Mu kulemelerwa, yagamba nti bwe nagenda, yali ajja kwetta. Oluvanyuma nakitegeera nti okunesibako okutali kwa bwa katonda okufuga obulamu bwange kyali kya busamize. Nasobola okumusonyiwa, nenesalako enkwanso ezitali za bwa katonda era amangu ago nawulila nga Yesu Ansumuludde."*

Mu ngeri y'emu, awabade okutya, okutogaatoga oba okufuga okutali kwa bwa katonda mu nkolagana, enkwanso ezitali za bwa katonda zijja kuba zitondebwa. Sitaani asobola okozesa enkwanso zino ezitali za bwa katonda okutuwaliliza mu nkola etali ya bwa kwatonda; azikozesa okutunyigiliza era n'okutufuga. Enkola ey'enkolagana eno etali ya bwa katonda etera okulabibwa ennyo mu famile, era ne mu bantu abalala.

Enkolagana ez'omwoyo ezitali za bwa katonda zisigala nnywevu ne bw'obeera mu kukwatagana n'omuntu omulala wade nga enkolagana ewedewo, oba n'omuntu bw'affa.

*“Omusajja omubi akwatiibwa ebibi bye ye; bibeera nga miguwa egimukwata ne gimunywezza.” (Engero 5:22)*



Bwetumala okwenenya obukaba, obwenzi bw'ebifanaanyi era n'ekibi eky'ebikolwa eby'obwenzi oba okusonyiwa abo abaatulumya, abatutiisa oba abatufuga, tusobola okukutula enkwanso ezitali za bwa katonda ey'omwoyo, ey'omunda (mu mwoyo) era ne mu buntu (mu mubiri) wakati waffe era n'omuntu (oba abantu abalala) mu buyinza obw'erinnya lya Yesu. Tusobola okusaba Katonda okutusumulula okuva ku balala, okuva mu kibi ekitugatta ku balala, okuva mu kuwalilizibwa okubi era n'okuva mu kujjukizibwa kwonna okukwatagana nabyo. Kino kirina okukolebwa kinnomu era mu bwegendereza n'okwetegereza. Abantu abamu bayinza okuwulira eddembe nga enkwanso zino zikutulwa, era n'ebirowoozo biyinza okubakwatako ennyo munda.

*“Naye Mukama mulungi, Asazeesaze emigwa gy'ababi.” (Zabbuli 129:4)*

*“Ekigamba kya Katonda kilamu era kya maanyi. Kisala okusinga ekitala ekisingayo eky'obwogi obubiri, era kiyitamu n’kwawula ne kyawula obulamu n'omwoyo, ennyingo n'obusomyo.” (Abaebbulaniya 4:12)*

Okwesalako enkwanso ezitali za bwa katonda n'aba famile zaffe era n'abagalwa abalala, tekitegeeza nti tulekela awo okubagala n'okubasabira. Kitegeeza nti amaanyi g'omulabe okukozesa enkwanso ezo okutusika okutuzayo mu kizikiza, gaba gamenyweddwa.

Kiki ky'olowoozako ennyo? Bw'aba nga ssi Yesu, kiyinza okuba eky'okusinza nga ekibumbe!

Mu Okuva 20:3-6 Baibuli etegeeza nti kya muzizo ffe okuba ne ba katonda abalala oba okusinza ekintu kyonna oba omuntu yenna (ekibumbe) okujjako Katonda Mwenne. Ebye ntiisa ebiva mu kukola ekyo byambikiddwa mu bujjuvu. Era, ebiseera ebisinga ebyawandiikibwa bye kubiliza nnyo ku kwegomba ebibumbe nga obwenzi (obw'omwoyo). Nga Isiraeli bwe yasinza ba katonda bangi aba mawanga oba ebibumbe, Isiraeli ebiseera ebisinga eyogerwako nga 'malaya' (*Yeremiya esuula 3; Koseya 1:2 n'esuula 2*).

**OBUJULIZI**

***Omuzanyo gwa badi mintoni gwe gwali eky'okusinza kyange***

*"Nalina okusugumbira kunene eri ebye mizannyo. Nazannyanga badi mintoni emirundi mukaaga ekiro buli wiki ne ku nakku zange ez'okuwumula. Eby'ogenda mu kkanisa nabisambajja era nga sitela kuba na budde bwa bya kusaba oba kusoma Baibuli yange. Nali njagala okugenda okubatizibwa mu mazzi amangi naye bwe nayogera n'omusumba wange yagaana okumbatiza. Yangamba nti tayinza kumbatiza okujjako nga ntadde Yesu mu kifo eky'oku ntiko mu bulamu bwange. Oluvannyuma nategeera nti badi mintoni yali afuuse katonda wange era eky'okusinza kyange. Nenenya, nenkendeza obudde bwe namalanga nga nzannya badi mintoni era nenfuula Kristo okubeera eky'obuvunanyizibwa kyange ekikulu."*

Bwe wegatta ne malaya mu bwenzi, kitegeeza tufuuka 'omubiri gumu' n'omuntu oyo. Kuno kuvoola mubiri gwaffe; ekintu Baibuli gw'egamba nti ye "yekalu y'Omwoyo Omutukuvu" (*1 Abakkolinso 6:13-20*). Bwe

kityo, mu ngeri y'emu nga enkwanso etali ya bwa katonda bwetondebwa bwe twegatta mu kikolwa eky'obwenzi ne malaya, enkwanso etali ya bwa katonda era eba etondeddwa nga bwe tusinza ekibumbe eky'engeri yonna (*Abaefeso 5:5; 1 Yokaana 5:21*).

Okusinza ebibumbe kiyinza okunnyonnyolwa nga ffe okwewaayo eri omuntu yenna oba ekintu kyonna ekitwawula ku kusinza Katonda, okuyita mu Yesu Kristo[4]. Biyinza okuba ebintu ebikwatibwako (emmaali, omwenge) abantu (gamba aba famile zaffe, abasumba, oba abasomesa), ebintu (gamba nga embeera ey'obugagga), eby'okukola (nga mwe muli emirimu, okusoma kwo, ebye mizannyo, n'ebyo kuwumulamu) era n'okwegatta n'ekintu kyonna ekirina ensibuko zaakyo mu 'bwa kabaka bw'ekizikiza' nga kw'ogase okuwonyezebwa okuva mu busibe bw'emizimu okutali kwa Baibuli n'ebye mizanyo ebyo kwechanga.

**OBUJULIZI**

**Yesu Yayigiliza Abawala Abatiini Ebikwata ku Nkolagana Zaabwe**

"Twabuzibwa abawala babiri abatiini abali basoma mu kibiina kya Baibuli, 'Tewali buzibu ffe okufuna emikwano abalenzi?' Bwe twasaba nabo, omu ku bo yafuna okwolesebwa nga Yesu mu kitiibwa kye kyonna amusekera. Omulala yawulila ekyawandikiibwa *'Oluyimba 2:7': "Abawala abatiini, ... temuzuukusa kwagala okutuusa mu biro ebituufu."* Abawala bombi bayayaana okwenenya olw'okwaaka kwabwe era ne basaba okukutula enkwanso ezitali za bwa katonda wakati wabwe n'abalenzi baabwe."

[4] David Cross, *Soul Ties*, 2006, Sovereign World Ltd.

Okuva mu kusomesebwa okw'enkwanso ezitali za bwa katonda waggulu, kirabikirawo nti enkwanso etali ya bwa katonda ekolebwa bwe tukola ekikolwa kyonna eky'okusinza ekitonde eky'engeri yonna. Buli kibumbe ekili mu bulamu bwaffe kilina amaanyi ag'obwa setaani emabega waago (*1 Abakkolinso 1:20-21*). Mu nkwanso ezitali za bwa katonda, amaanyi ga setaani gabeera n'enkizo ku muntu era gabeera n'obufuzi ku bulami bwabwe. Omuntu bw'aba nga abade n'enkolagana yonna mu kintu kyonna ekikwatagana n'ensi ey'ekizikiza, betaaga okwenenya era basabe Katonda okubasonyiwa. Awo nno, n'obuyinza obw'erinnya lya Yesu, basobola okwekutulako (mu mwoyo) okuva mu bintu ebyo era n'amaanyi ga setaani agali emabega wabwe era basabe Katonda okunaaza enkwanso zonna n'omusaayi gwa Yesu.

**Essaala ey'okugoberera bw'oba nga olina enkwanso etali ya bwa katonda:**

- Sonyiwa abo abakola ekibi gy'oli (beera mwerufu)
- Yatula era wenenye ekibi kyo era n'ebyokuddamu eby'ekibi (beera mwerufu)
- Mu Linnya lya Yesu wesaleko enkwanso ezitali za bwa katonda, nga obuuza Katonda okukwawulira ddala ku muntu (oba ebintu) era n'okukununula okuva mu bubi.
- Saba Katonda okukunaaza okutukuza mu musaayi gwa Yesu era n'okukukyusa.
- Wa omuntu omukisa
- Yaniriza Yesu mu mutima gwo (nate) era Akujjulize ddala n'Omwoyo Omutukuvu.

Essaala eri nga eno esaana esabibwe nga oyogera era okuvira ddala mu ntobo y'omutima ggwo.

***Essaala ey'okukutula enkwanso ezitali za bwa katonda***



*"Ayi Kitange ow'omu ggulu, nenenya olw'enkolagana yange n'abantu oba ebintu ebintusiza ku kuba n'enkwanso etali ya bwa katonda nga etondeddwa wakati wange n'abantu bano/oba ebintu bino (menya mu bujjuvu abantu oba/era n'ebintu...). Nyamba onsonyiwe. Nsonyiwa (menya erinnya ly'omuntu) olw'ebintu ebibi bye bankola (yatula mu bujuvu ebintu by'obasonyiwa...). Mbasumululа (menya erinnya ly'omuntu...) okuva mu bbanja lye mbabanja. Njatula nti nayonoona olw'ebibi byabwe bye bankola (mu bujuvu yatula ebibi ebyo…). Nenenya olw'ekyo era nkusaba onsonyiwe.*


*"Mu buyinza obw'erinnya lya Yesu nkutula enkwanso zonna ezitali za bwa katonda wakati wange ne … (menya erinnya ly'omuntu oba/era n'ekintu). Taata, nyamba onaazeko enkwanso zonna ne bye zaleeta n'omusaayi gwa Yesu era onunnule okuva mu kibi. Mpa omukisa abantu be kikwatako (menya amannya g'omuntu oba abantu). Nyamba oyingile mu mutima gwange era onjijulize ddala n'Omwoyo Omutukuvu. Nkyussa era onfuule mutukuvu. Amiina."*

**OBUJULIZI**

***Yesu Yaddamu Essaala zange***

*"Nasanga ebikwata ku Bulamu obwo buKristayo ku mutimbagano gwa yintaneti. Nabikubisamu era nengenda nga mbiyitayitamu – nga bya maanyi. Nsabidde mu kitundu kya 'Enkwanso ezitali za bwa katonda' era ndabidewo enkyukakyuka ez'embagirawo."*

## *OKUNUNULIBWA OKUVA MU KULAMULA EMISANGO OKW'OKUNENYA*[5]



*"....Mutunuulire nnyo walemenga okuba omuntu yenna aweebuuka mu kisa kya Katonda; ekikolo kyonna eky'obutwa n'okukaawa kiremenga okuloka n'okubeeraliikiriza era ne kigwagwawaza abangi." (Abaebbulaniya 12:14-15)*

Katonda yatondawo amateeka mangi. Mu gano mulimu amateeka agafuga eby'ensi nga obwengula. Mu Baibuli, Katonda Atutegeeza ku mateeka ge ag'Omwoyo. Nga n'eteeka ery'ensi n'obwengula, amateeeka gano gakola buli kaseera era tegakyuka. Tulina okubeera n'okutegeera okwa namaddala engeri amateeka gano gye gayinza okukwata ku bulamu bwaffe. Eky'okulabilako, enamula z'emisango ez'okunenya, n'okunoonya ebikyamu bintu bya bulijjo bye tuyinza n'obutamanya nti tubikola. Ekibi kino kijja kuba n'ebivaamu ebikulu mu bulamu bwaffe kubanga amateeka agamu ag'Omwoyo ge gaba gakolawo.

### Teeka ekitiibwa mu bazadde bo:

"*Kitaawo ne nnyoko obasangamu ekitiibwa. Olwo ennaku zo zibe nnyingi ku nsi gy'Akuwadde Mukama Katonda wo." (Okuva 20:12; Ekyamateeka Olw'okubiri 5:16; Abaefeso 6:2-3)*

Eteeka lino lisalawo nti mu bintu ebyo ebitukwatako mu bulamu bwaffe bwe tuwa bazadde baffe ekitiibwa, obulamu bwaffe bujja kutambula bulungi era bujja kuba bujjuvu. Naye, mu bifo ebyo mu bulamu bwaffe

---

[5] John ne Paula Sandford, *Bitter root judgement and expectancy' (teaching material),* Elijah House, USA: www.elijahhouse.org Osobola okukisanga ne ku YouTube.

mwe tutawadde bazadde baffe kitiibwa, ebintu tebijja kututambulira bulungi.

## Ky'osiga ky'okungula:

*“Temulimbibwanga...Katonda tasekererwa. Omuntu ky'asiga ky'alikungula.” [oba “kubanga buli kaseera olikungula ekyo kye wasiga”] (Abaggalatiya 6:7ff)*

Eteeka lino lisalawo nti tufuna ebintu bye bimu bye tugaba. Bwe tugaba ebintu ebirungi, tuggya kudizibwa ebintu ebirungi; naye bwe tugaba ebintu ebibi, tujja kudizibbwa ebintu ebibi.

*“Kubanga bwe munaasonyiwanga abantu ebyonoono byabwe, Kitamwe ali mu ggulu anaabasonyiwanga nammwe. Naye bwe mutaasonyiwenga balala ebyonoono byabwe, Kitaamwe taasonyiwenga byonoono byammwe.” (Matayo 6:14-15)*

*“Mukolenga abalala nga namwe bwe mwagala babakolenga.” (Matayo 7:12a)*

**OBUJULIZI**

***Yeus Yakyusa Muganda Wange Oluvannyuma lw'okumwenenyeza***


*“Muganda wange yali lujuuju. Nagambanga 'Muganda wange mutamiivu waddanga.' Neenenya olw'endooza yange eyo ey'okusalawo ky'ali era nengamba nti 'Muganda wange ajja kukivamu ekyo'. Mu bbanga lya myezi mitono, muganda wange yali alekede awo okunywa omwenge.”*

*“Nga bwe mwakola (eri Isiraeri), bwe kityo bwe kirikukolebwa ggwe. Ebikolwa byo byonna ebibi biridda ku mutwe gwo.”* ***(Obadiya 15b)***

Bino birungo ebiva mu ndowoza y’emu ey'eteeka erigamba nti 'tukungula kye tusimba'.

**Tobera mulamuzi**:

*"Temusalanga musango, muleme okusalirwa. Kubanga ojja kuyisibwa nga bwoyisa abalala. Ekigera kye mugereramu, ekyo kye muligererwa nammwe." (Matayo 7:1-2ff)*



*"Awo Yesu n'abagerera olugero eri abo abali beerowooza okuba abatuukirivu nga banyooma abalala bonna: "Abantu babiri balinnya mu Yekalu okusaba. Omu yali Mufalisaayo '...kubanga siri mwonoonyi nga ono omuwooza …'"" (Lukka 18:9-14)*

Engeri y'okulamula eyogerwako mu kitundu kino si kwe kusalawo okwa buli lunaku kwetulina okukola mu mbeera zaffe oba zetubaamu. Kwe kulamula okw'omuntu ky'ali, sso ssi olw'ekyo ky'akoze. Eky'okulabirako, tugamba: '**ba**siru/**ba**bi nnyo' mu kifo ky'okugamba nti' kye bakoze **kya** busiru oba kibi nnyo.' Okulamula kukolwa okuva mu kifo eky'okwelowooza nti tuli ba waggulu nga twelowooza nti tubasingako, era bali wansi waffe. Katonda Atulabula mu Baibuli tuleme kola ekyo naye tuleme kuba na 'kyekubila'. Abantu abamu bayinza okuba nga basooma nnyo okusinga abalala; abamu bayinza okuba abaggaga era nga abalala si bwebatyo. Ate, mu maaso ga Katonda fenna tuli ba muwendo gweggumu. Tugambibwa obutalamula. Tulina okwagala baliranwa baffe nga bwe tweyagala ffe *(Yakobo 2:1-9).* Okulamula kuno kuyinza okuba ebinyiizo ebitonotono oba ebirowoozo eby'obukyayi oba obutagaaliza bye tuyinza obutalowoozako nga ebikulu: naye birina amakulu ga maanyi mu mwoyo era tebikwatagana na teeka lya Katonda ery'okwagala.

Eteeka lino likakasa nti tukola ebintu bye bimu bye tunenya abantu abalala okukola (*Abaruumi 2:1*)

**Okwaala**:

*"Mugabenga nammwe muligabirwa. Ekigera kye mugera, nammwe kye muligererwa – ekikkatiddwa, ekisuukundiiddwa, ekyomuyiika kye balibaweera mu kifuba." (Lukka 6:38)*

Eteeka ly'okwaala ye ngeri Katonda gy'Ategeka ffe tubere omukisa era n'okufuna emikisa emilala mingi. Wabula, eteeka likola kye kimu eri ebirabo ebirungi era n'ebibi. Likola mu butasonyiwa, ebinyiizo, obukawu, okunenya, era n'obukoddo ne mu ngeri y'emu nga eri emikisa, okusaasira, okugaba era n'okuzaamu amaanyi. Eky'okulabirako, bwe tuba n'obutasonyiwa oba obukaawu eri omuntu, tufuna obutasonyiwa n'obukaawu okuva eri abalala mu kigera ekinene. Tufuuka nga abo betulamudde, ate nga tusinganawo!

Amateeka gano ana gakolera wamu era ga maanyi nnyo nga gayinza n'okuyinza okufuga eneyisa z'abantu abalala

**OBUJULIZI**

***Yesu Asonyiwa Omukyala Olw'okeneena Kitawe Era N'asumulula Bba***

*"Twasisinkana omukyala omuto nga kitawe yafa nga wa myaka 5 egy'obukulu. Kitaawe yali lujuuju, yannywanga, n'aggwa mu luguudo era nga yetaaga kusitulibwa okumuzza ewaka. Ekiro kimu yali akomawo ewaka nga atamidde, n'aggwa ku luguudo n'abbira mu kidiba. Omukyala yali yafumbirwa omusajja omulungi nga alina omulimu omulungi. Bazaala omwana, naye oluvannyuma lw'emyaka esatu, baawe yafuuka lujuuju; yatamiranga, n'aggwa mu nguudu, era nga kyetaaga kumusitula okumuza ewaka. Twamubuuza, 'Walamulanga kitawo olw'obutamiivu bwe?' "Era ddala, bwe yagamba, namulamula obutaba na mugaso era nengamba silifumbirwa muntu ali bwatyo." Yenenya olw'okulamula kitaawe, yasazamu ekirayiro era n'asaba Katonda okumusonyiwa. Bba we yatamilukuka nnyo ekiro ekyo natuuka n'okuba nti yasitulwa busitulwa okumukomyawo ewaka naye ku mulundi guno omukyala talina kye yamwogerera. Olunaku olwaddako omwami yalumirizibwa ku kunywa kwe ye, era n'asaba mukyala we ne Katonda*

abatwetolodde, ne kibatuusa n'okweyisa mu ngeri eziyinza obutaba za bulijjo mu neyisa zaabwe. Ggye tuba tusize ensigo ez'ebintu ebirungi, tuyinza okufuula abantu ne beyisa mu ngeri ey'ekisa etali ya bulijjo gyetuli. Wabula, wetuba twasimba ensigo ez'ebikolwa ebibi tusobola okufuula abantu ne beyisa mu ngeri etali ya kisa gye tuli. Engeri embi gye tudamu eri ebikolwa ebinakuwaza ebya tukolwako emabega (kwe kugamba emirandira gy'obubi n'obukaawu) bijja kwonoona abantu abalala abatwetolodde, ne kibakozesa okuddamu mu ngeri erumya gye tuli eziyinza okuba nga ssi za bulijjo eri abantu abo naye nga za bulijjo gye tuli (ekikolo ekibi kireme okuloka mu bantu abatwetolodde) (*Abaebbulaniya 12:14-15*).

Okulaba ensobi n'okunenya okuddirira okukolwa eri omuzadde bilina obuzibu bwa nsusso gyetuli. Bwe tulamula mu ngeri enenya eri Taata waffe yenyinni, tuyinza okukungula ekyo kye twasiga mu nkolagana zaffe n'abasajja bonna. Tuyinza okuba nga twerabila dda okulamula kwaffe okw'okunenya kwe twakola emabega, naye twongela okukungula ebintu ebibi olw'ekyo. Bwe tukola enamula zino twesalilawo ffe ffenyini okwongera okukola ekintu kye kimu. Okulamula kwaffe kwonoonesa abalala ne kiba nti eneyisa zaabwe gye tuli era nazo ziba zikosebwa. Eky'okulabirako, nnyina w'omusajja bw'aba yali amufuga nnyo bwe yali akula, ayinza okuba nga ekyo teyakyagalanga era nekimuwa okusalawo mu mutima ggwe gy'ali. Bwe yakula, ayinza okuba nga yakisanga nga mukazi we n'abakazi abalala b'akola nabo bamufuga. Okulamula kwe yakola ku nnyina kwonoona abakazi abalala abamwetolodde ne kibakozesa okweyisiza ddala mu ngeri y'emu maama we gye yamuyisamu.

Ebiseera ebisinga bwe tukola okulamula okw'okunenya era tukola okweyama okunyweza ebiva mu kulamula okw'okunenya. Eky'okulabirako ekimu kiyinza okuba: 'Taata wange yankuba (**kituufu**); mukambwe era musajja mubi (**kulamula okw'okunenya**); bwe ndikula, sirikambuwalila baana bange era silibakuba (**kweyama**). Bw'akula n'afuna abaana ababe, yesanga nga tasobola kulekela awo kukuba baana be.

Okulamula okw'okuneenya kwe yayatula ku Taata we kwe kuli mu nkola era kumuletera okukola ekintu kye kimu kye yanenya kitawe okukola era kye yeyama nti talikikola. Okweyama kulina ebivaamu ebitali birungi; kukendeeza bye tusalawo era biyinza okuba ebya kabenje. (*Ekyabalamuzi 11:29-35; Matayo 14:9*). Yesu Atugamba: "Tolayiranga!" (*Matayo 5:33-34a*). Tusobola okwenenya bye tweyamye (ebirungi oba ebibi), ne tubyegaana era ne tusaba Katonda birekere awo okutukola obubi.

Ebiseera ebimu tuyinza okuba n'okwerowoozako okutali kulungi era ne twerowooza nti tuli ba wansi okusinzira ku bantu abalala. Twesanga tutunulila abantu abo be tulaba ng'abatusinga era ne tulamula bye boogera ne bye barowooza nga ebisinga ebyaffe bye twogera ne bye tulowooza. Tubalaba ng'abantu abenene' era ffe ne twelaba nga 'abantu abatono'. Katonda Atulabula mu Baibuli obutakola ekyo era obutaba na 'kyekubiira'. Katonda Atufaako nnyo era tayagala mbeera ezo embi okweyongera mu bulamu bwaffe. Ayagala tuwonyezebwe era tuterebwe ddala tusobole okunyumirwa ekisa kye n'okunyumirwa emikisa gyaffe gyonna gy'Alina. Tulina okwatula okusalawo kwonna kwe twakola era n'okwekeneenya, nga tusaba Katonda okututukuza n'abalala okuva mu kwonoonebwa okusalawo okwo kwe kwaleeta. Katonda tayagala tukakase neyisa ezitali za bwa katonda mu balala; naye ayagala tubasemu ekitiibwa olw'ekyo kye bali. Eky'okulabirako, wadde bazadde baffe batuyisa bubi oba batuleka

**Essaala eragirira bw'oba olina okulamula okunenya kwe wakola eri omuntu:**

- Wenenye olw'engeri gye wabanyooma/gye wabalamula.
- Sonyiwa omuntu gwe walamula
- Mu Linya lya Yesu, sazaamu okulamula kwonna.
- Saba Katonda Asazeemu ebikyaamu byonna ebyava mu kulamula okunenya okwo.
- Sazamu era wegaane okweyama kwonna kwe wakola mu kuddamu.
- Saba Katonda Awe omuntu oyo omukisa era nawe Akuwe omukisa.
- Yaniriza Yesu mu mutima gwo (nate) era n'okukujjuliza ddala n'Omwoyo Omutukuvu.

tusobola era okubasaamu ekitiibwa olw'okuba Katonda yabakozesa okutuwa obulamu. Tusobola okusaamu abakristayo banaffe ekitiibwa (buli mulokole alina Yesu Kristo munda mu ye) oba abantu banaffe (abantu bonna baakolebwa mu kifaananyi kya Katonda).

Tuyinza okuba nga twelabila dda ennamula ez'okunenya ze twakola ku bantu abalala, naye 'ekibala ekibi' ku bo kiyinza okuba nga kirabika mu bulamu bwaffe. Ebiseera ebisinga twakola enamula ezinenya mu **buto** bwaffe. Wadde tuyinza okuba nga twabyelabila tukyasobola okufuna okusasulwa nga tukuze. Tusobola okwaniriza Omwoyo Omutukuvu okubitubikulila tulyoke tusobole okuteebwa okuva mu mitego gyabyo.

Laba essaala eno eyinza okozesebwa nga endagiriro mu kusaba nga bw’oyogera.




**Essaala ekutula ennamula ez'okunenya**

*“Kitaffe Ali mu ggulu, njatula nti nyonoonye nga nsala emisango era nga namula abantu mu kunenya. Njatula nti ….(**kakati menya okulamula, nga oyogera, eri Katonda. Beera mwesimbu ddala nga onyonyola kimu ku kimu, mu bujjuvu gy'Ali).** Nkyegaana kino nga ekibi era nkyenenya. Nsalawo okukyuuka okuva mu kibi okukyuukira Ggwe. Nsaba onsonyiwe.*

*“Mu buyinza obw'erinnya lya Yesu, nkutula ennamula zino (zimenye) era n'obweyamo bwe nakola (bumenye). Nyamba osazeemu ebinondoola byonna eby'okulamula kwange okw'okunenya era n'okweyama bireme okundetaako obubi oba ku muntu omulala yenna okuva ne kaakano. Kitaffe Ali mu ggulu, nyamba onsonyiwe. Nyamba onaaze n'omusaayi gwa Yesu era onunule okuva mu bubi. Mukama Yesu, nyamba ojje munda mu mutima ggwange era onjijjulize ddala n'Omwoyo Omutukuvu. Nkyuusa era onfuule omutukuvu.*

“Mpa omukisa (**erinnya ly'omuntu)** Mu Linnya lya Yesu nsabye. Amiina.”

# *OKUTEEBWA OKUVA MU BIGAMBO EBIWAKANNYA*



*"Ebigambo ebisanyusa biringa ebisenge by'enjuki, biwoomera emmeeme era bulamu eri amagumba." (Engero 16:24)*

*"Okufa n'obulamu biba mu buyinza bw'olulimi; n'abo abalwagala balirya ebibala byalwo." (Engero 18:21)*

*"Ebigambo byo bye birikuweesa obutuukirivu, n'ebigambo byo bye birikusinza omusango." (Matayo 12:37)*

*"Ggwe (Yesu) olina ebigambo eby'obulamu obutaggwaawo." (Yokaana 6:68b)*

*"Olwo (olulimi) lutendereza Katonda Kitaffe, era olwo lwe lukolimira abantu abaakolerwa mu kifaananyi kya Katonda." (Yakobo 3:9)*

Ebigambo bya maanyi. Katonda yayogera: *"Leka wabeewo..."* era ensi n'etondebwa *(Olubereberye 1:3)*. Ebigambo bye twogera nabyo bya maanyi! Birimu amaanyi ag'obulamu oba okufa, okweyagala oba obulwadde. Kyewunyisa, era mazima kya ntiisa okumanya nti buli kigambo kye twogera kigasa era **kilina** ensonga.

**OBUJULIZI**
**Ebigambo byange byaleeta okufa**

"Okumala ebbanga gwanvu nga nze ndabilira muganda wange eyalemela eyali teyesobola. Ebiseera ebimu kyabanga kizibu ddala. Lwali lumu nga nenyiyiddwa nnyo nawulira empiiga n'obusungu namugamba: 'Lwaki togenda ku luguudo n'ofira eyo?' Najjula entiisa eya maanyi emmotoka bwe yamukuba era n'affira ku luguudo nga wakayitawo wiki taano. Ebigambo byange byakola nga ekikolimo ku bulamu bwe."

Setaani amanyiddwa nga omulyolyomi ow'aboluganda. Okubikkulirwa 12:10 etugamba nti Setaani ayimirira mu maaso go Katonda nga atuloopa. Yesu Yalaba Setaani ng'asuulibwa okuva mu ggulu *(Isaaya 14:12-15; Ezeekyeri 28:12b-18; Lukka 10:18)*. Katonda yagoba Setaani okuva mu kuberawo kwe olw'obujjeemu. Bwali bujjeemu bwe bwamwagaza okubeera nga Katonda, ekyamuleetera okukasukibwa okuva mu ggulu. Agenda mu maso okuleeta okulumiriza ku baana ba Katonda. Katonda annyolwa naffe bwe tujja mu maaso ge nga tuwabira baganda baffe Abakristayo *(1 Ebyomumirembe 16:22)*. Katonda kino teyagumikiriza nga kikolebwa Setaani bwatyo tajja kukigumikiriza okuva mu ffe nate. Tuteekwa okulekela awo okweyogerako obubi era ne ku bantu abalala, wabula tukitegeele nti Kristo atuula mu buli omu ku ffe.

Oluusi tutendereza Setaani nga tetutegede kye tukola. Omusumba omu yawandiika bwati ku mbera eno gye yayitamu. Katonda yayogera naye n'amubuuza: "Lwaki okulembeza setaani mu kusinza mu kkanisa yo? Lwaki osooka kusinza setaani n'emizimu gye mu kifo ky'okusooka nze?" 'Oh Mukama wange' yaddamu, 'Ekyo sikikolangako, Ggwe nsoosa bulijjo mu kusinza kwaffe kwonna!' "Nedda" Katonda n'amuddamu, "Okusooka osiba emizimu, oyogera nagyo, ogigoba, era ggyo gilaba nti okwo kugisinza. Emizimu giva mailo ezetolodde gifune okusinzibwa okwo kwe muggiwa. Mutendereze Nze era Nze nja kusobola okukola ku mizimu." (kigiddwa mu - 'Let us Praise' ekya Judson Cornwall)

Kino kyali kyekango ekyentiisa eri Omusumba era kya kulabula gye tuli fenna. Kya kuyiga gye tuli 'amaaso gaffe tuganywereze ku Yesu', tutunulile Katonda tulabe by'Akola, tumutendereze obudde bwonna era tumuleke Ye Katonda okukwatagana n'omulabe *(Yuda 9)*. Enkola y'emu gye tuba tukozesa ne mu kusaba.

*“Ebirowooza byaffe tubinywereze ku bituufu, era eby'ekitiibwa, ebya mazima era ebitukuvu, ebirungi era ebyegombebwa. Tulowooze ku bintu ebisukulumu era ebitekeddwa okutenderezebwanga.” (Abafiiripi 4:8)*

Okutendereza Katonda mu buli mbeera kisumuluzo kya mugaso nnyo mu kubeera n'obuwanguzi mu buKristayo. Ekimu ku bivamu kwe kuzimba okutegeera kwaffe okw’ebya Katonda, nga tujjukila nga bwe Yewunyisa, nga bwatukoledde ebingi ne kaakano era nga tewali kimulema. Okutendereza kutuwanguza Setaani. Kye ky'okulwanyisa ky’olutalo lw'omwoyo ekisinga amaanyi. *(Zabbuli 149:6-9).*

> “Nafuna ekirooto mwe nakubira 'Alleluuya' emirundi essatu era olwo ne ndaba Setaani nga agalamidde ku mugongo ggwe, nga tasobola kwenyeenya. Bwe nazuukuka ne ndowooza ku kirooto kyange era nenkizuula nti nali nsobola okwogera Aleluuya ssatu – ne bwe mba nga ndi mu buzibu.”

Endowooza zaffe n’ebigambo byaffe bilina obusobozi bw’okutonda; bye tulaba mu ndowooza zaffe bitera okutuukirila. Ebigambo n’endowooza ebiwakanya biwa omulabe omwagannya okutunyigiriza wamu n’abo be tubyogerako oba betubilowozaako. Ebiseera ebiwanvu bye tumala nga tulowooza ebirungi era tubissaka netubileeta mu ndowooza zaffe olw’okubilowozaako. Mu kitabo kyabwe, ‘Ekisa n’okusonyiwa’ (‘Grace and Forgiveness’), Carol ne John Arnott bogera ku Musumba eyanoonyereza ku bulamu bwe n’akizuula nti kumpi kinaana ku kikumi - 80% - ku birowoozo bye ebya buli lunaku byali biwakanya, binenya, bisala misango nga abiri ku kikumi - 20% - byokka bye byali bigumya. Era yakizuula nti bwe kityo bwe kiri ne ku bantu abasinga obungi. Bwe tusigala nga twogera ebinenya ku bulamu bwaffe ne ku bantu abalala oba embeera mu kumaliriza tubeera tukoledde setaani omulimu ggwe *(Okubikkulirwa 12:9-11)*.

*"Bwoyita omuntu omusirusiru oba oli mu katyabaaga ak'okutwalibwa mu kooti. Era bwokkolimira omuntu oba mu katyabaaga k'okusuulibwa mu muliro gwa Ggeyeena (Matayo 5:22b).*

Tuteekwa okwenenya era tuteekwa okuyiga okutendeka endowooza zaffe era n'okukakaanya ennimi zaffe okukakasa nti endowooza ne bye twogera bizimba. Mu kifo ky'okunenyanga abantu, tuteekeddwa okubawa omukisa, okubasaamu ekitiibwa, n'okubazaamu amaanyi nga tuzimbagana wamu mu kukkiriza, nga tusonyiwa sso ssi kuvunanaagana. Eno yeteekwa okuba endowooza yaffe nga tusaba era ne mu mbeera za bulijjo ne mu bye tunyumya.

Tuyinza okusaba Katonda Atulage ebyo byenyinni ebyabaawo by'Ayagala okutulongoosamu mu buliwo.

**Essaala y'okulungamya nga wayogera ebigambo ebiwakannya:**

- Wenenye olw'okwogera ebigambo ebimenya era osabe Katonda Akukyuuse
- Mu Linnya lya Yesu wegaane era omenyewo ebigambo byonna ebiwakanya, oba ebinenya bye weyogerako oba bye wayogera ku bantu abalala
- Langirila mukisa mu kifo kya byo
- Yaniriza Yesu Ajje mu mutima ggwo nate era Akujjulize ddala n'Omwoyo Omutukuvu.

Essaala eno oyinza ogisaba nga ogyatula.

**Essaala ey'okwenenya olw'ebigambo ebiwakannya bye njogedde** 

"Katonda Kitaffe, njatula nti mbade mulyolyoomi wa baganda bange. Netyobodde era ne baKristayo banange nga mbasalira emisango era nga mbanenya; nga mbasabira ebikyaamu era nga nemuluggunya Gy'oli ku bibakwataako. Nsaba onsonyiwe. (**Saba Katonda Akusonyiwe nga omeenya ebigambo bye wayogera kinakimu era ne we wabyogerera**). Nenenya, njagala nkyuuke, negayirira nkyuusa. Nyamba mbeere omukisa sso ssi kikolimo, olwo nno nsobole okwogera ebigambo eby'obulamu sso ssi bya kufa.

"Mu buyinza bw'erinnya lya Yesu, menya buli ndowooza n'ebigambo ebiwakanya bye neyogerako kenyini ne bye nayogera ku bantu abalala. Kitaffe ow'omu ggulu nyamba onazeeko ebigambo bino era ne byonna ebibivaamu mu musaayi gwa Yesu era otulokole okuva mu bibi. Nkwegayiridde yingira mu mutima gwange era onzijjulize ddala n'Omwoyo Omutukuvu. Mu Linnya lya Yesu. Amiina"

Ebiseera ebisinga abantu abatulinako obuyinza gamba nga abazadde, abasomesa ne bakama baffe bogera ebigambo era nga ebigambo byabwe ebiwakanya bitulumya nnyo naddala nga tukyali bato. Abazadde ebiseera bingi bogera ebintu ebiyinza okwonoona abaana baabwe. Eky'okulabirako, 'Kale singa tewazalibwa' oba 'oli munafu, obulamu bwo tebujja kuvaamu kantu'. N'amaanya ag'okusaaga abazadde gebawa abaana baabwe gayinza okuba nga ebikolimo mu bulamu bwa baana. Abasomesa nabo bayinza okwogera ebigambo ebiwakanya ku baana ne byonoona obulamu bwabwe. Tuteekeddwa okusonyiwa abo bonna abatunenya era aboogera ebigambo ebiwakanya ku ffe. Mu Linnya lya Yesu tumenya amaanyi g'ebigambo bino ebikonnya era ebibeera ng'ebikolimo ebyayogerwa ku bulamu bwaffe tusabe Katonda Atunaaze okuva mu bigobeleera byonna.

Ebiseera ebimu ebigambo ebiwakanya ebitwogerwako si bye bituluma. Obulumi buyinza okuberawo nga tewali bigambo byogeddwa oba okusirika oba obutazaamu maanyi. Eky'okulabirako omuzadde, omusomesa, omwagalwa wo bw'atayogera nawe n'akusirikirira, kiyiinza okulowozesa nti togasa, tekigasa kwogera nawe, nti era tolina mugaso ng'omuntu.

**OBUJULIZI**
**Yesu Atereeza enkolagana**

"Twasaba n'omusajja eyali amaze ebbanga eggwanvu nga mulwadde wa bunafu obw'olukonvuba. Bwe twamubuuza oba waliyo eyali yamwogerera ebigambo ebiwakanya mu bulamu bwe yajjukira nti taata we yali yayogera, 'Obulamu bwo tebulivamu kintu'. Ebigambo bino byali bikola nga ekikolimo. Omusajja yasonyiwa kitaawe era n'amusabira omukisa. Wayita ennaku ssatu kitaawe n'aloota Yesu nakitegeera nti teyalina nkolagana naye. Yenenya, n'ayaniriza Yesu mu mutima gwe, yalokoka era enkolagana yaabwe netereezebwa."

Kiyiinza okuluma ennyo bwe tutafuna kudizibwamu maanyi. Eky'okulabirako omwana bwakola ebigezo n'afuna nga kyenda mu biri ku kikumi - 92% - naye muzadde we kya muddamu nti, 'naye muganda wo yafunye kyenda mu mukaaga ku kikumi - 96%'. Oba oli awo omuzadde talina na kya yogera kyonna ku bivudde mu bigezo byo ebirungi ennyo. Ekyo kiyiinza okukulowoozesa nti toli wa mugaso era nti talina kufayo ku bikukwatako. Kiruma nnyo. Ekisinga obukulu kwe kusonyiwa omuntu oyo, oba okusaba Katonda Akuyambe obasonyiwe.

Oluusi tusobola okwesalira obubi emisango (nga omufarisaayo mu *Lukka 18:9-14*). Oluusi ebigambo oba ebirowoozo bye tweyogerera oba bye twelowozaako biba bya kumenya kwerere gamba nga 'nze sirina mugaso', 'kale singa nfa'. Ebirowoozo oba ebigambo nga bino bye biyinza okukola nga ekikolimo ku bulamu bwaffe era ne tujjamu endwadde nga okwekyaawa oba ebirowoozo eby'okwagala okwetta.

**Okusaba kw'okulungamya singa omuntu yakwogerako ebigambo ebimenya:**

- Sonyiwa omuntu/abantu olw'ebigambo bye bayogera ebyakulumya
- Forgive the person(s) for what they said that hurt you
- Repent of any sinful response you made
- Mu Linnya lya Yesu menya amaanyi ga buli kigambo ekimenya kye bakwogerako
- Wa omukisa abo abakukolimira
- Yaniriza Yesu Ayingire mu mutima gwo (nate) era Akujjulize ddala Omwoyo Omutukuvu.

Okwesalira emisango nga obutebalamu muwendo oba okwewanika waggulu (malala) tuteekwa okubyeneenya era tuyinza okutoloka okuva mu bubi obuvaamu mu buyinza bw'erinnya lya Yesu.

Essaala yino gy'osobola okusaba okuva ku mutima nga oyatula.

**Saala y'okumenya amaanyi g'ebigambo ebiwakannya ebya njogerwako**



"Ow'omukwano Kitaffe ow'omu ggulu, mu Linnya lya Yesu nkakasa nti ebigambo ebiwakanya byanjogerwako ***(Katonda mubuulire ebigambo ebya kwogerwako…)***. Nsonyiwa… ***(yatula amanya g'abantu n'ebigambo ebiwakanya bye bakwogerako, n'ebigambo ebizimba bye balikwogeddeko naye bye batayogera)***. Nsonyiwa Kitange olw'engeri etali ya bwa Katonda gyenaddamu *(tegeza Katonda engeri etali ya bwa Katonda gyewaddamu)*.

"Mu buyinza bw'erinnya lya Yesu, negaana era menya ebikolimo byonna ebyateekwa ku bulamu bwange okuyita mu bigambo ebiwakanya era nteebwe okuva mu bivaamu. Nyamba onaaze mu musaayi gwa Yesu era onunule okuva mu kibi. Mpa ***(yogera erinnya ly'omuntu)*** omukisa. Yingira mu mutima gwange era onzijjulize ddala n'Omwoyo Omutukuvu. Mu Linnya lya Yesu. Amiina."

Ku nkomerero waliwo olukalala lw'enyiriri ezikakasa kiki kye tuli mu Kristo. Kizimba okukkiriza kwaffe bwe tufumiitiriza ku nyiriri zino era okuzisabiramu ku lwaffe ne ku lwa bakkiriza abalala.

**OBUJJULIZI**
**Yesu Yankozesa okuyamba mukwano gwange**

"Nakozesa essaala zino ne mukwano gwange. Bwe yagenda mu maso nga asabira ensonga ze ezali zimutawaanya mu bulamu bwe, nalaba nga endabika ye egenda ekyuuka. Silina kye namugamba naye ye yangamba nti yawulira nga omugugu omunene ogwali gumuggyidwako. Aleluuya!"

# *EDDEMBE OKUVA MU BIZIBI BYA SSENTE*




*"Naye abantu abaagala okugaggawala bagwa mu kukemebwa ne mu mutego olw'okwegomba okungi okw'obusirusiru n'okwonoona okubannyika mu kubula n'okuzikirira. Kubanga okwagala ensimbi kye kikolo ky'ebibi byonna. Era abantu abamu abayaayaanira ensimbi, bakyamizibwa okuva mu kukkiriza okwa namaddala era ne befumitira ddala n'ennaku ennyingi." (1 Timoseewo 6:9-10)*

Yesu Yayogera bingi ebikwata ku ssente n'ebyenfuna ebiseera ebisinga mu ngero. Amanyi endooza y'omuntu ku ssente era Ayagala tumanye endaba ye ku ekyo. Fenna twetaaga ssente okuberaawo naye okwagala ssente kukutuusa ku kuzikkirira. Bwe tuteeka obwesige bwaffe mu Katonda, Atuwa byonna bye twetaaga era Ayagala tumwagale n'ebyaffe byonna. Abamu bagamba nti ekitundu ky'omuntu ekisembayo okukyusibwa ye nsawo ye! Okwesiga Mukama okusinga ssente kyandiba nga kye kintu kye tusembayo okuyiga okukola. Waliwo obutamanya bungi obwekuusa ku kino era tetugoberera Byawandikiibwa kubanga endowooza y'ensi essimbye emirandira buziba mu ffe. Bwe tugoberera okwekulakulannya mu kifo kya Katonda kijja kutuleteranga ebizibu. Tewali kikyamu na kubeera na ssente, yadde essente enyingi ennyo. Naye ekigendererwa kya Katonda gyetuli ffe kwe kuba nga tuzikozesa

> *Tuweereddwa nnyo omukisa olw'enjiri y'Ekisa kya Katonda nti tetuloota na kuwayo okuka wansi w'ekimu kye kkumi.*
>
> (Duncan Watkinson, IRNET, 2014)

okuyamba abalala. Okuzikozesa okuyamba abali mu bwetaavu n'okukozesebwa mu kutumibwa okunene *(Matayo 25:34-46; Lukka 12:33-34; Yakobo 5:1-6).*

Okuwa ekimu eky'ekkumi nnonno eyasimbibwa Ibulaamu *(Olubereberye 14:20)*, Yakobo n'agitwala mu maaso *(Olubereberye 28:22)* era netekeebwa mu teeka lya Musa *(Eby'Abaleevi 27:30-32)*. Okuwa eky'ekkumi kwe kuwaayo ekitundu eky'ekkumi ku buli bintu byo. Mu Ndagaano enkadde, abantu bawaanga Katonda ekimu ekye kkumi ekisooka ku buli birime oba ebibala ebikunguddwa, ensimbi okuva mu kupakasa era na buli kimu kye bafunaanga. Eky'ekkumi kitukuvu era kiba kya Mukama.

Yesu Yagamba nti, "muwe Kayisaali ebya Kayisaali, ne Katonda mu muwenga ebya Katonda" *(Matayo 22:21; Makko 12:17; Lukka 20:25).*

Omubulizi omu ya kyanjula mu ngeri eno: 'eky'ekkumi kwe kusasula kwaffe olw'obupangisa olw'okubeera ku nsi kunno n'omukka gwe tussa!' Ekirabo kyonna kye tuwa Katonda ekisuka ku ky'ekkumi kiba kiwebwayo. Katonda Awa omukisa ebiweebwayo ebyo, era abantu abasasula ebyekkumi n'ebiwebwayo balina ebibamala! Mu kutebereza kwafe kumpi mu buli nkungana zetubaddemu kumpi Abakristayo bonna betusisinkana abagamba nti balina obuzibu bwe byenfuna baali tebawa wadde ekimu

**ENGERI Y'OKUBALAMU EKIMU EKY'EKKUMI**

*Gatta wamu empera yonna gy'oyingizza mu mwezi gunno – gamba Shs 2000.*

[Bwoba oli musubuuzi, kwata amagoba g'omwezi guno]

Kwata enyingizayo yonna ogigabanye mu ebitundu 10:

2,000/10 = 200

Mu ky'okulabirako kino, ekimu ekye kkumi kiri Shs 200 omwezi gunno.

Ekyekkumi okisasula mu kkanisa yo gy'ogenda bulijjo.

ekye kkumi ekisembayo obutono nga tebanawako misolo! Obuweereza bwa baKristayo obuli mu katyabaaga ke byenfuna besanga nga ebizibu byaabwe bisibuka mu butawa kimu kya kkumi ku nnyingiza y'obuweereza eri obuweereza obutalina nkolagana n'obwaabwe. Endowooza y'ensi eri nti tetujja kusasula kimu kya kkumi kubanga tetukisobola. Naye olw'obutawa Katonda kyakkumi kye, Omukono ggwe ogw'obukuumi gutuggyibwako era ssente zaffe ne zitasobola kumalawo byetaago byaffe nga bwe kyalibadde. Eky'okulabirako, ebyuma biggya kwononeeka, emmere ejja kwononeeka era n'amabanja gajja kweyongera. Wadde tuyinza okuba nga tetulina ssente zimala kutubezawo mu bulamu obwa bulijjo, Katonda Agamba nti tujja kuba n'ebimala bwe tusooka okumuddiza Ye.

*"Naye mmwe munnyagako nze ebitundu eby'ekkumi n'ebiweebwayo. Mukolimiddwa ekikolimo, kubanga munnyaga nze, eggwanga lyammwe lyonna. Muleete ekitundu eky'ekkumi ekiramba mu ggwanika, ennyumba yange ebeeremu emmere. Bwe munakikola, bw'ayogera Mukama w'eggye, nja kubaggulirawo ebituli eby'omu ggulu. Ndi bafukira omukisa ne wataba na bbanga we guligya. Mukigezeeko! Munkeme!" (Malaki 3:8-12)*

Kino kye kitundu kyokka mu Baibuli Katonda w'Agamba abantu okumugeza.

['Eggwanika' wanno kitwalibwa okutegeeza ekkanisa wetukunganira; ekifo omwoyo gwaffe wegulisiibwa *(Ekyamateeka Olw'okubiri 14:22-23)*.]

Tukusaba okigenderere nti ekigendererwa kyaffe si kuwagira njiri ya 'kitwale' wabula okugondera Ekigambo kya Katonda.

Tulina okuba abesimbu mu maaso ga Katonda. Bwe tuba nga tubadde tetuwayo kyakkumi, tuteekwa okweneenya olw'ekyo era tusabe Katonda Atusonyiwe olw'okumunyaga. Era okuva awo tulina okuwangayo eky'ekkumi mu kkanisa gye tukunganira (nga enyingiza tetugigyeko misolo oba misoso milala gyonna).

**Essaala ey'okwenenya olw'obutawa kimu kya kkumi**[6]



"Ai Kitaffe ow'omu ggulu, byonna bye nina biva gy'Oli. Nkwebaza olw'ebyo byo nesigisizza. Nkitegedde kaakano nti ekimu eky'ekkumı kitukuvu era kiikyo. Njatula nti mbadde sikuddiza kya kkumi Kyo *(Malaki 3).* Kaakano nenenya olw'okwesigaliza ebyo ebiibyo era nsaba Onsonyiwe. Olw'obuyinza bw'erinnya lya Yesu mennya buli kikolimo ekindiiko. Okuva ne kaakano newaayo okujjangako ekimu eky'ekkumi ku nyingiza yange yonna, negayirira nnyamba nkikole kino. Olw'ekisa kyo nsumululwa mu bimu eby'ekkumi bye sasasula byonna emabega. Webale nnyo Taata. Negayirira ompe omukisa mu buli kye mpitamu kyonna era onfuule omukutu gw'ebyenfuna nfukile abalala omukisa era ne mu bigendererwa by'obwa Kabaka Bwo okuva ne kaakano. Mu Linnya lya Yesu. Amiina."

Mu ngeri y'emu, Katonda Atwetaaza okubeera abesimbu mu nkola zaffe zonna ez'ebyenfuna, nga tusasula ebitubangibwa era nga twewala okusasula enguzi.

> Katonda muwe ekisingayo ekikyo ekisingayo obulungi. Katonda Ajja kukubisamu ekyo ky'omuwadde akikuddize, oba kwagala, kukkiriza, ssente oba ekintu ekirala ekirungi. Ayagala Akuwe ekyamagero kaakano.
>
> (Oral Roberts, Miracles of seed-faith, 1982)

Enkola y'Endagaano Empya esoomoza endowooza y'ensi n'okusinga ekimu eky'ekkumi. Yesu Yagamba ebibiina okugabiranga abo abasaba *(Matayo 5:42; Lukka 6:30)* era nti *"mutunde ebyammwe era mugabire abo abetaaga" (Lukka 12:33).* Yagamba omuvubuka omugagga agende atunde ebibye byonna era nti awe essente eri abaavu *(Makko 10:21; Lukka 18:22).* Abakkiriza ab'ekkanisa eyasooka

[6] Clive Pick: *The Revelation of Financial Renewal*, 1998, New Wine Ministries.

bagabananga byonna bye balinanga newataba n'omu eyabulwanga ekintu kyonna *(Ebikolwa by'Abatume 2:45*). Eno ye ndowooza Ebbaluwa gye zituzaamu amaanyi *(2 Abakkolinso 8:11b-15* nne *9:7-15; 1 Yokaana 3:17)*. Bwe tumala okuyiga okuwa ekkimu eky'ekkumi, Katonda Atandika okutusomooza twongele okubeera n'ekisa eri abalala.

*"Oyo asiiga enyingi alikungula nnyingi. Olina okusalawo mu mutima ggwo nga bwonogaba. Ate togaba lwa buwaze oba lwa kusindikirizibwa. Kubanga Katonda Ayagala oyo agaba n'essanyu. Era Katonda Anabawanga byonna bye mwetaaga. Mulyoke mubenga n'ebibamala era n'ebifiika bingi okugabananga n'abalala." (2 Abakkolinso 9:6b-8)*

AbaKristayo bangi balina amabanja era kino bakitwala nga ekitundu ekya bulijjo, naye eno ndowooza ya munsi. Waliwo embeera nga abantu banyigilizibwa ne baggwa mu mabanja naddala olw'enfulumya gye batetegekede oba okuvibwako omulimu. Baibuli etugamba tuleme okubeeranga n'amabanja: "Temuberanga na bbanja lyonna eri omuntu yenna" *(Abaruumi 13:8)* oba tuyinza okufuuka abaddu b'abatuwola *(Engero 22:7)* mu kifo ky'okubeera omuddu wa Katonda. Ebbanja lituletera okuggwamu esuubi. Bangi besse olw'ebikwatagana n'amabbanja. Tulina okuyiga okubeera abawanika abalungi ku by'obugagga Katonda by'Atuwadde, tumwesige Ye okutuwa bye twetaaga *(Abafiripi 4:6).* Bwetuba n'amabanja agaleteeddwa omululu n'okwagala ssente n'ebintu, tutekeeddwa okwenenya era tusabe Katonda Atusonyiwe. Era tumalirire mu maanyi tusasule

**OBUJULIZI**

**Okufuuka omukutu gw'omukisa**

"Emyaka 14 egiyise nayiga ebikwata ku ky'ekkumi, naddala nti okukiwa ekiramba kitukuvu era nti kya Katonda era nti kirina okuweebwa mu kkanisa yo mu kitundu gyosabira. Nenenya era nentandika okukiwa mu ngeri entuffu. Mu biseera ebyo nali mu mabbanja manene nnyo era n'obufumbo bwange nga buli mu katyabaga. Kaakano obufumbo bwange bunywevvu era tetukyali mu mabbanja. Tusobodde okuyamba abantu bangi okuva mu mabbanja era nebadda mu kuyitibwa kwabwe okwo bwa Katonda."

amabbanja gonna mu bwangu nga tusaba Katonda okutuyamba.

*"Tosobola kuweereza Katonda ne mamona." (Matayo 6:24)*


Okusobola okusigala mu ddembe awatali mabanja tulina okuleka enfulumya yaffe ku bye twetaaga byokka so ssi ku bye twagala okuba nabyo. Tulekele awo okugula bye tutasobola. *"Tewegombanga kintu kyonna ekya munno." (Okuva 20:17).* Bwe tuba nga ddala tulina ekintu kye twagala okugula kye tutasobola, twetaaga okusondera ekintu ekyo nga tuteeka ssente ebali buli lunaku oba buli lwe tufuna ssente okutuuka nga tulina ekimala.

Baibuli etugamba *"Noonya obwa Kabaka bwa Katonda okusinga ebintu byonna, tubeere batukirivu, era Katonda Ajja kutuwa byonna bye twetaaga." (Matayo 6:19-34* naddala *6:33)*. Kino kitwetagisa okukyuuka kubanga abasinga ku ffe tulina endowooza y'ensi ku nsonga z'ebyenfuna. Naye bwe tufuluma mu buwombefu n'okukiririza mu bisuubizo by'obugabirizi bwa Katonda, tujja kulaba nga Ali naffe era ng'atufaako era mu Ye tulina byonna bye twetaaga *(Zabbuli 23:1)*.

Endagaano Empya era etugamba okuwaayo mu mirimu gy'okubunyisa enjiri. Bangi ku ffe kino tetukikola nga bwe tusanidde kubanga tutya nti tuyinza obutaba na ssente zinatumala mu biseera ebyo mu maaaso. Endaba y'obwa Katonda eri nti tubeere n'okutya okuwa akatono ennyo *(Yakobo 5:1-6; 3 Yokana 5-8)*.

Emirimu gya Katonda nga gikoleddwa mu makubo ga Katonda tegiribulwa bya bugagga bwa Katonda.
(Hudson Taylor)

# *OKUNUNULA EBYOBUSIKA BWE BY'OBWA KABAKA*



Abantu abasinga obungi bafaanana bazadde baabwe oba ab'oluganda baabwe abalala. Enfaanana mu by'omubiri oba muneyisa mu by'omwoyo, birondoola munyiriri z'obuzaaliranwa. Tusikira era tuyiga embala nyingi n'enkola, okuva ku bazadde baffe. Kino Katonda Yakiganya olw'obulungi; naye n'embala embi zilondola mu ngeri y'emu. Ebintu nga okwogera mu nnimi endala oba enkola y'okuyambagana biyinza okulabibwa mu maka. Naye enkola y'ebintu ebimu ebizibu oba ebibi nga obwenzi, obuzibu mu byenfuna, obutamivu, n'endwadde ezimu; oluusi bino birondoola nyiriri za buzaale ne zisiikirwa oba 'buzaliranwa'.

Ekibi kyonna tuyinza okugamba kya buzaliranwa kubanga kyatandiika ne Adamu ne Kawa ne kijja nga kilanda okutuuka ku mulembe gwaffe gwonna. Ekibi ky'abatusooka (ekibi eky'obuzaaliranwa) kyetutanaba kwenenya kiyinza okutufuga n'abaliddawo mu nyilili zaffe nebaggwa olw'ekibi kyekimu.

Amateeka ga Katonda bwe gamenyebwa ekibi nekikolebwa, ekikolimo kiyiinza okuggwa ku muntu oyo wamu n'aboluganda be nga ogattako n'abaliddawo.

Amateeka ekkumi gannyonyola nti bwotogatuukkiriza waliwo ebibi ebikutuukako (ekikolimo) eri emirembe 3-4 olw'ekibi (eky'okusinza ebifaananyi) sso ng'ate bwe gagonderwa emikisa eminene girondoola okutuka ku mirembe 1000 (*Okuva 20:4-6*). Ekibi ky'obwenzi nakyo

kireeta okunyigilizibwa okw'emirembe kkumi (*Ekyamateeka Olw'okubiri 23:2*)

Mukama Mulungi, Atulumilirwa era Atwagala. Tayagala kibi kimutwawukanyeeko. Tayagala tuboneebone olw'ebikolimo oba olw'embeera eva ku bibi byaffe oba olw'ebibi bya ba jjaja ffe abatuusoka. Naye tetusobola kweyamba ffeka y'ensonga lwaki Atuwadde eky'okuddamu. Yesu ky'Ekyokuddamu.

Mu Baibuli, Katonda Atugamba nti "Awataba kuyiiwa musaayi tewabaawo kusonyiibwa." (*Abaebbulaniya 9:22*). Ekibi tekkivaawo (*Nekkemiya 1:6-7*). Tetusobola kujjawo kibi lwakugezaako kukola bulungi oba kukyerabila. Engeri emu yokka ya kukkiriza na kwesiga Yesu eyatwala ebibi byaffe ng' ebibye. Yesu yasasuulira ebibi byaffe ng'Atwala okubonerezebwa okwali kutusanira ffe n'okuyiwa omusaayi Ggwe.

Ekibi kisigala naffe, okujjako, oba, okutuusa lwe tukyenenya; ne tusaba Yesu Atusonyiwe. Olwo Yesu Atusonyiwa omusaayi ggwe ne ggutuunalizaako ddala ekibi (ne tutukuuzibwa). Okusumululwa okuva mu neyisa n'empisa embi ez'obuzaaliranwa kwesigamizibwa ku **ffe okusonyiwa** bazadde baffe n'aboluganda olw'ebibi byaabwe. Okusumululwa kw'abaana baffe okuva mu buzibu oba mu bibi bye twakola kwesigamye ku **kwenenya kwaffe** olw'ebibi ebyo.

*"Mwenenye mukyuke okuleka ebyonoono byammwe byonna bileme okubazikiriza." (Ezeekyeri 18:30-32)*

Bwe tuzaalibwa omulundi ogw'okubiri, ebyonoono byaffe byonna bituggibwako ne tutukuzibwa ne tuddizibwa buggya; ne tuweebwa ekifo mu nda ya Katonda. Naye **ebiva** mu byonoono byaffe tebimala gaggyibwawo. Eky'okulabilako, ssinga obba ssente newenenya, Katonda Asonyiwa, naye oba okyabbanjibwa ssente ezo eri abantu bewannyaga. Era n'amateeka gayinza okulondoola. Yesu Atwala ebbanja ly'ekibi kyange naye nteekwa okuliyiilira oyo gwe nabba. Wabeerawo ebituuka ku oyo abbiddwa n'abe nnyumba, abaana n'abazukulu be; wabeerawo

ebituuka ku ffe (ababbi) n'abaana n'abazukulu baffe; wabeerawo ebituuka ku baserikale abakwasiisa amateeka, ku kyalo, n'abalala. **Ekibi tekibeera kya kyama.**


Eky'okulabilako eky'ennyamiza kinnyonyolwa mu Baibuli mu kitabo kya Samwiri Eky'okubbiri essula y'ekkumi n'emu n'okweyongerayo. Kabaka Dawudi yayaakila ku muka Uliya Omukiiti; Basuseba n'amwegomba era neyegaata naye mu bwenzi. Omukazi bweyabeera olubuto; Dawudi nagezaako okusenda Uliya yegate naye abuzebuuze, akweeke ekibi kye. Bwe yalemwa okulimbalimba Uliya, Dawudi yateekateeka olukwe olw'okuttila Uliya mu ddwannilo. Ebyava mukyo ye mwaana eyazaalibwa mu bwenzi bunno okufa wadde Dawudi yenenya nasiiba, n'asaba omwana abeere mulamu. Era tulaba nga abaana ba Dawudi n'abazuukulu emirembe eggyaddako batawannyizibwa ekibi ky'obwenzi n'okuyiwa omusaayi. Katonda yasonyiwa Dawudi okwaaka, obwenzi n'okutta naye ebigoberera olw'ekibi byalondoola abaana n'abazzukulu ba Dawudi.

Bwe twonoona omulundi ogusooka, twongela omukisa gw'okuddamu okwonoona mu ngeri y'emu. Era mu ngeri y'emu ebyonoono bya bazadde/oba ba Jjajja ffe abatusokawo bitondaawo 'oluggi oluggule' olutusikkiliza okwonoona mu ngeri y'emu. Ekibi kikolebwako na kwenenya okwa namaddala olw'ekibi ekyo (okwaffe n'okwa ba Jjajja ffe) ng'osonyiwa bonna aba kyennyigiraamu era nga tusaba Katonda Atutukuze okuva mu byonna ebyaleetebwa ekibi ekyo. Olwo tuyinza okusaba Katonda 'okuggalawo oluggi' ku kibi ekyo kyennyini era ajjewo buli ngeri eyandituleetedde ffe, n'aboluganda baffe bonna okuddira ekibi ekyo. Bwe waba nga waliwo ekikolimo ekifuga, tusobola okumenya ekikolimo ekyo n'obuyinza obw'erinnya lya Yesu, nga tusaba Katonda Atunaazeko ebigendererwa byakyo mu musaayi gwa Yesu.

*"Yesu Yennyini Yeetikka ebibi byaffe mu mubiri gwe ku musalaba, tulyoke tubeerenga abafu eri ekibi ate abalamu eri obutuukirivu. Olw'ebiwundu bye tuwonyezebwa." (1 Peetero 2:24; Isaaya 53:5-6)*

*"Naye Kristo yatununula okuva mu kikolimo kya mateeka. Bwe yakomelerwa ku musalaba Yatwala ekibi ky'ekikolimo kyaffe. Kubanga kyawandiikibwa nti, 'Akolimiddwa buli awanikiddwa ku muti." (Abaggalatiya 3:13).*

Abasinga ku ffe ebyonoono byaffe n'ebikolimo byatujjibwako mbagiraawo bwe twazalibwa 'omulundi ogw'okubiri' naye, ebimu byongera okututawaanya. Mu Ekyamateeka Olw'okubiri 27 ne 28 emikisa mingi olw'okugonda n'ebikolimo bingi olw'obujjemu bilambikiddwa. Katonda Ayagala tubeere nga tussa kimu naye, era tufune emikisa gye gyonna. Abasinga obungi ku ffe obulamu bwaffe tebutambulidde mu mikisa emijjuvu Baibuli gyesuubiza abo abagonvu era tulabika ng'abali wansi w'engeri ye kikolimo.



Kijja kutuyamba nnyo okugezesa nga tumala akaseera nga tusaba era nga twetegereza enyiriri ez'obuzaale bwaffe.

- Mutindo ki **ogw'ebyo bwa Katonda** ogulagibwa mu bazadde baffe ne mu ba jjajja, ne mu ba jjajja ba bajjajja? B'ani mu b'oluganda baffe abasikidde omutindo gunno ogwo'bwa Katonda?
- Mutindo **ki ogutali gwa bwa Katonda** gwe tulaba mu ba jjajja baffe? Ani mu b'oluganda baffe eyasikira empisa ezo eitali za bwa Katonda? Gamba, obwenzi okweyawula, obusungu, empaka, obukyayi, ettima, obutamiivu. Waliwo endwadde ez'amaanyi ezikosa ab'oluganda lwaffe abawerako?

Tutegeera tutya nti obulamu bwaffe buli wansi wa kikolimo? Omusomesa wa Baibuli, Rev. Derek Prince yannyonnyola engeri musanvu ez'ebibonyoobonnyo ebiyinza okulaga oba omuntu oba ab'ennyumba ye batambulira wansi w'ekikolimo.

1. Ebyafaayo by'endwadde z'obwongo oba obutasobola kwesalilawo.
2. Okuddingaana kw'endwadde ez'olukonvuba na ddala nga za nsikilano. 'Ensikilano' kiyinza okulaga ekikolimo ekiva mu buzaliranwa.
3. Okuvaamu embuto ezo muddiringannwa oba ebizibu bya bakyala ebitaggwa.
4. Ebyafaayo by'okulemererwa kw'obufumbo n'enjawukana mu famile.
5. Obubuulwa bwa ssente obw'olutenteezi, na ddala ng'enyingiza ya ssente erabika nnungi.
6. Nga toggwakko bubenje.
7. Ebyafaayo by'okwetta oba okufilwa okutali kwa bulijjo (gattako okufa nga mukyali baana ba nda nga baffa myaka mito.

Amawulire amalungi gali nti Yesu kye ky'okuddamu eri buli kibi na buli kikolimo. Oba ng'ekikolimo kiri ku bulamu bw'omuntu olw'ekibi kyaabwe oba olw'ekibi ky'abamusooka, oba omuntu omulala ye yateeka ekikolimo ku muntu oyo ng'ayita mu kumuloga oba nga yakozesa ebigambo ebibi

ebisiba obulamu bwe mu butamanya. Yesu kye ky'okuddamu kya buli kibi n'ekikolimo. Omusaayi gwa Yesu gulina amaanyi okutukuza buli kibi era obuyinza bw'erinnya lya Yesu bulina amaanyi agamenya buli kikolimo.

Bw'obanga olowooza nti ggwe oba ab'ennyumba yo muyinza okuba n'obulamu nga butambulira wansi w'ekikolimo, olwo oba oli awo Katonda akwetaaza okwatula mu ngeri engaazi, eramburuura ensonga; era n'okwenenya e buziba, n'okusonyiwa.

Okuyambibwa okuzuula oba waliwo ekikolimo ekitambulira mu nnyumba yo, waliwo enkola y'okukozesa ekipande ky'ebyafaayo bya famile yo. Osobola okukola ekipande ky'ebyafaayo kya famile yo otunulile famile yo n'obwegendereza. Ekipande kino kijja kukkuyamba okuzuula n'okulondola emikisa n'ebibi n'ebibonoobono mu famile yo. Kijja era kuyamba okuzuula n'okumanya ensibuko z'okwonoona n'okunyigilizibwa mu famile zaffe ebyetaaga

**OBUJULIZI**

***Amaanyi ga Yesu okuwangula ebikolimo by'ekika kwatuusa ennyumba yaffe ku bulokozi***

*"Taata wange yalina emikwano mingi egy'obwenzi era kino kyatuusa Maama wange okufuuka lujuuju. Bazadde bange ne ba Jjajja bange bali bakola eby'obusamiize. Obulamu bwa baganda bange abalenzi n'abawala era n'abaana baabwe bwali bugoberera embeera y'emu eyo ey'ennaku. Olunaku lumu, nafuna omukisa okunnyonyola Taata wange bino byonna era n'alaba engeri ebikolimo by'ekika bwe byali bikoze abaana be bonna era n'abazzukuu be. Yakilaba nti yetaaga obulokozi – yali yetaaga Yesu okumenya ebikolimo ebyali bikutte ennyumba ye yonna. Yakkiriza era n'akakasa, yaggwa wansi ku mavvivi ge ng'asaba Yesu okujjawo ekikolimo ku nnyumba ye. Kyewunyisa okulaba Taata wange mu kkanisa, nga awannise emikono gye mu kutendereza Yesu! Ekyo kyali mwaka gumu emabega. Okuva olwo, muganda wange, eyali asinga 'obutagaala Kristo' mu famile yaffe, naye yajja eri Yesu mu bulokozi!"*

okwenenya n'okubijjawo tusobole okufuna okusonyiibwa n'okuteebwa. Ggye tukoma okuzuula n'okumanya ensibuko n'okunyigilizibwa okuva mu bikolimo mu famile zaffe, gye tujja okwongera okubimenya n'okubijjawo nga tuyita mu kusaba.

Famile ki etaliimu kusinza bifanaanyi okumala emirembe enna? Ffena tuvunanibwa okusiinza ebifaananyi - okukulembeza ebintu ebirala mu bulamu bwaffe mu kifo kya Katonda (*1 Yokaana 5:21*). Ani atagezangaako kuba mulungi mu maanyi ge ye? Bwe twatula ebibi byaffe ne tusaba Katonda okutusonyiwa, tubeere bagumu nti tusonyiibwa. Olwo ne tulyoka tusaba Katonda Atutuukuze okuva mu bitulondola n'ebikolimo era Ajja kkitukolera (*1 Yokaana 1:9*). Mu kuwaanyisa Katonda atuuwa eddembe n'emikisa okutuuka ku mirembe 1000 (*Okuva 20:6*).

**Okusaba kw'okulungamya bw'oba n'ebibi ebyensikirano ebirondola oba n'entambula eremesa obulamu okweyagala:**

- Webaze Mukama olw'obulamu bwo n'ebintu byonna ebirungi byewasikila okuva ku bakadde bo.
- Yatula ebikontaana oba engeri z'okulemererwa mu neyiisa yo oba ebibi mu ggwe oba mu b'oluganda bo ne mu lunyiriri lwo.
- Sonnyiwa abazadde, ab'oluganda, ne bajjajja abasooka olw'ebibi ebyo.
- Wenenye olw'ekibi kyo ggwe mu ngeri y'emu.
- Mu Linnya lya Yesu saba Katonda Ajjewo ekikukozesa ekibi ekyo era akigye ne mu baganda bo.
- Mu Linnya lya Yesu meenya buli kikolimo kyonna ku ggwe oba/ne ku b'ennyumba yo era saba Katonda Aggyewo byonna ebyaleteebwa ekikolimo.
- Sabila omukisa ku nnyumba yo yonna era saba Katonda asumulule omukisa.
- Yaniriza Yesu Ajje mu mutima gwo (nate) era Akujjuze Omwoyo Omutukuvu. Musabe kino Akikole ne ku b'ennyumba yo bonna.

Nga weteseteese, oyinza okusaba essaala nga eno ng'ogyatula:



**ESSAALA Y'OKUSONYIWA ABAZADDE N'ABO MU FAMILE ABALALA**

"Ow'omukwaano Kitaffe ow'omuggulu, nkwebaza olw'ebyo byenakuliramu. Nennyumiliriza mu birungi ebingi bye nfunye okuva ku bakadde bange (bimenye…) Netegereeza nga waliwo enkola etali ntuufu mu maka/ku miliraano. Nsazeewo okusonyiwa (yatula amanya g'abantu b'ennyumba yo ne mu lunyiriri lwo ne mu kitundu b'oyagala okusonyiwa bw'oba ogamanyi) olw'ebibi n'ebintu ebitaali birungi bye baalowoza, bye bayogera ne bye bakola (yogera buli kibi ky'obasonyiye, gamba nga okuvuma, obukyaayi, empaka). Ssasila obasonyiwe era nange onsonyiwe, n'ab'emiriraano bonna olw'okkkola ebibi bino mu kumanya oba mu butamanya.

Negayirira onaaze nze n'abo mu maka gange bonna/n'abo muliraano n'omusaayi gwa Yesu era ojjewo enkola zonna embi (zaatule zonna…) obutaddibwamu kukolebwa okuva ne leero. Mu maanyi agaali mu Linnya lya Yesu Kristo nsazaamu buli kikolimo ekiloondola ekitukosa nze n'abawaka n'abomuliraano bonna era nkwegayiilira Taata owomuggulu otununnule okuva mu bubi. Twegayirira otuggyeko ebyava mu bibi ne mu bikolimo eri nze ne bonna abawaka n'emiriraano.

Nnyweza ai Mukama omukisa, ku bulamu bwange ne kku ffena abawaka n'emiriraano. Nkusaba Kitaffe otuwe omukisa ffena. Webale Mukama okutuusonyiwa nze ne famile yange, ne barirwaana bonna. Negayirira oyingire nate mu mitima gyaffe Otujjuze n'Omwoyo Omutuukuvu mu Linnya lya Yesu."

Jjjukila nti bwe tuddamu okukola empisa zino embi nate, nga tumaze okufuna okusonyiibwa kwa Katonda ku lwazo; tuyiinza okuddayo wansi w'ekikolimo. Olwo tutekeddwa okwatula ekibi kyaffe nate, twenenye, tukyuuke era tuleeke ekibi, tuddeyo eri Katonda, tusabe Atusonyiwe era Atuyambe tukyuuke.

Essaala ey'okusonyiwa emirembe egyasooka eyiinza okuggaziyizibwa mu buli kibiina ky'osaba okukkikilira. Gamba omukyala omu asobola okwaatula ebibi ku lwa bakyala abalala; omwegayiilizi omu okwenenya ku lw'ekkanisa ye, ne kku lw'ekkanisa ya Kristo ebbuna wonna, omuntu omu ng'asaba Katonda Asonyiwe ebibiina ebinene. Olwo basobola okwegayirira olw'ebibi by'abantu.

**OBUJJULIZI**

***Yesu Yanzijjako ekikolimo ky'edda***

*"Enkola nyingi ezitaali za bwa Katonda ezali mu lunyiriri lw'obuzaalirwana mu famile yange wadde bazadde bange baali bakristaayo 'abalokole'. Mu butamanya nessanga nga ngudde mu bibi bye bimu nga ebya bazadde bange, ba jjajja ne bajjajja ba bajjajja bange! Nekyaawanga era mu buto bwange nagezaako n'okwetta! Okuvira ddala emabega nalina obutaakwataggana n'obutakolagana ne muganda wange omuwala. Nali mulokole era nga nabattizibwa mu Mwoyo Omutuukuvu nga nkyaali muvubuka. Ebirowoozo by'okwetta byalekera awo naye nayongera obuteyagala era nga neayaatulako ebigambo ebibi. Emyaka nga giyisewo, mu kwekyaawa okwo nayiingira mu kuwereza kw'okusaba. Obukyaayi wakati wange ne muganda wange bwaali bwaava ku mpalana z'edda ezitatelezebwa wakati w'abantu b'ekyaalo kya Taata wange n'ab'ekyaalo kya Maama wange. Nayatula ebibi byaabwe era nenennya ku lw'enjuyi zombi. Nasaba Katonda okubasonyiwa. Mu Linya lya Yesu, omuweereza wa Mukama owa basabi yakutula ekikolimo ne kinvaako. Nawulira emirembe nga giyngila mu nda yange (nali siwulirangako bwentyo). Olutalo olwali mu nda mu nze lwakoma. Emirembe mu mutima byasigala mu mutima gwange. Obukyaayi eri muganda wange n'eri nze kennyini byaggwaawo."*

Mu ngeri eno efuuka essaala **ey'okwegayirira**. Eno ye yali ngeri y'okwegayirira eyassimbibwa Musa (*Okuva 32:9-14, 34:5-9*); Danyeri (*Danyeri 9:2-23*), Nekkemiya (*Nekkemiya 1:4-7*). N'abalala awamu ne Yesu.

Mukama waffe Yesu Yagamba, mu kitabo kya Yokaana 20:23, "Bw'osonyiwa omuntu yenna ebibi, bimusonyiibwako. Bw'otosonyiwa, tebasonyiibwa." Essaala ez'okusonyiwa za maanyi era zigendeera ddala wala. Ebiseera ebisinga tunenya abantu, ebifo, ebyalo, n'amawanga. Singa tusonyiwa ne twogela eby'emikisa, Mukama Ajja kukyusa ebyalo byaffe n'amawanga olw'essaala zaffe.

'Essaala engazi ey'okussumulula emikisa gy'obuzaaliranwa n'emrembe' mu 'annexe' etegekeddwa okusinzira ku bibi ebikwatagana n'ekikolimo okusinzila ku Byawandiikibwa. Gezaako ogisoma mpola n'obwegendereza, era bw'oba olowooza nti ggwe oba ow'oluganda lwo mulina ekimu ku bibi ebyannjuddwa mu ssaala eno, tuteesa nti wesabile essaala eno. Bw'oba tolowoza nti ggwe oba ab'omu lunyiriri lwo abakusooka tebakolanga bibi bino, werowooze! Biri mu Byawandiikibwa kubanga abantu baakola ebibi binno. Osobola okusaba essaala eno nga essaala eya '**OBA OLI AWO**' kubanga teri amanyi mu bujjuvu biki ba jjajja ffe abatusooka bye bakola. Essaala eno yesigaamiziddwa ku eyo eyakolebwa Mariamma Thampy ng'asinzira mu Ekyamateeka Olw'okubiri 27[7]**.** Nga ogyatudde nga ogisaba okuva ku mutima ggwo, bwewabaawo ekikolimo ku bulamu bwo oba okikutudde! Olwo ojja kuba n'eddembe okufuna emikisa gyonna Katonda gya'yagala okuggemulira nga omwana we omwagalwa.

[7] Mariamma Thampy: Better than weapons of war, 2009, Advantage Inspirational.

# EMBATIZA

## *OKUBATIZA N'AMAZZI*

Omuntu ng'amaze okuzaalibwa omulundi '*ogw'okubiri*' *(Yokaana 3:3-7)* era n'okukkiriza Yesu Kristo nga Katonda era Omulokozi we, Baibuli ekirangirira nti, nga Yesu, tulina okubatizibwa: *"Kitugwanira okukikola, tutuukirize obutuukirivu bwonna." (Matayo 3:15)*. Embatiza ya Yokaana yali ya kubatiza kwa kwatula na kwenennya okulaga nti omuntu yennenyezza ebibi bye era n'akyuka n'adda eri Katonda. Yesu Yali 100% muntu era 100% Katonda era atakola kibi. *(2 Abakkolinso 5:21; 1 Peetero 1:19, 2:22).* Naye yalemerako okubatizibwa Yokaana okutwefaananyiriza n'ekibi kyaffe.

> *Okubatiza kw'amazzi ke kabonero ak'ebweru ak'okukkiriza okw'omunda mu Yesu Kristo.*

Okubatiza kitegeeza 'okunnyika'. Okubatiza kw'Abakristayo mu mazzi kiraga nti omuntu yefanaanyiriza n'okufa, okuziikibwa era n'okuzuukira kwa Kristo. Okukka wansi mu mazzi kukikkirila okufa n'okuziikibwa kw'obulamu bwaffe obukadde, obw'ekibi okudda waggulu okuva mu mazzi kikkikirila okuzuukira mu bulamu obupya obw'okugoberera Yesu Kristo[8]. *(Abaruuni 6:1-7; 1 Abakkolinso 15:3-4; Abakkolosaayi 2:12)*. Okubatiza ke kabonero ak'ebweru akalaga okuyingizibwa kwaffe mu mubiri gwa Kristo, ekkanisa Ye.

Kyeraga lwattu okuva mu bigambo bya Yesu era n'okuyigiriza kw'abatume nti okubatiza mu mazzi kya makulu mangi mu bulamu bw'omukkiriza *(Matayo 22:11; Makko 16:16; Ebikolwa by'Abatume 2:37-38; Abaggalatiya 3:27)*. Era kya lwattu okuva mu Baibuli nti mu Kkanisa eyasooka, abakkiriza ba Yesu babatizibwanga amangu nga bwe

---

[8] Rev. Derek Prince, *Foundations for Christian Living*, Derek Prince Ministries, 2004. Kifuniddwa n'okukirizibwa.

kyasobokonga oluvannyuma lw'okukkiriza Yesu nga Mukama era Omulokozi waabwe *(Ebikolwa by'Abatume 8:35-38, 9:17-18, 10:42-48, 16:27-33)*. Yesu Yalagira abagoberezi be babatizibwe. Okubatizibwa lye ddaala ery'okubiri ery'okugondera Yesu Kristo,, *"Mwenenye era mubatizibwe." (Ebikolwa by'Abatume 2:38).*

## *OKUBATIZIBWA N'OMWOYO OMUTUKUVU*

*"Mujjuzibwe Omwoyo Omutukuvu."*
*(Abaefeso 5:18)*



*"Yokaana Omubatiza yagamba 'Nze mbatiza na mazzi abo abenenya ebibi byaabwe ne badda eri Katonda. Naye oyo ajja ennyuma wange Ye Ansinga amaanyi nze – Ansinga nnyo sso sisaanira na kubeera muddu we n'okukwata engatto ze. Oyo alibabatiza n'Omwoyo Omutukuvu era n'omuliro.'" (Matayo 3:11)*

*"Kale oba nga mwe ababi mumanyi okuwa abaana bamwe ebirabo ebirungi, talisinga nnyo Kitammwe ali mu ggulu okuwa Omwoyo Omutukuvu eri abo abamusaba." (Lukka 11:13)*

Katonda bw'atuwa okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu tuweebwa 'amaanyi gge agava waggulu' *(Lukka 24:49; Ebikolwa by'Abatume 1:8).* Okubatizibwa kunno kwe kujjulizibwa ddala mu Mwoyo Omutukuvu okuva waggulu. Kino kiyinza okutujjako nga kivvira ddala ewa Katonda. *(Ebikolwa by'Abatume 2:1-4, 4:31, 10:44-47)* oba kiyinza okufunibwa okuyita mu kutekebwako emikono omuntu omulala eyamala edda okubatizibwa mu Mwoyo Omutukuvu *(Ebikolwa by'Abatume 8:14-19, 9:17, 19:6).*

Oba okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu kuva butereevu ewa Katonda oba okuyita mu mikono gy'omukkiriza omulala, ekgendererwa kwe kufuna amaanyi agattali ga bulijjo okuva ewa Katonda tulyoke tusobole okugabana enjiri ya Yesu Kristo n'abatakkiriza mu bulambulukufu. Eno ye ngeri okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu gye kwalabikilangamu mu Bikolwa bya Batume 2; oluvannyuma lw'okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu, Peetero yafuna obuvumu era n'abuulira enjiri n'amaanyi era newaba okugannyulwa okunene.


*Abagole abapya mu bufumbo bwabwe baesenga mu kalina eyaliko olubalaza okwasulanga ejjiba elyeru. Wayita ebbanga tonno abafumbo ne bafuna enkayana yaabwe eyasooka era ne batandika okubeera n'obutakaanya n'obuddubi buli omu ku munne. Baagenda okwetegereza nga buli lwe batakanyanga nga ejjiba ligenda. Naye bwe basonyiwagana ne bakaanya era nga emirembe gikomyewo mu maka gaabwe nga ejjiba likomawo. Nga wayise akaseera, bombi basaba Katonda okubayamba okubeera awamu mu ngeri eteriganya jjiba kubavako nate.*

(R.T. Kendall, Sensitivity to the Holy Spirit, 2001)

Omwoyo Omutukuvu bw'abeera mu ffe, Alongoosa empisa zaffe era n'Atusobozesa okubala ebibala nga okwagala, essanyu, emirembe, ekisa, obulungi, obuwombeefu, okukkiriza, era n'okwegendereza *(Abaggalatiya 5:22).*

Kino kye kibala ky'Omwoyo Omutukuvu kye tuteekeddwa okulaba mu bakkiriza abalala era nabo kye bateekwa okulaba mu ffe. Waliwo eby'okulabilako ebirala eby'ekirabo kino mu Bikolwa bya Batume. Okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu kyasobozesa abakkiriza okubeera obumu mu mutima ne mu meeme, nga bagalana nga bagabanira wamu byonna bye balina. *(Ebikolwa by'Abatume 2:42-47, 4:32-35).*

Naye **<u>ekibala</u>** kino bwe kitalabibwa muffe tuteekwa okwebuuza ennyo lwaki nedda. Nga tuyita mu kusaba n'okwekaanya tuyinza okuzuula ensonga lwaki oba ***omulandira*** gw'ebizibu ebitugaana okubala ebibala.



*"Okwagalana mwekka na mwekka kye kinakakasa ensi nti muli bayigirizwa bange. " (Yokaana 13:35)*

Okugatta ku maanyi gano agasukulumye n'okwagala, tufuna ebirabo okuyita mu kubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu 1 Abakkolinso 12:7-11 ebisengeka nga okumanya, amagezi, okukkiriza okwa maanyi, ennimi ezitamanyiddwa, okuvvunuza ennimi ezo, ebigambo eby'okutegeera, okwawula emyoyo, eby'amagero n'okuwonya. Bw'oweebwa ebirabo bino walibikozeseza! Katugambe, bw'omala okufuna ekirabo eky'okwogerera mu nnimi kyalikugwanidde okusaba mu ngeri eno buli lunaku. Baibuli enyonyola nti okwogera mu nnimi ngeri ya kusaba eweebwa Katonda, kya kyewuunyo era kizaamu amanyi, kiwuumuza era kizimba nnyo oyo akikozesa. Kubeera kwogera na Katonda Yekka *(1 Abakkolinso 14:1-3).*

Bwe tuzaalibwa omulundi ogw'okubbiri Omwoyo Omutukuvu Ayingira emitima gyaffe *(Abaruumi 8:9-11; 2 Abakkolinso 13:5; Abakkolosayi 1:27).* Olwo nno tusobola okufuna okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu *(Matayo 3:11).* Okuva olwo, tuyinza okwongeranga okujjuzibwa n'Omwoyo Omutukuvu. Mu Yokaana 20:22, Yesu Yafuuwa omukka ku bayigirizwa bbe era n'agamba nti, *"Mutoole Omwoyo Omutukuvu"*. Mu Bikolwa by'Abatume 2:4 abakirizza bonna ng'otwaliddemu n'abantu abali nga bbo babatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu era ne bogera mu nnimi. Okwogera mu nnimi ke kaali <u>akabonero </u>eri ekkanisa eyasooka nti abantu

baali bafunye okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu *(Ebikolwa by'Abatume 10:44-46, 19:1-6).* Ate mu Bikolwa by'Abatume 4:31 abamu ku bantu be baamu abo bajjuzibwa (nate) n'Omwoyo Omutukuvu. Tuteekeddwa obutalekangayo kujjuzibwanga n'Omwoyo Omutukuvu era nga tukulembeerwa n'Omwoyo Omutukuvu.

Okusobola okwongera okuba n'Omwoyo Omutukuvu mu bulamu bwaffe oba okufuna okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu twetaaga kusaba busabi Kitaffe Ali mu ggulu. Tusobola n'okumusaba okutuwa ebirabo byonna eby'Omwoyo Omutukuvu gattako n'obusobozi okujjulira n'obuvumu ku lwa Yesu, okubeera n'okwagala eri abakkiriza n'abatanakkiriza, gattako n'okwagala abalabe baffe. Twetaaga okusigala nga tusaba era nga twegayirira Katonda okutuuka nga tumatidde nti tuweereddwa ebyasuubizibbwa *(Lukka 11:13; Ebikolwa by'Abatume 1:8).* Tuliweebwa amaanyi – amaanyi okujjulira, amaanyi okukolera ddala ebintu Yesu bye yakolanga, amaanyi okwagala abalala, amaanyi ag'okubeera mu bulamu obw'obuwanguzi.

**OBUJJULIZI**
**Yesu Yambatiza n'Omwoyo Omutukuvu era n'Omuliro**

*"Ab'emikwano babiri wamu nange twayita mu by'okuyigiriza bino era ne tusaba mu nsonga zaffe ezimu. –okwatula n'okwenenya kw'ebibi era okusonyiwa abo abatulumya. Fenna twawulira nga tuteeleddwa! Olwo ne twaniriza Omwoyo Omutukuvu okutujjula, fenna abasatu twawulira okwokeebwa mu mitima gyaffe, ekyatukkakasa nti twali tubatiziddwa n'Omwoyo Omutukuvu n'omuliro!"*

Okukula kw'omwoyo kwa mitendera. Okusumuka nga Omukristayo, kitwetagisa okwongera okubeera okumpi ne Katonda waffe Omulamu. Twetaaga okusigala nga tusoma Baibuli nga tulowoleza mu Kigambo Kye; tusigale nga tukkiriza obutuufu bw'enjiri, tusigale nga twanukula ebisubizo bya Katonda, tusigale nga twenenya, tusigale nga tusonyiwa,

tusigale nga twewonga ffe ffenyini mu Yesu, tusigale nga tujjuzibwa okwagala kwa Katonda, tusigale nga tumwaniriza Akolele mu ffe era naffe, tusigale nga tusaba tujjuzibwenga buggya n'Omwoyo we Omutukuvu era tusigale nga tugondera ebiragiro bye.

Mu buweereza obw'okusaba, kirungi okukomekereza buli lutuula lw'okwenenya n'okusonyiwa n'essaala ezaniriza Yesu n'Omwoyo Omutukuvu bajje buziba mu mitima gyaffe ne mu bulamu bwaffe.  Kino kye tuyita 'Okussa omukka mu mwoyo' omutendera ogunyonyolwa mu kitundu ekikwata ku Kwenenya.  Kiyinza okufunzibwa nga 'ekibi ffuluma, Yesu Yingila'.  Nga Omwoyo Omutukuvu Ajjuza emitima gyaffe n'obulamu bwaffe, tewali kifo mu ffe eky'ebitali bya bwa Katonda ***(Matayo 12:43-45)***.

> ***OBUJJULIZI***
> **Okubatizibwa emirundi ebbiri!**
> *"Omusajja omu gwe nabatizza yava mu mazzi nga ayogerera mu nnimi! Kino kyakakasa gyendi obukulu bw'okubatizibwa mu mazzi ne mu Mwoyo Omutukuvu."*

Bw'oba osaba n'omuntu, bwe muba mwaniriza Omwoyo Omutukuvu okubajjula, mugumiikirize, mwetegereze, era muwe omukisa ekyo Katonda ky'Akola mu mmwe.  Olwo omuntu oyo omuwe omukisa.

Laba essaala eno ey'okulabirako nga osaba nga oyogera



**Essaala ey'okutukkirira era n'okwetukuza**

"Kitaffe ali mu ggulu, mpayo obulamu bwange bwonna gy'oli, omwoyo, emeeme n'omubiri.  Nkwaniriza kaakano Mukama onzijjuze nzenna nzitulukuke n'Omwoyo ggwo Omutukuvu, nsobole okubera owuwo ddala.  Mu Linnya lya Yesu.  Amiina."

**OKUWULIRA N'OKUGONDERA KATONDA**

Ebyawandiikibwa bingi mu ndagano zombi enkadde n'empya ebikakasa obwetaavu bwe tulina okuwulira n'okugondera Mukama waffe Katonda. Yesu akikakasa kino naye. Bino bye bimu ku byawandikiibwa w'akyogerera:

*"Endiga zange ziwulira eddoboozi Lyange, Nzitegeera era zingoberera Nze." (Yokaana 10:27)*

*"Buli muntu awulira ebigambo byange ebyo n'abikola, afaananyizibwa n'omuntu ow'amagezi azimba enju ye ku lwazi." (Matayo 7:24ff)*

*"Mmange ne baganda bange be baano abawulira ekigambo kya Katonda ne bakikola." (Lukka 8:21)*

*"Ssi buli muntu angamba nti 'Mukama Wange, Mukama Wange' aliyingira mu bwa kabaka obw'omu ggulu. Wabula abo abakola Kitange mu ggulu by'Ayagala. " (Mattayo 7:21; Lukka 6:46-49)*

Nga bwe tulaba okuva ku bigambo bya Yesu ebyawandiikibwa mu kitundu ekya Matayo ne Lukka, obugonvu bwaffe eri okwagala kwa Katonda bulina omuwendo ogw'olubeerera. Kintu kikulu nnyo buli mukkiriza okuwulira nga Katonda Ayogera naye era "*ky'anaabagamba kyonna kye mukola.*" *(Yokaana 2:5)*

*"Kubanga tewali muntu ayinza kusima musingi mulala wabula ogwo ogwasimibwa Ye – Yesu Kristo. Omuntu yenna bw'azimbanga ku musingi ogwo asobola okozesa bingi – zaabu, ffeeza, amayinja ag'omuwendo omungi, emiti, essubi oba bisasiro. Kubanga ku lunaku luli, omuliro gulikema buli kika kya mulimu gwa buli muntu. Omuliro gwenyinni gulikema omulimu gwa buli muntu bwe gufaanana. Omulimu gwa buli muntu bwe gulibeerawo, aliweebwa empera. Omulimu bwe*

*gulyokeebwa, alifiirwa, naye ye yennyini alirokolebwa, nga omuntu ayita mu kisenge ky'omuliro." (1 Abakkolinso 3:11-15)*

Okuwulira okuva eri Katonda kyetagisa nnyo eri buli mukkiriza okutuuka ku bulamu obw'obuwanguzi mu bu Kristayo!

Katonda Ayogera naffe mu ngeri nnyingi ez'enjawulo. Nga tusoma era nga tufumiitiriza ku byawandikiibwa, ebigambo bitutomera era nebitukwatako. Ebiseera ebimu kino kiba kya maanyi nnyo n'emibiri gyaffe ne gyesisiwala oba ne kitukaabya (oluusi netukuba n'ebiwoobe). Oluusi Katonda Atubikulira ebintu okuyita mu bifananyi oba birooto oba okuyita mu bintu ebitwetoolodde. Katonda oluusi Alondawo okwogerera mu "*kalobozi akatono ak'eggonjebwa*" *(1 Bassekabaka 19:12)* erijja mu kutegeera kwaffe nga ekirowoozo. Oluusi bwe tubeera n'ekirowoozo ekiteefu ekituukiridde era ekirungi Abeera Mwoyo Mutukuvu nga Ayogera ggyetuli. Jjukira Omubeezi Atubeera ate n'omulumiriza alumiriza.

**OBUJULIZI**

***Nasisinkana Yesu***

"*Nabeeranga munakuwavu nnyo era nga njagala okwetta okumala emyaka mingi. Nenenya olw'ebirowoozo by'okwetta era ne nsaba Yesu okujja mu mutima gwange. Nafuna okwolesebwa nga Yesu Azze mu maaso gange. Yali munene nnyo era ng'Alina ekisa kingi. Yankwata mu mikono gye era n'Ansitula n'Agamba, "Kaakano beera omujjulirwa wange era jjukila, Nze Ndi wamu naawe bulijjo." Najjula essanyu era ne ntandika okubuulira buli omu ebyali bintuseeko. Ebiseera ebimu tekibade kyangu kubuulira bantu ku Kristo. Ebyo bye biseera byenejjukanya by'Ankoledde era nti Akyali wamu nange."*

Yiino engeri endala ey'okuwuliriza Katonda nga Ayogera naffe. Tuyinza okumusinza okumala akaseera katono nga bwetutereza emitima gyaffe naye, nga twenenya era nga tusonyiwa nga bwe kitwetagisa (Zabbuli

139:23-24). Olwo tuula mu **kasirise** era Omubuuze ekibuuzo kyo. Ekirowoozo ekisooka okujjira mu mutwe, naddala nga si ky'obadde olowooza, oyo ayinziza ddala okuba Katonda ng'Ayogera naawe (bwe kiba nga ky'ofunye kiri mu kukaanya n'Ekigamba kye ekyawandiikiibwa – Baibuli).

> Mpulidde abantu nga bagamba 'Naleka omulimu gwange okuweereza Katonda'. Nze mbanukula bwenti, 'Lwaki temwawereza Katonda mu mirimu gyamwe?'
> (Duncan Watkinson, IRNET, 2004)

Katonda bw'Ayogera, Abeera Ayagala tuseeyo omwoyo ku ky'Agambye era tumwanukule. Tetuteekeddwa kuva mu 'kifo ekyo' wetuwulilira okubeerawo kwa Katonda nga tumuwulira Ali kumpi naffe. Wabula twongere tutuule kasirise, tuwulirize biki ebirala by'Ayinza okutwolesa. Tuyinza okumusaba okwongera okutunyonyola, gamba nga Atulambululira ekyo ky'Ayagala tukole. Bw'Atusaba okukola ekintu, tuteekedwa okumugondera nga tukikola mu bwangu era nga tukola ekisingayo obulungi. Abantu bangi mu Baibuli kino baakikola newankubadde nga kyalabika nga ekitali kya bulijjo eri abantu abalala (gamba nga Nuwa mu Oluberyeberye 6-10). Bw'Atugamba okukola ekintu tulina okukikola, nga tukkiriza nti Omwoyo Omutukuvu Ajja kutuyamba. Nga tukola Ky'Atugamba, Katonda Ajja kukola ekitundu ye Yekka ky'Asobola okukola. Mu ngeri ey'ekyewunnyo ggye yatolokamu mu kkomera *(Ebikolwa by'Abatume 12:7-8)*, Peetero yakola ekyamulagirwa okukola (yenaniika engatto ze n'ekizibaawo kye olwo n'agoberera malayika) nga Katonda Aweereza malayika okukutula enjegere era amusumulule!

Okwawula emyoyo kwetagisa okakasiza ddala oba Katonda Yayogera oba mubiri gwaffe oba omulabe y'alina byatusonseka. Eteeka erimu eryangu ely'okwawula emyoyo kwe kulaba oba kyolowozeza kirina ensibuko

yaakyo mu bwakabaka bw'ekitangaala oba mu bwakabaka bw'ekizikiza. Bwe kiba kirina akakwate mu ngeri yonna n'obwakabaka bw'ekizikiza, kyewaale era kileme kukwatako n'akatono. Setaani ateesa *(Oluberyeberye 3:1)*, Katonda Alagira *(Oluberyeberye 1:3 ne, 2:16-17)*.

Omusajja omukadde yali atudde ku lubalaza, nga yejjukanya obulamu bwayisemu era nga yebaza Katonda olw'emikisa gy'afunye era n'obuweereza obunene bwasobode okukola. Awo Mukama n'Ayogera naye n'Amugamba nti, "Naye mutabani, nakutuma kubeera muminsane mu Afilika." Omusajja yekaanga n'ayanukula ng'awakana nti, 'naye mutabani wange yalina ebizibu ebyo byonna mu mbeera y'obulamu bwe kale twali tuteekwa okusigala awaka awali obuyambi bw'aboluganda baffe abalala!' Era Katonda n'Addamu n'Amugamba nti, "Naye ekyo tekyaandituuse ku mutabani wo singa wangondera era n'ogenda mu Afilika." Omusajjaa yamala obulamu bwe obwali busigadeyo nga azaamu bantu maanyi banukkule okuyitiibwa Katonda kw'ateeka ku bulamu bwabwe.

(Joan Hunter, Healing the Whole Man Handbook, 2006)

Katonda bw'Aba ng'Akugamba okukola ekintu ekipya oba eky'omuggundu, Ajja kunyweza Ekigambo kye, ebiseera ebisinga okuyita mu bajjulirwa babiri oba basatu *(Ekyamateeka olw'okubiri 19:15; Matayo 18:16)*. Abantu abalala bwe bajja gyoli n'ekigambo 'eky'obunabbi' bwe kibeera kivudde wa Katonda, ebiseera ebisinga kiba **bukaakafu** bw'ekyo Katonda **kye Yakugambako**. Katonda Awa abantu banno abalala obubaka bwo osobole okukakasa nti ddala ddobozi lye era nti ayagalira ddala otegeere amazima g'Akugamba. Oluusi ensonga z'obunabbi teziba nambulukuffu bulungi *(1 Abakkolinso 13:9)*. Twetaaga okuyiita ennyo mu kusaba okwekeenenya kiki obunnabbi kye butegeeza era n'engeri ki ey'okubwanukula. Bwe kiba kyetagiisa okubawo

n’ekyokukola oba ekikolebwa, Ayagala tubeere bagonvu era tukikole mu bwangu nga bwe kisoboka.

Bwe tusosowaza okwagala kwa Katonda okusukuluma okwagala kwaffe, tuba twewadeyo gy’Ali. Kibera kukyusa bufuzi okuva mu ffe okwefuga mu bulamu bwaffe ku Ye okufuga obulamu bwaffe; ne tuva mu kugoberera ekibi era n’okwetuma ne tufuuka abagoberezi ba Yesu era abaweereza ba Katonda wansi w’obufuzi bw’Omwoyo Omutukuvu. Tugenda wa gy’Ayagala tugende, tukola by’Ayagla tukole, twogera by’Ayagala twogere era tubeera ekyo ky’Ayagala tubeere. Bwe tukakanya okwagala kwaffe mu kugondera Katonda ekyo kibeera okulaga obukozi bw’essaala ya Mukama waffe mu bulamu bwaffe – “*Obwa Kabaka bwo bujje, okwagala Kwo kukolebwe.*” Wabawo omutango naye okujjako nga ‘tufudde’ eri okwagala kwaffe era n’obusobozi bwaffe wetusobolera okukolera mu busobozi bwe obutali bwa bulijjo.

Bino bigattibwa wamu mu luyimba ‘Eri Yesu, byonna mbilese, eri Ye byonna mbimuwadde …’ (‘All to Jesus, I surrender, all to Him I freely give ...’ *)*

Eno saala y’Omutume Paulo ey’okukula mu mwoyo:

*“Bwe ndowooza ku bino byonna, ngwa ku maviivi gange era ne nsaba eri Kitaffe, Omutonzi wa byonna mu ggulu ne mu nsi. Nsaba nti okuva mu kitiibwa ky’obugagga bwe Ajja kuwa obusobozi n’amaanyi ag’omunda okuyita mu Mwoyo we. Olwo Yesu Alyoke Akole amaka ge mu mitima gyammwe nga mumwesize Ye. Emirandira gyammwe gijja kugenda wansi mu kwagala kwa Katonda era kibakuume nga muli bagumu. Era nsaba mube n’amaanyi okutegeera, nga abantu ba Katonda bonna bwe bateekeddwa nga bwe kuli okuggazi, okuwanvu, okuggulumivu era bwe kugenda ewaala okwagala kwa Katonda. Mutegeere okwagala kwa Kristo newankubadde kunene nnyo okutegeerwa mu bujjuvu. Olwo*

*mujjuziibwe n'okujjula obulamu n'amaanyi ebiva eri Katonda. Olwo ekitiibwa kiweebwe Katonda Asobola mu maanyi amasukulumu agakola mu ffe okutuukirizza ebisinga ku bye tuyinza okusaba oba okulowooza. Aweebwenga ekitiibwa mu Kkanisa era ne mu Yesu Kristo okutuusa emirembe n'emirembe egitagwaawo! Amiina." (Abaefeso 3:14-21)*

Kino Omutume Paulo kye yagamba nga ayogera ku kukula kwe mu mwoyo:



*"Nduubirira okutuuka awawakanirwa era nfune ekirabo ky'eggulu ekyo Katonda ky'Atuyitira okuyita mu Kristo." (Abafiripi 3:14)*

## *OKUYITIBWA*

Abantu bangi tebatuukiriza kuyitibwa Yesu kw'Alina ku bulamu bwabwe. Kino kiyinza okuba lwakuba nti tebamanyi kuyitibwa kwaabwe okwawuufu era n'obuweereza bwaabwe. Okuyitibwa kwaffe ***tekukwatagana*** na busobozi bwaffe obw'obutonde n'ebirabo Katonda by'Atuwadde. Kyetagisa ebirabo bye ebisukuluma eby'obutonde okukola emirimu gyateeka mu maaso gaffe. Mu ngeri eno tulina okwesigira ddala Katonda mu byonna olwo tujja kumanya nti mu maanyi gge mwe tusobodde okutuukiriza omulimu ogukoleddwa.

> *Kola olukalala lwa byonna by'okolera Katonda, olyoke webuuze: 'Ebintu bino mbikola kubanga Yandagidde okubikola?' Eky'okuddamu bwe kiba 'Nedda' oba 'Sikakasa' ku kibuuzo kyonna, olwo kikwetagiisa okuddamu welowoze nate.*
>
> (Duncan Watkinson, IRNET, 2004)

Ekisooka, okuyitibwa kwaffe kube nga kwesimbye ku kubeera bagoberezi ba Yesu. Newankubadde tukozesebwa muntu mulala oba nga tulina bya busubuzi; kyonna kye tukola, tulina okuba nga twenyikiira mu Yesu. Tuteekwa okwewaayo mu kusaba eri Yesu mu kutendereza Yesu, okuwa obujulizi obumukwatako era nga twewonga eri Mukama Waffe Yesu. Okukozesa ebigambo bya CH Spurgeon, 'Kino okubeera ekigendererwa kyaffe ekimu, tuyinza okulekelela ebitukwatako ebituwugula eri abo abataliiko kuyitibwa kwa waggulu. Bayinza okwataganya eby'obufuzi, okutebereza ebizibu byaffe mu byenfuna, okukubaganya mu bya sayansi, era n'okukakaanya enkaayana n'obutakaanya obuggya, naye ffe twewaayo okuweereza Mukama Waffe Yesu, ng'abalonde b'ekibiina kya Bakabona b'obwa Kabaka. Kuno kwe kuyitibwa okutukuvu eri buli mukkiriza..'

Eky'okubiri Yawa okutumibbwa okukulu eri abakkiriza BONNA *(Matayo 28:18-20; Makko 16:15-18; Lukka 24:46-48)*. Tagenda kukomawo okutuusa nga amawulire amalungi ag'enjiri gamaze okubuulirwa eri buli muntu mu buli kibiina kya bantu. Bunno bwe buvunanyizibbwa bwe Yawa **buli** mukkiriza.

Yesu era Awa abantu omulimu ogw'enjawulo oba okuyitibwa. Guno gubeera mulimu mwawufu nga gukwatagaana n'okutumibwa okukulu.

Olw'obutekakasa mu kuyitiibwa kwaabwe okwawufu, abategesi b'ekitabo kino bannyiikira nnyo okunoonya Mukama olw'ensonga eno okumala akaseera, ppaka bwe bazuula essaala eno ey'okusumulula

okuyitibwa.[9] Oluvannyuma lwa wiiki ssattu ez'okusaba essaala eno, Mukama Yababikulira okuyitibwa kwaabwe okuva gy'ali okwawuufu!

Oyinza okusaba essaala eno nga oyagala Katonda Asumulule okuyitibwa Kwe ku bulamu bwo.

**Essaala ey'okusumulula okuyitibwa**



"Kitaffe Ow'omuggulu, nsaba onyambe Ompe omutima nga ogugwo eri abantu b'ompitidde. Mu Linnya lya Yesu. Amiina."

Bwe tumanya okuyitibwa kwa Katonda ku bulamu bwaffe, kiri mu bulungi bwaffe okukukola kubanga kwe kwagala kwa Katonda okulungi ennyo gye tuli. Tubeera mu bukakafu nti eno yentegeka ya Katonda etuukiridde gye Yatutegekera – kino kye kyatutonderwa.

*Tosaba Mukama kulungamya w'oba olinnya bw'oba nga tewetegese kusettula bigere byo!*

*"Kubanga ffe tuli mulimu gwa Katonda omusukulumu. Yatutonda bupya mu Kristo Yesu, tusobole okukola ebikolwa ebirungi bye Yatuteekateekera edda." (Abaefeso 2:10)*

Era Yesu Asuubiza nti Ajja kubeeranga naffe bulijjo!

*"… mukwate byonna bye nnabalagira mmwe. Era Mwekannye kino: NZE ndi wammu nammwe ennaku zonna, n'okutuusa emirembe gino lwe giriggwaawo." (Matayo 28:20)*

[9] Esther Baker, *I once was a Buddhist Nun*, 2009, Intervarsity Press.

# EBY'OKUFUMIITIRIZAAKO OKUTEEKA MU NKOLA MU BUWEEREZA BW'OKUSABA

Ekkanisa oba omusumba alabilira obuweereza buno obw'okusaba ateekeddwa okubeera n'ekiwandiiko ekikkanyizidwako ekikwata ku byafumitirizako okuteeka mu nkola. Kino bwe kibulawo, bibiino eby'okugoberera ebiyinza okugobererwa.

## *EBY'OKUGOBERERA EBIYAMBA MU BUWEEREZA BW'OKUSABA*



**Obuweereza bw'okusaba bulina okuddukannyizibwa mu mateeka era n'olukusa n'obuyinza bw'omusumba abulabirira.**

Genderela: Mu buweereza bw'ekika kino omuntu ayambibwa ateekeddwa okwesabira essaala ze yenyini ez'okwenenya n'okusonyiwa nga ayatula mu lwatu. Mu ngeri eyo abaweereza abasabisa ababayamba basobola okuwuliliza ne babalungamya era oluvanyuma ne basaba wamu nabo mu kukkiriza *(Matayo 18:19).* Omuntu bwabeera nga tasabangako, kiyinza okwetagiisa abaweereza abakulembera essaala okubakulembela mu kusaba naye oluvannyuma balina okwesabira essaala zaabwe mu bigambo byaabwe mangu ddala. Essaala eziva ku mutima zisinga kubeera nga omuntu asabide mu bigambo bye. Kilina okunnyonnyolwa nti tebetaaga kukozesa bigambo bya lulimi lwa 'diini', Katonda amanyi emitima gyabwe.

- Weloboze ekifo ekiteefu, ekisirifu bwe kiba kisoboka.
- Tandika buli lutuula lw'obuweereza bw'okusaba n'essaala. Ekiseera ekyo kiweeyo eri Katonda era saba Abakulembere era Abalungamye.

- Kiba kisinga nnyo abaweereza abasabisa babiri okuyamba omuntu omu. Wakiri omu ku basabisa alina okuba nga afaananya ekikula n'omusabirwa; gamba mukazi ku mukazi; musajja na musajja. Bwe kiba kisoboka, tokiriza mukazi omu kuyamba musajja omu oba omusajja okuyamba omukazi omu. Singa abafumbo bajja bombiriri okuyambibwa, kisingako nnyo okwogera era n'okusaba nabo nga bawukanye okutuusa nga okubotola kutuukiddwako. Era nga beteeseteese okusisinkana awamu olw'okutabagana.
- Kiyinza okutwalako akabanga omuntu okwesiga omuweereza asabisa n'omutima gwe, na ddala nga alina obulumi bungi n'ebiwundu ebyekisaasaazi.
- Buli kaseera wuliriza okukulemberwa n'okulungamizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu mu lutuula lw'okuweereza kw'okusaba. Singa omu ku bawereeza abasabisa awulira nga alina ekigambo ky'okubikulirwa oba okwolesebwa, ateekwa okukigabana mu kasirise ne muwereeza munne mu lutuula olwo era basalewo bombi ekyokuddako okukola.
- Buli kaseera otunuliranga ekizibu okusinziira ku nkola ya Baibuli, nga okozesa ebyawandiikibwa okuva mu Baibuli. Buli muwereeza asabisa yetaaga okumanya Baibuli obulungi era nga asobola okuwa okulungamya okw'obwa Katonda oba okwa Baibuli ku nsonga ezo eziba zolekedde omuntu asabibwa.
- *"Fubanga okweraga nga osiimibwa Katonda, omukozi atakwatibwa nsonyi era annyonnyola mu butuufu Ekigambo kya mazima." (2 Timoseewo 2:15)*
- Goberela eteeka erya zaabu: *"Kola abantu abalala nga naawe bwewalyagadde bakukole." (Matayo 7:12)*
- 'Obwesigwa, okuyita mu '**teri lugambo**' eri omuntu yenna kyetagisa. Naye ate **tetusobola kusuubiza** kukuuma byama mu bwesigwa kubanga ebibuliddwa **biyinza** okwetaaga okugabanyizibwa wamu n'omusumba omukulu bwe wababawo ensonga ku ebyo omuntu by'ayogedde oba bye yenenyeza, gamba nga okukozesa abaana

abato. (Naye bw’oba osuubiza okuuma ekyama awo ate **oteekwa** okukuuma ekyama era tewabaawo muntu mulala **yenna** ategezeebwa.) Omuntu bw’ayatula okubera nga akola (oba bwagamba nti yali akola) ekintu ekimenya amateeka, kiyinza okwetagisa okwogerako nabo ku bikwata ku mateeka. Bayinza okusalawo okukomya awo olutuula lw’okubasabira. Balina era okutegezeebwa nti Katonda ayinza okubetagisa okuzaawo, okutereza oba okuza obuggya olw’ebyo ebyakolwa. Kino kiyinza okuba okutereza n’ensimbi oba okwenenyeza omuntu eyalumizibwa.

- Wekuume embeera ey’ekitiibwa, ekyawulira ddala obutaba na bugumikiriza, okuwoganira oba okutisatiisa omuntu ayambibwa. Omuntu bw’asaba okuyimiriza olutuula, luyimirizibwe mbagirawo. Omukisa gw’okukomawo gulina okulekebwawo, omuntu bw’aba nga ayagadde.
- Omuntu ayambibwa bw’aba tasiza kimu, mumuleke – temumuwaliriza. Ayinza okuba nga tanetegeka kwanganga buweereza obw’ekika kino. Kirina okubeera mu kiseera Mukama kye Yategeka.
- Tobanenya olw’ekyo kye bakola, kye bogedde oba ekyabakolwako.
- Tokozesa bigambo omuntu by’agabaanye. Tokozesanga ebigambo ebikubuliddwa ku bo mu ngeri yonna – oba mu bulambulukufu oba nedda gamba mu kubulira ku kituti oba ku lw’enfuna yo.
- Genderela buli kaseera (**n’amaso nga togazibye**!) omuntu ayambibwa, ne bw’oba nga osaba – ekintu kyonna kiyinza okumutukako oba ku ggwe ayamba!
- **EKITIIBWA KIDDIZE KATONDA BULI KISEERA.** Wekuume amalala – totwala kitiibwa kyonna ku ekyo Katonda ky’akoze.

## *ENYONGEREZA KU BY'OKUGOBERERA NGA OWEREEZA MU BAANA*

**Obukuumi eri abaana mu ntandikwa, nga obuweereza bugenda mu maaso n'oluvanyuma nga buwedde kikulu nnyo.**

- Buli mwana muntu alina omwoyo, emeeme n'omubiri. Abaana bonooneka olw'embeera ezikosa eziberawo n'olw'obutakuzibwa bulungi.
- Olukusa lw'abazadde oba omukuuza lulina okufuniibwa nga tonasaba na mwana. Omwana naye ateekwa okuba nga ayagala okusaba oba okumusabira.
- Watekeedwa okubaawo wakiri abantu abakulu abesigwa babiri wamu n'abaana ekisera kyonna. Mpolampola zimba obwesigwa mu baana ng'onnyumya oba nga ozannyazannya nabo.
- Jjukira abaana balina eddembe ly'okwesalirawo. Tokola kintu kyonna nga tobannyonnyodde era sooka kusabanga lukusa.
- Yigiriza omwana. Yamba omwana okwetegereza n'okumanya ebikyamu byayinza okuba nabyo era muyambe okukola okusalawo okutuufu.
- Tobuuza mwana bibuzo 'biragirira'. Eky'okulabirako: 'Taata wo yeyakukuubye?' Mu kifo ky'ekyo, buuza ekibuzo mu ngeri eno: 'Taata wo kiki kyeyazeeko okukola?'
- Suubira Omwoyo Omutukuvu okwogera butereevu n'omwana *(1 Samwiri 2:18; Matayo 18:3-4)*.
- Omwana bw'aba nga tayagala kwogera oba okugabana ku mbeera, muwumuzeemu ogezeeko okumukakaanya. Bwaba era nga tayagala kwogera kikukakaatako okumukkiriza agende.

- Obuweereza n'omwana tebuteekwa kusuka ku saawa emu.
- Omwana bwabeera nga yakubibwa oba yayisibwa bubi, muzeemu amaanyi okutuusa lw'anasonyiwa omuntu oyo gwe kikwatako. Kino kirina okuweebwa ebbanga.
- Okuyisa obubi omwana tekiteekwa butafibwako. Okuyisa obubi omwana bwe kiba kilowoozebwa oba bwe kilonkomebwa, eky'okukola ekiggwanidde kiteekwa okutukibwako mu kukwatila awamu n'omusumba omukulu bwe kiba kyetagisa, okukuuma obulungi bw'omwana. Kino kiyinza okutegeeza okujja omwana mu mbeera gy'alimu embi bw'aba atulugunyizibwa.

## *ENYONGEREZA KU BY'OKUSUMULULWA*

Bwobeera nga osaba n'abantu mu ngeri enyonyoddwa, okusumululwa kuyinza okuberawo naye okusinga sinakulabikirwa myoyo mibi. Oluusi abo ababeera bayambibwa bayinza okufuna okulabikirwa okwengeri etategerekeka (gamba nga obukoowu obutaali bwa bulijjo, okwevulunga ebiggwo, okukankana, okumozoola amaaso). Kino kiyinza okwoleeka ekibi ekyawufu ekitekeedwa okukolebwako. Bwe kitandika, omuntu yetaaga okubuuzibwa okuzuula ekibi ekyo. Omuntu nga bwe yenenya oba okusonyiwa okuva mu mutima olw'ekibi ekyo, okutawanyizibwa oluusi kulekera awo kubanga obwanannyini bw'omulabe buba bumugiddwako *(Engero 26:2; Abaefeso 4:27)*. Ebiseera ebisinga okuberawo kw'ekibi kujja kuva mpola ku muntu awatali kabonero naye oluusi omuntu ayinza okwebejjagala, okukolola oba okwayuuya. Naye okweyoreka kw'emyoyo emibi kiziyiza obuweereza, abaweereza abasabi bayinza okutwala obuyinza mu Linnya lya Yesu era nebagoba emizimu.

Ebiseera ebisinga tekyetagisa kwogera oba okuwoganira emizimu emibi. Wabula, essira tuliteeke ku mulimu gw'okutukuzibwa, n'omulimu gw'omusaayi gwa Yesu okutusonyiwa, okutenderezanga Katonda, okumusabanga era n'okusabiranga mu Mwoyo (mu nnimi). Naye omuntu bwa yatula ebibi era ne yenenya oba okusonyiwa okuva mu mutima ggwe, Katonda Aggyawo ebibi byaabwe era abasumulula okuva mu kuberawo kw'obubi kwonna okubadde kwe gazaanya olw'ekibi ekyo. Oluvannyuma, omuntu aba akimanyi nti Katonda akoze omulimu ggwe ogw'okutukuza mu bbo. Bajja kuwulira eddembe era babe ba ddembe.

Abanonnyereza bakizudde nti abantu abamu ku bantu abafuna okweyoleeka baali baKristyo abalokoka edda. AbaKristayo abamu bagamba nti kubanga buli muKristayo omukkiriza alina 'Kristo mu ye', olwo kiba kizibu nnyo omuKristayo okuba n'emizimu emibi. Oba kiki ky'okiririzamu ekikwata ku mizimu, kyeraga nti omuKristayo asobola okufugibwa obubi. Bwe twongera okwewaayo eri Yesu Kristo era ne

tumukiriza okufuga n’okubukaala mu bulamu bwaffe, Ye ayanika ebibi byaffe, ebibivamu era n’ebitwetoolodde era Ajja kubiggyawo bwe tumusaba Ye. Era nga bwe tukomerera obuzaaliranwa bwaffe obubi era nga tusonyiwa abalala, Kitaffe ow’omu ggulu Atununula okuva mu bubi. *(Matayo 6:12-13*).

## *BY'OYINZA OKUGOBERERA NGA OTEGEKA OLUTUULA LW'OBUWEEREZA*

**Genderela**: Olutuula lw'obuweereza lusobola okumala ebbanga okuva ku ddakiika ekummi n'etaano okutuuka ku saawa ennyingi, n'olwekyo tegekala nga essaawa satu buli muntu. Singa omuntu abeera tayambiddwa mu ssaawa satu ate nga essaawa mbale, komekkereza olutuula era okole entegeeka y'okusisinkana nabo olunaku olulala.

1. Nga okozesa EBYOKUGOBERERA MU BUWEEEREZA (waggulu), zaamu omuntu ayambibwa amaanyi okwogera ku buzibu obuli ku mutima ggwe naawe. Mukakase nti w'oli okumuyamba okusemberera Katonda. Basomere ekyawandikiibwa ekisanidde gamba nga Yakobo 5:16.
2. Jjukira 2 Timoseewo 2:15: "Fubanga okweraga nga osiimibwa Katonda, omukozi atakwatibwa nsonyi, era annyonnyola mu butuufu ekigambo eky'amazima"
3. Yogera n'omuntu era kakasa ensonga mu bulamu bwe ezetaaga okwenenya oba n'okusonyiwa. Kiyinza okuba nga tekilabikirawo era kiyinza okuba nga omuntu sikyabadde asuubira okusabiramu. Kino kikole mu bwegendereza nga okozesa ebyawandiikibwa okuva mu Baibuli. Jjukira, Omwoyo Omutukuvu y'Alumiriza – ssi ffe. Bajjukize baberere ddala beerufu mu maaso ga Katonda.
4. Saba omuntu ayambibwa okusaba ng'ayogera olyoke osobole okuwulira era n'okukkiriziganya naye mu ssaala ze. Okwatula ekibi mu Baibuli kwogere waggulu buli kiseera.
5. Wuliliza omuntu era omwekeneenye nnyo okulaba kiki Katonda ky'Akola. Engeri ggye balabikamu etegeeza oba ogende mu maaso, oba olekele awo, oba okyuuse enkola, ekiseera kyonna nga owuliliza Omwoyo Omutukuvu.

6. Bayambe okuberera ddala abakukuutivu era abeerufu ne Katonda nga basaba, okumennya ebintu ebyaliwo byenyinni era n'amannya g'abantu nga bwe basaba, gamba 'Nakuba muganda wange omuwala era nali namunyigira nnyo, nyamba onsonyiwe' okusinga okuddingana ebigambo nga 'Atenderezebwe Mukama, Atenderezebwe Mukama, Atenderezebwe Mukama.' Kino kibayamba okutwala obuvunannyizibwa olw'ebibi byaabwe. Babagule basabile ebiva mu kibi era bongere nate okwenenya era n'okusonyiwa nga bwe kiggwanidde.



7. Oluvannyuma nga bamaliriza essaala y'okwenenya, basomere 1 Yokaana 1:8-10 era obakakase nti basonyiiddwa ekibi ekyo kyennyini.

8. Oluvanyuma lw'okusonyiwa era n'okwenenya olw'enkolagana ezitali za bwa Katonda, oyinza okumenyawo enkwanso zonna mu kusaba. Oyinza okusazaamu enkwanso mu bunaabi nga okozesa Baibuli yo, 'ekitala eky'Omwoyo'. Omuntu bwamala okwegaana endagaano zonna n'ebigambo ebitazimba ebyayogerwa, oteekeddwa okumenyawo amaanyi gaabyo ku bbo (mu kusaba) mu buyinza bw'erinnya lya Yesu era osabe Katonda okubanaaza n'okubatukuza mu musaayi gwa Yesu.

9. Saba omuntu ayanirize Yesu n'Omwoyo Omutukuvu bajje buziba mu mutima gwabwe era bajjuzibwe nate n'okwagala kwa Katonda era bamusabe Abajjuze Omwoyo Omutukuvu Atulukuke.

10. Yaniriza omuntu ayambibwa asabe Yesu Ayogereko naye era amuwulirize Ye mu kasirise. Eno kebeere essaala enyimpi ennyo olwo, mu bbanga eggwanvuko, kasilise; bawulilize Katonda ng'Ayogera naye. Katonda Ayinza okukozesa ekigambo, ekyawandiikibwa, ekifaananyi oba 'okutebereza' oba nga omuntu 'awulira' ng'alina ky'atukiriza.

11. Lekawo akaseera Katonda Asobole okuweereza eri omuntu nga ggwe bw'omusabila omukisa mu kasirise.

12. Oluvannyuma lw'akabanga mubuuze akubuulire ekyaberaawo, engeri gye bawuliramu era n'ekyo kye batebereza Katonda k'Akoze. Bwe waberawo ekyawandiikibwa ky'omanyi ekituukana ne bye bafunye okuva ewa Katonda olwo kibasomere era kibawandiikire. Eky'okulabirako, singa babeera balyabye ekitangaala balage ekyawandiikibwa nga 'Yesu yagamba "Nze tabaaza y'ensi" (Yokaana 8:12). Katonda Ayinza okukuwa 'ekigambo' oba 'ekifaananyi' (okubikkulirwa) ku lw'omuntu oyo.

13. Babuuze bakubulire bwe balowooza ku lutuula bwe baba bagala.

14. Omuntu muwe omukisa era omuleke agende.

15. Oluvannyuma lw'olutuula lw'obuweereza lw'okusaba, saba n'abaweereza abalala abasabisa era saba Katonda Akutukuze, naddala mu bwongo bwo, okuva ku ebyo by'owulidde. Saba akujjuze n'okwagala kwe era Akujjuze bupya n'Omwoyo gwe Omutukuvu.

# ANNEX


**OBUJULIZI**

***Yesu Atuyimusa Waggulu***

*"Mukyala wange nange twasabila mu buli lupapula lw'ekitabo kino, gattako essaala eno ey'okuyitibwa. Nga wayiseewo akabanga Mukama Yatandika okukintekako nti nali nina okwewaayo nve mu buweereza ggye nali nkoledde okumala emyaka era ntandike obuweereza obw'okutambula nga nsomesa enjiri. Mu myezi esatu Mukama Yali Ankoledde ekintu ekyali kitasubilikkika. Yanziguliriawo ekkubo nendeka omulimu gwange era mukyala wange nange netwemalilira. N'amaziga ag'essanyu mukyala wange yagamba 'Ku mulundi guno okusooka gyonna, nina esuubi ku lwa maka gaffe.' "*

# *ENKALALA Z'OKWENENYA MU NDAGAANO EMPYA*

*“Kubanga bonna bayonoona, ne batatuuka ku kitiibwa kya Katonda” (Abaruumi 3:23).*



Ekibi kyonoona enkolagana yaffe ne Katonda era ne kimutwawulako. Waliwo enkalala 21 mu Ndagaano Empya nga mulimu ebibi ebisuka mu kikumi. Mu nkalala zino mulimu Amateeka ekkumi, okujjako eteeka ery'okuna – okukuuma olunaku olwa Sabiiti *(Abaruumi 14:5-6).* Gongera okuwa okutegeera okw'e buziba eri eteeka lya Yesu epya. *“Mwagalanenga: Nga nze bwe nabagala, nammwe bwe muba mwagalana.” (Yokaana 13:34).*

*Okumanya ebibi byaffe kiri munda mu mitima gyaffe, naye tulina obuzibu okujjukira. Mwoyo Mutukuvu Amanyi era Ajja kutuyamba.*

*“Onkebere, ai Katonda, omanye omutima gwange: Onkeme, omanye ebirowozo byange: Olabe ng'ekubbo lyonna ery'obubi liri mu nze, Era onnungamyenga mu kubbo eritakoma.” (Zabbuli 139:23-24)*

*“Naye Omubeezi, Omwoyo Omutukuvu, Kitange gw'Alituma mu Linnya lyange, oyo Alibayigiriza byonna, Alibajjukiza byonna bye nnabagamba.” (Yokaana 14:26)*

*Osobola okumusaba Akulage wa **ggwe** wewayonoona nga bw'osoma ebyawandiikibwa bino:*

*Matayo 15:18-20*

*Makko 7:21-23*

*Abaruumi 1:29-32*

*Abaruumi 13:7-9*

*Abaruumi 13:13-14*

*1 Abakkolinso 5:9-11*

*1 Abakkolinso 6:9-10*

*2 Abakkolinso 12:20-21*

*Abaggalatiya 5:19-21*

*Abaefeso 4:17-19*

*Abaefeso 4:25-31*

*Abaefeso 5:3-4*

*Abakkolosaayi 3:5-6*

*Abakkolosaayi 3:8-9*

*1 Timoseewo 1:9-10*

*2 Timoseewo 3:1-5*

*Tito 3:3-5*

*1 Peetero 2:1*

*1 Peetero 4:2-4*

*Okubikkulirwa 21:8*

*Okubikkulirwa 22:14*

Emiganyulo mu kwenenya mingi. Ebyawandiikibwa ebimu ebiraga emiganyulo gino bye bino:

*Zabbuli 19:12-13*

*Zabbuli 32:1-5*

*Zabbuli 66:16-20*

*Engero 28:13*

*Isaaya 55:7*

*Lukka 13:3*

*Ebikolwa by'Abatume 17:30*

*1 Peetero 3:7, 12*

## *EBY'OKWENENYEZA EBIMU EBYA BULIJJO*

Olukalala lunno **SI** lujjuvu naye lwa kukulungamya bulungamya mu nsonga z'okwenenya. Bwe twenyigila mu bye tukola oba ne tukola ekintu ekinkotana n'Ekigambo kya Katonda; Baibuli, olwo tusobya, ne Katonda Ayagala tubileke, twenenye, era tufune okusonyiibwa kwe. Bwe tuwulira obubi olw'ekintu kye tukoze, Ayinza okubeera Mwoyo Mutukuvu ng'Atulumiriza era ng'Atulaga nti kikyamu.

*"Bw'okola ekintu ky'okkiriza nti si kituufu oba oyonoonye." (Abaruumi 14:23b, Yakobo 4:17)*

***MUKAMA Ekigambo kyo kyogeera nti....***

| | |
|---|---|
| *Abakkiririza mu bubonero bw'omu bbanga* | *Isaaya 47:13-14; Yeremiya 10:2* |
| *Amabbanja/Obutawa kimu kya kkumi* | *Malaki 3:8-12; Abaruumi 13:7-9; Yakobo 1:5-6* |
| *Amalala* | *2 Ebyomumirembe 32:26; Engero 16:5; 2 Timoseewo 3:2; Yakobo 4:6, 10; 1 Peetero 5:5* |
| *Ebifanaanyi ebibumbe* | *Okuva 20:4-5; Ekyamateeka Olw'Okubiri 4:15-19, 6:13-18, 7:25-26, 12:2-4; Yeremiya 10:3-5; 1 Yokaana 5:21* |

| | |
|---|---|
| *Ebigambo ebibi* | *Engero 18:21; Matayo 5:22; Matayo 12:36-37; Abaefeso 4:29; Abafiripi 4:8; Yakobo 1:26, 3:10* |
| *Ebikolimo* | *Ezeekyeri 13:20* |
| *Ebirowoozo ebibi* | *Makko 7:21; Abaruumi 12:2; Abafiripi 4:8* |
| *Ebirowoozo eby'okwetta* | *Okuva 20:13; Ebikolwa By'Abatume 16:27-28; 1 Abakkolinso 3:16-17, 6:19-20; Abaefeso 2:10; Yakobo 1:18* |
| *Eby'ensi* | *Abaruumi 12:2; 2 Timoseewo 3:4; Tito 2:12; 1Yokaana 2:15-17* |
| *Ekibi eky'obwenzi* | *Okuva 20:14; Ebikolwa By'Abatume 15:20; 1 Abakkolinso 3:16-17, 6:15-20; Abaggalatiya 5:19-21; 1 Abasessaloniika 4:3; Abaebbulaniya 13:4; Yuda 1:7* |
| *Emputtu/obukakkanyavu* | *1 Samwiri 15:23; 2 Ebyomumirembe 30:8-9; Abaruumi 2:5* |
| *Enguzi* | *Ebyabaleevi 19:35; Engero 20:23; Lukka 3:12-14; Abaruumi 13:6-7* |
| *Etamiiro* | *Engero 23:29-35; Isaaya 5:11-12; Abaggalatiya 5:21; Abaefeso 5:18; 1 Timoseewo 3:2-3* |
| *Ettemu* | *Zabbuli 7:16; Engero 16:29; 1 Timoseewo 3:3; Tito 1:7-8* |

| | |
|---|---|
| *Obubbi* | *Okuva 20:15; Lukka 19:8; Abaefeso 4:28* |
| *Obubonero bw'omu bbanga* | *Ebikolwa By'Abatume 18:10; Yeremiya 10:2* |
| *Obufuusa* | *Ezeekyeri 13:18, 20; Ebikolwa By'Abatume 19:18; Okubikkulirwa 9:21, 22:15* |
| *Obugayaavu* | *Engero 24:30-34; 1 Abakkolinso 9:27; Yakobo 1:22; 2 Timoseewo 2:15* |
| *Obuggya* | *Engero 14:30; Abaruumi 13:12-14; 1 Abakkolinso 3:3; Yakobo 3:16-18, 4:1-3* |
| *Obujeemu* | *Okubala 16, 27:12-14; Ekyamateeka Olw'Okubiri 9:7; 1 Samwiri 15:23; Yokaana 2:5, 14:15* |
| *Obukaawu* | *Abaefeso 4:31; Abaebbulaniya 12:15* |
| *Obukoddo* | *Zabbuli 112:4, 5, 9; Engero 19:17; Matayo 5:42; Lukka 3:11, 6:38; Ebikolwa By'Abatume 2:44-45; 1 Yokaana 3:17* |
| *Obukyayi* | *Matayo 5:43-45; 1 Yokaana 2:9-11, 3:15, 4:20-21* |
| *Obulogo* | *Ezekyeeri 13:18, 20* |
| *Obuluvu* | *Ezeekyeri 16:49; Abaefeso 5:5; Tito 1:12* |
| *Obunanfuusi* | *Matayo 7:3-5, 23:1-33; Lukka 13:14-16; Abaggalatiya 2:11-13* |

| | |
|---|---|
| *Obusamize* | *Eby’abaleevi 19:31; Ekyamateeka Olw'Okubiri 18:9-14; 1 Samwiri 15:23; Ebikolwa By'Abatume 19:19; Abaggalatiya 5:19-21; Okubikkulirwa 21:8* |
| *Obuseegu (laba olwaaka)* | |
| *Obusungu* | *Engero 15:18; Matayo 5:22; Abaggalatiya 5:20; Abaefeso 4:26-32; Abakkolosaayi 3:8; Yakobo 1:19-21* |
| *Obutaagalwa* | *Yokaana 15:17; Abaruumi 1:31; Abaggalatiya 5:14; 1 Yokaana 4:7-8* |
| *Obutaba na kisa* | *Matayo 7:12; Yakobo 1:27, 2:14-17* |
| *Obutagumiikiriza* | *Okubala 21:4-5; Yakobo 1:12; 2 Peetero 3:9* |
| *Obutakaanya* | *Zabbuli 133 [ekontana n'obutakaanya]; Abaggalatiya 5:14-15* |
| *Obutakkiriza* | *Zabbuli 118:8; Matayo 13:58; Makko 9:19-24; Lukka 1:37* |
| *Obutali butuukirivu* | *Ebyabaleevi 11:44; Abaruumi 1:29; 2 Timoseewo 3:2; 1 Peetero 1:15-16* |
| *Obutamannya* | *Isaaya 5:13; Koseya 4:6; Ebikolwa By'Abatume 17:30-31* |
| *Obutasaba* | *1 Samwiri 12:23; Makko 14:37-38; Abafiripi 4:6; 1 Abasessaloniika 5:16-18* |

| | |
|---|---|
| *Obutasiima* | *Ekyamateeka Olw'Okubiri 28:47-48; Lukka 17:17-18; Abafiripi 4:8; 2 Timoseewo 3:2* |
| *Obutasonyiwa* | *Matayo 6:14-16, 18:21-35; Makko 11:25-26* |
| *Obutawa kitiibwa* | *Ekyamateeka Olw'okubiri 5:16; 1 Abakkolinso 11:28-30; Abaefeso 6:2* |
| *Obutayagala Katonda mu bujjuvu* | *Okuva 20:3; Ekyamateeka Olw'Okubiri 6:5; Matayo 6:33; Makko 12:29-30; Yakobo 1:5-8; Okubikkulirwa 2:4-5; 3:15-16* |
| *Obutemu* | *Okuva 20:13; Matayo 5:21-22; 1 Yokaana 3:15; Okubikkulirwa 21:8* |
| *Obwenzi* | *Matayo 5:28-32; 1 Abakkolinso 6:9-10* |
| *Obwenzi (laba ekibi eky'obwenzi)* | |
| *Okubuusabuusa* | *Matayo 21:21-22; Makko 9:23-24; Yakobo 1:5-8* |
| *Okudyekadyeka omubiri mu mizanyo* | *Okuva 20:3-4; 1 Abakkolinso 6:9-11; Abaggalatiya 5:19; 1 Yokaana 5:21; Okubikkulirwa 22:15* |
| *Okufumbirwa atali mukkiriza* | *Yoswa 23:12-13; 1 Bassekabaka 11:2-4; Ezera 9:12; 2 Abakkolinso 6:14* |

| | |
|---|---|
| *Okugaanibwa* | *Isaaya 49:14-16a; Matayo 5:43-45; Abaefeso 1:5-6; 1 Abasessaloniika 4:9; 1 Yokaana 2:7* |
| *Okugattululwa mu bufumbo* | *Malaki 2:15-16; Makko 10:2-12; 1 Abakkolinso 7:10-11; Abaebbulaniya 13:4* |
| *Okujjemera abazadde* | *Okuva 20:12; Abaefeso 6:2; Abakkolosaayi 3:20* |
| *Okujjemera Katonda* | *Ekyamateeka Olw'okubiri 28:1; Zabbuli 2:12; Lukka 6:46-49; Yokaana 14:23-24; Yakobo 1:22-25, 4:17* |
| *Okukola obubi* | *1 Abakkolinso 6:10* |
| *Okukuba mukyala wo* | *Engero 31:10-31; Abaefeso 5:25-26; Abakkolosaayi 3:19; 1 Timoseewo 3:3; Tito 1:7; 1 Peetero 3:7* |
| *Okulayira* | *Matayo 5:33-37; Yakobo 5:12* |
| *Okulimba* | *Okuva 20:16; Abaefeso 4:25; Abakkolosaayi 3:9; Okubikkulirwa 21:8* |
| *Okulya ebisiyaga* | *Eby'Abaleevi 18:22; Abaruumi 1:26-27; 1 Abakkolinso 6:9-10* |
| *Okulyazaamanya* | *Engero 20:23; Makko 7:22; Lukka 16:10-13; Abaruumi 13:6-7* |
| *Okusala emisango* | *Matayo 7:1-2; Abaruumi 14:13; Yakobo 4:11-12* |

| | |
|---|---|
| *Okusamila* | *Eby'Abaleevi 19:26, 31; Ekyamateeka Olw'Okubiri 17:2-7, 18:9-14* |
| *Okusinza ebifanaanyi ebibumbe* | *Okuva 20:3-4; Ekyamateeka Olw'Okubiri 6:13-18, 32:16-18; Zabbuli 106:34-39; Koseya 4:12; 1 Abakkolinso 6:9-11; Abaggalatiya 5:19-20; 1 Peetero 4:3; 1 Yokaana 5:21* |
| *Okusunguwala amangu* | *Zabbuli 37:8; Engero 14:17, 29:22; Abaefeso 4:31; Tito 1:7* |
| *Okutya* | *Isaaya 41:10, 43:1; Matayo 10:28-33; Abaruumi 8:15; 2 Timoseewo 1:7; 1 Yokaana 4:18* |
| *Okuvoola* | *Okuva 20:7;  2 Timoseewo 3:2* |
| *Okuvumilira* | *Abaruumi 14:13; Abaefeso 4:2; Abafiripi 4:8* |
| *Okuwa enguzi* | *Okuva 23:8; Ekyamateeka Olw'okubiri 10:17, 16:19-20; Yobu 36:18; Omubuulizi 7:7; Lukka 3:14* |
| *Okuwakanya Omwoyo Omutukuvu* | *Ebikolwa By'Abatume 7:51; 1 Abasesssaloniika 5:19-21; 2 Timoseewo 3:5;  Abaebbulaniya 10:29* |
| *Okuwonyezebwa okw'omwoyo (okutali kwa Baibuli)* | *2 Ebyomumirembe 16:12-13; Abakkolosaayi 2:8* |

| | |
|---|---|
| *Okuwoolera eggwanga* | *Ebyabaleevi 19:18; Zabbuli 94:1; Obaddiya 15; Matayo 5:43-48, 6:14-15; Abaruumi 12:19; Abaebbulaniya 10:30-31* |
| *Okuyoogaana* | *Abaefeso 4:31; Yakobo 4:1-2* |
| *Okwaaka* | *Matayo 5:28-29; Makko 7:21; Abaruumi 1:26-27; Abaggalatiya 5:19; 2 Timoseewo 2:22; 1 Peetero 4:3* |
| *Okwefaako wekka* | *Abaruumi 2:8; Abafiripi 2:3-4; Yakobo 3:16* |
| *Okwegaana Yesu* | *Matayo 10:32-33; Abaebbulaniya 10:29; 1 Yokaana 2:22-23* |
| *Okweggulumiza* | *Matayo 23:6-7; Lukka 18:9-14; Abafiripi 3:8-9* |
| *Okwegomba* | *Okuva 20:17; Abakkolosaayi 3:5; Yakobo 4:2* |
| *Okwegulumizanga* | *Matayo 6:33; Abaggalatiya 5:20* |
| *Okwekiriranya* | *Lukka 9:62; Okubikkulirwa 2:4; Okubikkulirwa 3:2-3, 16* |
| *Okwekkubiila* | *Ebikolwa By'Abatume 10:34-35; Abaruumi 2:11; Abaefeso 6:9; Abakkolosaayi 3:25; Yakobo 2:1-9* |
| *Okwekulumbaza* | *Yakobo 4:16* |

| | |
|---|---|
| *Okwelaguza* | *Eby'Abaleevi 19:26b, Ekyamateeka Olw'okubiri 18:10; Yeremiya 10:2; Ebikolwa By'Abatume 16:16* |
| *Okwemanya* | *Makko 10:44; 2 Timoseewo 3:2* |
| *Okwemulugunya* | *Okuva 16:2; 1 Abakkolinso 10:10; Yakobo 5:9* |
| *Okweraliikirira* | *Matayo 6:25-34; Abafiripi 4:6-7; Yakobo 5:7* |
| *Okwesiga amaanyi go* | *Zabbuli 118:8-9; Abaruumi 4:3; Abaggalatiya 2:16, 3:6-12; Abaefeso 2:8-10; Abaebbulaniya 11:6* |
| *Okwewandiika ku mubiri (tatu)* | *Ebyabaleevi 19:28* |
| *Olugambo* | *Eby'Abaleevi 19:16; Abaruumi 1:29-30; 2 Abakkolinso 12:20* |
| *Omululu* | *Ebikolwa By'Abatume 2:44-45; Abaefeso 5:5; 1 Timoseewo 6:10* |


# *OKUKOLA EKIPANDE KYE BYAFAAYO BYA FAMILE YO*

Ekipande kye byafaayo bya famile kitusobozesa okutunula ku mirembe emyawuffu mu famile zaffe mu ngeri y'obufananyi. Ekipande kino kituyamba okwawuula emitendera, gyemikisa oba/n'ebikolimo mu famile zaffe; okumala emirembe ngagigyo. Famile ssinyangu zakutegeera n'olwekyo tuyinza obutalaba njawulo zonna okutuusa bwetukola ekipande ky'ebyafaayo ne tukyekkenennya.

Bwe tukuba ekipande kya famile tukozesa obufananyi okukkikilira abantu ate obunnyiliri okukikkilira enkolagana za bantu mu famile. Kino kituyamba okukuuma ekipande nga kyangu, okulaga buli ali mu famile;

i. Omusajja akikkilirwa aka boxi aka square  ate omukazi akikkilirwa circle 


ii. Obufumbo bukikkilirwa akanyiriri akagatta omusajja n'omukazi



abafumbo

iii. Abaana abazaaliddwa okuva mu bufumbo bakikkilirwa ettabi eliva ku bafumbo

Kano kalaga famile ennyangu ey'abafumbo abalina abaana basatu.




*abafumbo*

*baana b'abafumbo*

Mu kafaananyi kano omwana omubereberye yali muwala, addako mulenzi, n'owokusatu mulenzi.


Mu kafaananyi akaddako abaana bonna bafumbiddwa.



*abafumbo*

*Abaana abazaalibwa omwami n'omukyala*

Wano abaana basatu mu mulembe ogw’okubiri nga nabo bazadde abaana. Ekipande kati kituulaga emirembe esatu: bajjajja, abazadde, n’abaana.



*Bajjajja*

*Abazadde*

*Abaana*

Ku kipande kino omwana asooka owa ba jjajja yali muwala. Yafumbirwa n’azaala omuwala omu n’abalenzi babiri. Omwana omulenzi owa ba jjajja mulenzi. Yawasa n’azaala omwana omu omuwala. Omwana wa ba jjajja ow’okusatu naye muwala. Yafumbirwa n’azaala abalenzi babiri. Abaana ab’omulembe ogw’okusatu bonna bakizibwe.

Mu kipande ky’ebyafaayo ekya famile yo osobola okugattako emirembe gyonna gy’omanyi.

Kuba ekipande ekya famile yo. Kuba ng’olaga bonna abali mu famile yo, mulembe ku mulembe nga otandikila ku ba jjajja bbo mu ngeri elambikidwa waggulu. Oyinza okwagala okukkozesa amanya g’abantu bennyini. Kino kikwanguyiila okwawula buli omu. Kola ebipande byawufu; ekya famile ya maama wo, n’ekya famile ya taata. Olwo kozesa engeri ennyangu oy’okufaanannya; gamba kusiiga laangi oba bufaanaanyi


oba nnyukuta; ng’oteeka kumpi n’omuntu oli aba akwatibwako embaala ggye wekaannya.

Ng’okozesa ebibonyoobonnyo ebilaambikiddwa wamanga tunulira kimu ku kimu nga otandikira ku kisooka. Oyinza okukisanga nga waliwo ensonga nnyingi mu famile yo ze wandiiyagadde okwekaannya. Zijjuzeemu ku kipande mu ngeri y’emu.

1. Ebizibu byobufumbo (kwawukana/divosi/bakyala bangi/bwenzi)
2. Endwadde zinamutta/kuffa mangu
3. Bizibu bwa bya nsimbi
4. Famile kubulwa ssanyu/ yamennyekamu
5. Endwadde z’olutenteezi/ kuggwa ddalu/buleema
6. Buzibu bwa kuzaala/bugumba
7. Bubenje
8. Butaamivu
9. Butakola/bisuubizo ebitatukilizibwa
10. Kujjoogebwa.

Ebimu ku bibonyoboonyo bino biyinza obutaba mu famile oba nga bikkuumibwa mu kyama.

Eky’okulabirako engeri ey’okozesaamu ekipande kya famile.



X = yaffa muto

/ = obufumbo bwamenyeka

Ekipapi ekiddugavu = obulwadde bw’omutwe oba okwenyika

Gendelera nti mu kipande ky’ebyafaayo kino buli omwana ow’okubiri mu buli famile {bonna balenzi} balina ekizibu ky’okwekyaawa.

Ngokkozesa langi ez’enjaawulo n’obufaananyi, oyinza okulaga ebibonyoobonyo eby’enjawulo.

Saba nga bw'olowooza ku famile yo. Saba Omwoyo Omutukuvu okukulaga ebintu ebikwata ku famile yo by'Ayagala olabe.

Osobola okukola ebipande ebiwerako ng'olaga ebintu bingi - emikisa oba ebikolimo; embeera ne neyisa (ey'obwa Katonda n'ey'ekibi). Kirungi okwebazanga Katonda olw'ebirungi by'Atugabila mu famile zaffe. Naye bwe wabaaawo okunyiigirizibwa oba ebinyigiriza ebiddingana mu bantu bo; olwo famile yo eba teri wansi wa mukisa era eyinza okubeera nga etambulira wansi wa kikolimo.

Soma ekitundu ku "Okununulwa kw'obusika obutukuvu" okumanya kiki ekiyinza okuvako ebikolimo ebyo na kiki ekisobola okubiwonya n'engeri ey'okunnyweza ekyo Yesu kye Yakolela, ggwe ne famile yo okubasumulula mu kibi.

**OBUJULIZI**

***Yesu yayanjula ekibi kya famile yange***

*"Okuyita mu "Bulamu obw'obuwanguzi obw'obu Kristayo" kyaleeta okuteebwa okupya gyendi. Nga maze okukuba ekipande kya famile kyange, nakebera okulaba oba nga waliwo ekibi kyonna eky'obuzaliranwa mu nyiliri, naye tewaliwo kya mangu kye nalaba. Ng'okusomesa kunatela okugwa, nekaliriza ekipande nga ntunulira obu boxi obwa Taata wange ne baganda be, balabika nga 'abanyiivu' ku lupapula. Nagezaako okuddamu okwetegereza n'amaaso gange naye era obu boxi nga bulabikira ddala nti 'bunyiivu' ku lupapula. Amangu ago munda yange nawulira okwagala okusaba n'okusaba Katonda okusonyiibwa n'okwenenya n'okwegaana ebibi byange eby'edda era n'ebya Taata wange ne baganda be. Wamu n'owoluganda omulala nayita mu kuyambibwako kw'okusaba. Okumaliriza nayita Yesu okujja mu mutima gwange nate Addemu Anzijuze buggya Omwoyo Omutukuvu. Ebyo byaliwo kati emyaka ebiri egiyisewo. Okuva olwo, mpulira nafuna okutambula okuggya ne Mukama, ne nyikira mu Njiri era ntegera ebikwata ku Kigambo byonna. Ebiseera ebisinga ndabika nsanyukira obuntuntu obutono. Omwoyo Omutuvu Ansunako era oluusi mba n'OBUVUMU! Ntegeka okukozesa ekitabo ky'okusomesebwa kw'Obulamu obw'obu Kristayo obw'obuwanguzi nga eky'okulabirako mu kibiina kyaffe eky'okusoma okwa Baibuli okwa buli wiiki! "*

## *ESSAALA Y'OKUSUMULULA EMIKISA GY'OBUZAALIRANWA*[10]

Eno ssaala ya kwatula na kwenenya olw'ebibi okusinziira ku Baibuli ebivaako ebikolimo. Oyiinza okugisaba nga ssaala ya **"singa"**, kubanga tetwekakkasa ngeri ki abatusooka gye bayoononа. Bwetutyo netulyoka tusaba Katonda Atuggyeko ebigoberela, n'ebiremesa bituveeko (mu famile, mu kkanisa ne mu ggwanga) era tumusabe Atusumululile emikisa ggye emingi egitabalika.

"Ow'Omukwaano Kitaffe Ow'omu Ggulu, njatula nti nze, n'emirembe gya bajjajja bange okuva ku Adamu ne Kaawa twakusobya; twakola ebikyaamu era eby'obubambaavu (*2 Ebyomumirembe 6:37*). Nzikkiriza nti tuyinza okuba nga twayonoona mu ngeri Baibuli z'egamba nti zileeta ebikolimo ku nze, ku famile yange, ku kkanisa ne ku ggwanga lyange.

"Mukama wange neggayilira onsonnyiiwe ne bakadde bange bonna abasooka okuviila ddala ku Adamu ne Kaawa SINGA oba BWE:

- Tutakukyukidde, oba obutakkuwa kitiibwa kyonna ekikugwanidde (*Okubikkulirwa 16:9*)
- Tutakwagala n'emitima gyaffe gyonna, n'emmeeme zaffe, n'amaanyi gaffe (*Ekyamateeka Olw'okubiri 6:4-5; Makko 12:30; 1 Abakkolinso 16:22; 1 Yokaana 5:21*)
- Tukwegaana netunyooma ebiragiro byo netugobeerera amakubo gaffe (*Ekyamateeka Olw'okubiri 11:28; Ekyamateeka Olw'okubiri 27:15-26, 28:15; Isaaya 24:5-6, 53:6; Yeremiya 11:3*)
- Tutakusinza Ggwe, Omutonzi waffe, naye twasiinza ebitonde bye twekolera, twesiinza ffe, n'abantu banaffe, n'ebifaananyi eby'engeri zonna (*Okuva 20:4-6; Ekyamateeka Olw'okubiri 4:15-19;*

[10] Eno si listi ey'enkomeredde ey'ebibi, naye ebyo ebikwatagana an'ekikolimo mu Baibuli.

*Ekyamateeka Olw'okubiri 27:15; Abaruumi 1:21-23; Abaefeso 5:5; 1 Yokaana 5:21; Okubikkulirwa 21:8*)

- Tutakutaddemu bwesige naye twesize ffe benyinni n'abantu abalala (*Zabbuli 118:8; Yeremiya 17:5*)
- Twasiinza ba katonda abalala ne tuloga ne tusaamiilira ebintu ebilala (*Ekyamateeka Olw'okubiri 11:28; Ekyamateeka Olw'okubiri 27:15; Okubikkulirwa 21:8*).
- Twannyooma sso tetwasaamu kitiibwa bakadde baffe (*Ekyamateeka Olw'okubiri 27:16; Okuva 20:12; Abaefeso 6:2*)
- Twakola buli kibi ky'okwegata mu bwenzi n'obuggwaagwa ng'otwaliddemu okwaaka, obukaba, obwenzi, okwegaddanga n'abakyala ba bazadde baffe, okulya ebisiyaga, okuganza ab'oluganda, n'okukulusaanya ebisolo (*Olubereberye 38:9-10; Okuva 20:14; Ekyamateeka Olw'okubiri 27:20-23; Ezeekyeri 22:10-11; Matayo 5:27-28; Abaruumi 1:26-27; Abaefeso 5:5; 1 Abakkolinso 6:9, 15-20; Okubikkulirwa 22:15*)
- Twegata mu bufumbo n'abatali bakkiriza, ne tukola emikago nabo (*Nekkemiya 13:23-25; 2 Abakolinso 6:14-15*)
- Twayiiwa omusaayi nga tuyambaako abetuuga, abatemula abantu abataalina musango, n'abajjamu embuto z'abawere (*Olubereberye 9:5; Okuva 20:13; Ekyamateeka Olw'okubiri 28:47-48; Zabbuli 71:6, 139:13-17; Isaaya 49:1, 5; Matayo 5:21-22; Makko 8:34; Abaruumi 13:9-10*)
- Tulumbye balirwaana baffe, oluusi mu kyama (*Ekyamateeka Olw'okubiri 27:24; Makko 12:13; Yokaana 3:15*)
- Tukkiliza okulya enguzi nga n'olumu enguzi eleteera abantu abatalina musango okufa (*E Ekyamateeka Olw'okubiri 27:25*)
- Tutaziise bafudde ku lunaku lwebafiriddeko (*Ekyamateeka Olw'okubiri 21:23; Abaggalatiya 3:13*)
- Tetubadde besigwa mu kuwa ekimu eky'ekumi kya Mukama era

tetukungaanye mu kkanisa w'otwagala (*Ekyamateeka Olw'okubiri 12:11; Malaki 3:9)*

- Tuzibiliza amaaso gaffe eri obwavu era ne tutayamba bali mu bwetaavu (*Engero 28:27; Matayo 25:41-46*)
- Tetubadde benkannya eri bannaggwanga, bamulekwa ne ba nnamwandu (*Isaaya 58:6-7; Yakobo 1:27*)
- Tetuggulumiza Linya lyo Etukuvu (*Ekyamateeka Olw'okubiri 28:58; Zekkaliya 5:4; Malaki 2:2; Okubikkulirwa 16:9*)
- Tukolimidde Ggwe, abantu abalala naffe ffenyini (*2 Samwiri 19:21; Yobu 2:9; Zabbuli 109:17; Matayo 5:22; 1 Abakkolinso 11:29; Yakobo 3:10; Okubikkulirwa 16:9, 11*)
- Tukolimidde netutagabila Isiraeri, abalonde bo omukisa (*Olubereberye 12:3; Isaaya 45:17; Abaruumi 11:28b-29*)
- Tulimbye netulayiira eby'obulimba (*Zekkaliya 5:4; Okubikkulirwa 21:8; Okubikkulirwa 22:15*)
- Tubbye ettaka ne tujjulula ensalo z'abalirwana (*Ekyamateeka Olw'okubiri 19:14; Ekyamateeka Olw'okubiri 27:17; Engero 22:28*)
- Tutamidde omwenge n'ebilagala ebilala (*Engero 23:29-35; Abaruumi 13:13; Abakkolinso 11:27*)
- Tetuggabanye Njiri Yo (*Ebyabaleevi 19:14; Ekyamateeka Olw'okubiri 27:18; Lukka 17:2; Abaggalatiya 1:8; 2 Peetero 2:14*)
- Tugezezaako okwelokola ffekka n'amaanyi gaffe mu kifo ky'okwesiga Ekisa kyo kyokka (*Makko 1:15; Abaruumi 4:1-24 okusingila ddala 24; Abaruumi 10:9, 13; Abaggalatiya 3:6-12; Abaefeso 2:8-10*)

"Ne nenyeza buli kilowoozo ekikyamu, kigambo, na buli kikolwa ebyakolwa nze ne ba jjajja bange okudda emabega okutuuka ku Adamu ne Kaawa. Negaana ebibi ebyo. Negayilira okusonyiizibwa nze ne ba jjajja bange, n'ekkanisa yange, n'eggwanga lyange olw'ebyonoono byonna bye twakola, bye tumanyi ne bye tutamanyi.

“Nkwebaza Ai Yesu olw’Okutufilira olw’ebibi byaffe n’okutununula okuva mu kikolimo ky’amateeka. Watwaala ku Lulwo ekikolimo ku lw’ebibi byaffe byonna (*Abaggalatiya 3:13-14*). Olw’okukkiriza kwange mu kye wankolera, ntwala obuyinza mu Linya lya Yesu Kristo omu Nazaalesi era menya buli kikolimo ku bulamu bwange ku famile yange, ku kkanisa yange ne ku ggwanga lyange.

“Nkusaba Ai Kitaffe Ow’omu Ggulu Ontukkuze era Onsumulule nze ne famile yange n’ekkanisa ne ggwanga lyange okuva mu bubi bwonna era Otuwe emikisa gyonna egiri wansi w’eggulu (*Abaefeso 1:3*). Okutuuka ku nyilili 1000 ez’obuzaaliranwa. Webale. Nsazewo okukwagala n’okugondera Ggwe, era newaayo nze ne famile yange mu bujjuvu Ggy’oli (*Ekyamateeka Olw’okubiri 30:20; Yoswa 24:15; Makko 12:30).* Negayirira Mwoyo Mutukuvu Nnyamba, nkwetaaga. Negayirira Nzijjuza buggya leero.

“Kitaffe Ow’omu Ggulu, Erinnya Lyo ery’Ekitiibwa Litendereezebwe! Erinnya lyo liggulumizibwe waggulu okusinga okwebaza kwonna n’okutendereza (*Nekkemiya 9:5b*).

“Mu Linnya lya Yesu nsabye. Amiina.”

## *NZE ANI MU KRISTO*

Nga omulokole eyazaalibwa omulundi ogw'okubiri ndi mu Kristo ne Kristo Ali mu nze. Buli kimu ku byawandikibwa bino bitufu gyendi. Tewali kye nyinza kola kwongera ku butufu bya byo. Nsobola okubyongera okubera ebikakafu mu bulamu bwange nga nzikiriza ebyo Katonda by'Anjogerako.

**MU KRISTO…**

**….njagalwa:**

Ndi mwana wa Katonda *(Yokaana 1:12; Abaruumi 8:14; Abaggalatiya 3:26, 4:6-7; Abaefeso 1:5)*

Ndi mukwano ggwa Yesu *(Yokaana 15:15)* era muganda we *(Abaebbulaniya 2:11)*

Njagalwa Katonda. Katonda Anjagala nga bw'Ayagala Yesu *(Yokaana 17:23)*

Sisobola kwawulibwa okuva mu kwagala kwa Katonda *(Abaruumi 8:35-39)*

Ndi kitundu ku mubiri gwa Kristo *(1 Abakkolinso 12:27; Abaefeso 5:30)*

**….nzikirizibwa:**

Nfuulidwa omutuufu mu maaso ga Katonda okuyita mu kukkiriza Yesu *(Abaruumi 5:1)*

Nteebwa okuva mu bibonoobono by'ebibi byange *(Abaruumi 3:24; Abakkolosaayi 1:14)*

Ndi mufu eri ekibi. Obulamu bwange bwe bulamu bwa Kristo *(Abaruumi 6:1-6; Abaggalatiya 2:20; Abakkolosaayi 2:11)*

Nteebwa emirembe n'emirembe okuva mu kunenyezebwa *(Abaruumi 8:1 ne 8:31-34)*

Nzikikrizibwa okujja n'obuvumu okufuna obuyambi okuva eri Katonda *(Abaefeso 2:18, 3:12; Abaebbulaniya 4:16)*

**…ndi wa ttendo:**

Ndi mu kifo kye sisanidde, eky'okwesiima n'essanyu *(Abaruumi 5:2)*

Ndi ttabi ery'omuzabibbu omutuufu, omukutu gw'obulamu bwa Kristo *(Yokaana 15:1, 5)*

Ndi mulonde wa Katonda yennyini *(1 Peetero 2:9)*

Ndi omu ku bantu abalonde, ku ggwanga ettukuvu *(1 Peetero 2:9-10)*
Mpereddwa omukisa na buli kisuubizo eky'Omwoyo ekiri wansi w'eggulu *(Abaefeso 1:3)*

**…..ndi mirembe:**

Nkwekeddwa ne Yesu mu Katonda; kino Katonda y'Akikoze *(I Abakkolinso 1:30; Abakkolosaayi 3:3)*

Ndi kya kulabirako eky'okusasirwa okusukkulumye, ekisa n'obulungi bwa Katonda *(Abaefeso 2:7)*

Nina obuvumu nti omulimu omulungi Katonda gw'Atandise mu nze gujja kutuukilizibwa *(Abafiripi 1:6)*

Nzaaliddwa Katonda, omubi tasobola kunkwatako *(1 Yokaana 5:18)*

Nsimbiddwa nfukiddwako amafuta era Katonda Antadeko akabonero *(2 Abakkolinso 1:21-22)*

**….nina ekigendererwa:**

Mpitiddwa okubeera nga Katonda, omutuukirivu era omutukuvu ddala *(Abaefeso 4:24; 2 Abakkolinso 5:21; 1 Peetero 1:15-16)*

Nnondeddwa era ntumiddwa Yesu okubala ebibala bye *(Yokaana 15:16)*

Ndi munnyo gwa nsi era etabaaza y'ensi yonna *(Matayo 5:13-14)*

Ndi kabona wa nvuma owa Katonda mu ba kabona ab'envuma aba Katonda *(1 Peetero 2:9)*

Nnyinzizza byonna mu Kristo Ampa amaanyi *(Abafiripi 4:13)*

**…..nina obusika obw'ekitiibwa obutaggwawo:**

Ndi musika wamu ne Kristo, nga ngabana ekitiibwa kya Katonda n'okubonaabona *(Abaruumi 8:17; Abaggalatiya 4:6-7)*

Ndi mutuuze we ggulu, ntudde mu ggulu kaakano *(Abaefeso 2:6; 19; Abafiripi 3:20)*

Mpitiibwa eri essubi ery'ekitiibwa mu biro ebijja *(Abaefeso 4:4)*

Nnunulibwa okuva mu kizikiza era ntwalibwa mu bwa Kabaka bwa Katonda *(Ebikolwa bya Abatume 26:18; Abakkolosaayi 1:13; 1 Abasessaloniika 5:5)*

Nzijuziddwa Kristo, Kristo lye suubi ly'ekitiibwa! *(1 Abakkolinso 3:16; Abakkolosaayi 1:27)*

**N'OLWEKYO SIGALA MU KRISTO!**

*(Yokaana 15:7-10; Abaebbulaniya 3:6; 1 Yokaana 2:27-28; 2 Yokaana 9)*

## OMULIMU GW'OKWEMANYIIZA:

Osobola okukola olukalala ku lulwo olulaga kiki ky'oli mu Kristo ne kiki Kristo ky'Ali gy'oli. Funa ezimu ku bbaluwa zino – Abaefeso, Abafiripi oba Abakkolosayi – olwo osome buli lunyiriri. Londa ekyo Paulo ky'ayogera okukwata ku nfanana ya Kristo n'enfanana yo mu Kristo, eyo Katonda gy'agamba nti yakuweebwa. Ojja ku kisanga nti kumpi buli lunyiriri lulimu ekintu ekirungi ennyo ekikwatagana ne kiki ky'oli! Fumiitiriza ku mazima ago, gajja kukuzimba mu kukkiriza kwo (okukkiriza kujja na kuwulira Kigambo Kya Katonda).

# *ENGERI EY'OKUSOMA BAIBULI*[11]

## Pulani ez'okusoma Baibuli

Kirungi ku lw'okukula kwaffe okw'omwoyo okusoma Baibuli yonna buli mwaka, bwe kiba kisoboka. Okusoma Baibuli kubaamu nnyo ebisoko bwe tusoma okuva mu Ndagaano Enkadde n'Empya buli lunaku. Mu Ndagaano Enkadde mulimu essuula 929 ne 260 mu Mpya. Osobola okwekolela pulani yo ey'okusomerako Baibuli, naye tuteesa osomenga essuula bbiri oba ssatu okuva mu Ndagaano Enkadde n'essuula emu okuva mu Ndagaano Empya buli lunaku. Mu ngeri eno ojja kusoma Baibuli yonna mu mwaka gumu. Teeka obubonero obujjukiza mu Baibuli yo okujjukiza wa w'otuuse. Waliwo ebiyambisa bingi ku mitimbagano gya yintaneti egiriko Baibuli ez'oku mukutu mu nnimi nyingi n'ebika bya pulani z'okusoma Baibuli enjawufu. Gezaako: www.youversion.com ne www.biblegateway.com

## Okufumiitiriza Baibuli n'okusaba ekigambo kya Katonda

Okugatta ku kusoma ekigambo kya Katonda, kikulu okwekeneenya ekigambo ky'osoma *(Yoswa 1:8; Zabbuli 1:1-3; Zabbuli 119:15-16; Abaebbulaniya 4:12).* Okufumiitiriza ku kigambo kya Katonda kitutuusa ku bibala by'omwoyo era n'okukula.

Waliwo engeri nnyingi ez'okusoma Baibuli. Endagiriro ezimu eziyinza okuyamba ziziino.

- Salawo okusomanga ekigambo kye buli kaseera. Tewelarikirira olw'ebintu ebiri mu Baibuli by'otategeera kati.

  *"Onzibule amaaso gange, ndabe eby'ekitalo okuva mu mateeka go." (Zabbuli 119:18)*

---

[11] Campbell McAlpine, *Explaining Biblical Meditation*, 2004, Sovereign World Ltd.

*“Ekigambo kyo ye ttabaaza eri ebigere byange, n’omusana eri ekkubo lyange.” (Zabbuli 119:105)*

- Saba era buuza Mukama kitabo ki oba kitundu ki ky’oba osoma.
- Kaakana…fumiitiriza oba ebintu byonna biri bulungi wakati wo ne Mukama. Mala eddakiika Omwebaze olw’obulungi bwe n’ekisa gy’oli. Muggulumize olwa kiki ky’Ali. Mutendereze.
- Mugondele, Mwesige okukuwa ebirowoozo bye.
- Kati genda ku kitundu Katonda ky’Akulagiridde era kisome mpola mpola okumala emirundi egiwera.
    - Birowoozo ki by’ofunye?
    - Katonda kiki ky’Akusomesa? (gamba; ekiragiro, okulabula, eky’okulabirako eky’okugoberera, ekyefananyiriza ku mbala Ye, eky’okumwebaliza)
    - Mu saala, ddamu ku ekyo ky’Akusomesa.
    - GGEJESA essaala yo nga osabila famile ye, ekkanisa yo, ensi yo ne buli nsi yonna nga kw’ogasse Isiraeli.[12]
- Wandiika eby’okuddamu eri ebibuuzo. Katonda Ayinza okukyusa endowooza yo mu ngeri endala okuva ku eyo ekitundu kye kiriko era ne kyogera eri okwetaaga kwo okwawufu. Tomusaako kkomo.
- Bw’oba olina ebiseera ebimala, noonya ebitundu ebirala ebyawukana.
- Ekitundu ekisigadde eky’olunaku, lowooza ku ekyo Katonda ky’ayogedde nawe.

[12] Bw'oba oyagala ebisingawo ku saala ey'ekika kino kwatagana ne Lydia Fellowship International: www.lydiafellowship.org

# *OKUSABA KW'OKUWONYEZEBWA*[13]

Yesu Yawa abamukkiriza bonna ekiragiro kimu (*Matayo 28:18-20; Makko 16:15-18; Lukka 24:46-49; Yokanaa 20:21-22*). Abayigirizwa be baagendanga buli wamu ne babuulira enjiiri, Mukama Yabakozesanga ng'Anyweza ebigambo byaabwe n'eby'amagero n'obubonero bungi (*Makko 16:20; Ebikolwa By'Abatume* – ekitabo kyonna!).

Okuwonya abalwadde n'obubonero obw'eby'amagero biwerekera okubuulira enjiri ey'amawulire ag'essanyu agakwata ku Yesu (amawulire ag'essanyu nti okuyita mu Yesu, waliwo okusonyiibwa ebibi eri abo bonna abenenya).

Yesu Yalagira buli mukkiriza OKUWONYA ABALWADDE (*Matayo 10:1, 8; Makko 6:12-13; Lukka 9:1-2*). Atulagira fenna okuwonya abalwadde, si kubasabila busabizi. Abamu, Katonda Abawa ebirabo eby'enjawulo eby'okuwonya (*1 Abakkolinso 12:9, 28*). Katonda Ayinza era Asobola okukozesa omuntu yenna okuwonya abalala, bwe tubasabila okuwonyezebwa. Yasuubiza ate tajjulukuka (*Abaebbulaniya 6:18*).

Ebisuubizo bino ebisatu bituwa obuvumu nga tusabila okuwonyezebwa:

1. *"Emiggo gye gye gituwonya." (Isaaya 53:5; 1 Peetero 2:24)*
2. *"Tuli mu ndagano Ye empya (era essinga)." (Abaebbulaniya 9:12-15)*
3. *"Obwa kabaka bwa Katonda buli munda muffe." (Lukka 17:21)*

Bino bye bimu ku byawandikiibwa ebituwa amaanyi okusabira okuwonyezebwa n'ebyamagero:

*"Katonda Ayinza byonna." (Matayo 19:26)*

*"Yesu Yagamba "Amazima mbagamba nti, Akkiriza Nze emirimu gyenkola nze, naye aligikola, era alikola n'egisinga egyo obunene,*

---

[13] Kino kigiddwa mu lukungana olwaweebwa Randy Clark (2010) era n'okuva mu nkungaana ezaweebwa Charles ne Frances Hunter (bisangibwa ku dvd ne ku youtube)

*kubanga ngenda eri Kitange. Na buli kye munasabanga mu Linnya lyange ekyo nnaakikolanga, Omwana Aleete ekitiibwa eri Kitaawe. Ye, bwe munansabanga ekintu kyonna mu Linnya lyange, ekyo nnaakikolanga."" (Yokaana 14:12-14)*

*"Katonda Atwagala nga bwe yayagala Yesu!" (Yokaana 17:23)*

*"Yesu Yagamba "Na kino nkibagamba nti, bannammwe babiri bwe beetabanga ku nsi buli kigambo kyonna kye balisaba, kiribakolerwa Kitange Ali mu ggulu."" (Matayo 18:19)*

*"Katonda Akola nnyo okusingira ddala byonna bye tusaba oba bye tulowoza." (Abaefeso 3:20)*

Yesu Yakwatanga ku bantu naffe tusobola okukola bwetutyo. Tusabe Katonda Akozese emikono gyaffe okuwonya. Tusooka okusaba olukusa lw'abantu ab'okusabira nga tetunaba kubatekako mikono gyaffe. Tulyoke tukwate okumpi ddala n'ekifo ekyetaaga okuwonyozebwa, oba awali ekilwade naye si mu bifo 'eby'ekyama'.



Ne tulyoka tusabira omulwadde. Ne tumusabila omukisa, nga tusaba Katonda okubawa omukisa era nga twogera ebigambo eby'okuwonyezebwa mu saala zaffe, tulina okujjukira ebisubizo bya Katonda ebyokuwonya. ("Olw'emiggo egyakukubibwa omuntu ono awonyezeddwa kubanga nalokolebwa era nzikkiririza mu Ndagano Empya – awonyezebwa kubanga obwa Kabaka bwo buli mu nze – omuntu ono awonyezeddwa.") **Awonyezebwa mu buyinza bw'erinnya lya Yesu'**.

Nga okyamukuteko, kiyamba okumubuuzayo ebibuuzo nga bino, 'Obulwadde buno bwatandika ddi' oba 'Kiki ekyali kigenda mu maso mu bulamu bwo obulwadde buno nga butandikiliza?' Wayinza okuba nga waliwo eky'entiisa obulwade we bwatandikira era omulwadde ayambibwe okusonyiwa omuntu yenna eyavaako embeera eno era amwenenyeze era n'okusaba Katonda okubasonyiwa. Obutasonyiwa

buziyiza okuwonyezebwa era bulemesa essaala okuddibwamu (*Makko 11:22-25; Yakobo 5:16b; 1 Peetero 3:7*). Obutasonyiiwa era busobola okuvaako endwadde n'obulumi (*Matayo 18:34-35; Abaebbulaniya 12:14-15*). Okusonyiwa n'okukubiriza abantu okusonyiwagana kikulu ddala. Okusonyiwa kusumulula okuwonyezebwa.



Tusobola n'okubuzua omulwadde embeera gyalimu nga tusaba – oba awulira ebbugumu, oba obunyogovu, oba engeri y'okusanyalala. Oba alina kyawuliramu oba talina – beera n'obumalirivu oyongere okusaba. Wadde waliwo obujulizi oba tewanaba, twebaza Katonda olw'ekyo ky'Akola.

Yesu Atuwa obuyinza okulagira ekitundu ky'omubiri okuwonyezebwa gamba nga:

'Kugulu wegolole mu Linnya lya Yesu'; 'Sukali mu musai telera mu Linnya lya Yesu.' Era tuyinza okulagira obulumi oba endwadde okugenda gamba 'Obulumi bw'omutwe genda mu Linnya lya Yesu.' Bwomanya ebifa ku mbeera y'omubiri yenyinni olagira obuzibu bwenyini ng'osaba[14].

Era omuntu bwa tawonelawo – togwamu maanyi!

Tobuusabuusa! Yesu Ayanukula.

Yongerayo okusaba. Era bwe kiba nga obudde bukuweddeko wa

**OBUJULIZI**

**Yesu Yawonya omukono gwe**

*"'Nali nsomesa omukyala omukulu engeri y'okusaba kw'okuwonya. Yali asabila omuwala omutiini eyalina omugongo ogumuluma. Yakwata ebibegabega by'omuwala n'alaagila omugongo okutelera n'obulumi okumuvamu bugende. Yasaba bwatyo okumala akabanga. Kye nava mubuza nti 'kiki ekyabaawo'? Omuwala yasigala alumuzibwa omugongo naye omukono gw'omukyala omukulu gwawonyezebwa ddala. Nali sikitegede naye omukyala yali yamenyeka amagumba era okutuuka ku olwo, yali amaze ebbanga nga omukono tegukwata okumala emyaka egiwera."*

[14] Charles and Frances Hunter, *How to Heal the Sick*, 1981, Whitaker House. Also Charles and Frances Hunter, *7 hour Power Pack* DVD set, Hunter Ministries.

amagezi okusaba kugende mu maaso omulwadde yesabile era musabe akilize nti Yesu Ayanukula era Awonya bonna abajja gy'Ali. Naffe twongere okusabira okuwonyezebwa kwabwe. Yesu Yasomesa abayigirizwa be basabenga awatali kukoowa (*Lukka 18:1-8*).

Tuteekwa okwebaza Yesu olwa buli kaweke ka kuwonyezebwa k'ayannukula mu saala zaffe. Katonda Awonya abantu kubanga Ayagala tumusemberere mmwene. Ekisa kya Katonda kikuleeta mu kwenenya (*Abaruumi 2:4*).

Yesu Yanyooma ebibuga n'ebifo gye yakolera ebya magero 'kubanga tebenenya byonoono byabwe kudda eri Katonda.' (*Matayo 11:20*)

Katonda Addamu essaala zaffe. Nga twongela okulaba essaala nga zidibwamu tuddamu amaanyi okwongera okusaba ennyo n'okusabira ebintu ebirala era n'okusabira ebintu ebirabika nga ebitasoboka nga enkolagana, obufumbo, amakkanisa, ebibuga, amawanga n'ensi, ebyobusubuzi, eby'obulimi, buli kyonna kyolaba ekyetaaga Omukono gwa Mukama oguwonya. Katonda Yatonda byonna era Asobola okuwonya n'okutereeza byonna, okusinga ne bwe tusaba oba bwe tulowooza (*Abaefeso 3:20*).

**OBUJULIZI**

***Yesu Yamuwonyeza ddala***

*"Famile emu yanyaniliza okukyalira Maama wabwe eyali amaze emyaka esatu ku ndiri era nga yali asuubirwa okufa amangu. Ku buliri bwe namubuuza oba yalina omuntu gweyali ateekwa okusonyiwa. Yalina bangi! Namuyamba ne tusaba n'asonyiwa abantu abo era n'ayaniriza Yesu mu mutima ggwe. Yakyuuka! Namusabira okuwonyezebwa era amangu ago yawulira bulungi n'atambula n'afulumako nange okugenda ebweru w'ennyumba. Abantu be bewuunya nnyo n'entiisa. Bali tebamulowoleza kuddamu kunyumirwa bulamu wadde okuwona. Ekyamagero kino kyampesa nnyo omwaganya okwogera ku Yesu."*